# EMISINGI GY'OKUKKIRIZA

## (HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE).

Olusoma luno luli kitundu ku "Harvestime International Institute," ng'enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g'omwoyo agatuutikiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi abawooza n'abalala okufuuka abakristaayo ab'omugaso, abaatambula amawanga n'enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo eryetongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okwekubisaamu, okwetegeka n'okwekuɧaanya okutuuka ku kiruubirirwa ekyokubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://harvestime.org

# EBIRI MU KITABO KINO

Enkozesa y'ekitabo kino……3

Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja……4

Ennyanjula……5

Ebigendererwa by'olusoma……6

1. Emisingi……7
2. Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa. (Ekit. 1)……17
3. Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa. (Ekit. 2)……25
4. Okukkiriza mu Katonda……39
5. Enjigiriza ey'okubatizibwa. (Ekit. 1)……52
6. Enjigiriza ey'okubatizibwa. (Ekit. 2)……63
7. Okussaako Emikono……79
8. Okuzuukira kw'abafu. (Ekit. 1)……90
9. Okuzuukira kw'abafu. (Ekit.2)……100
10. Okusalirwa omusango ogw'olubereera……114
11. Okutuukiribwa……132

Okujuliza……147

Ebiddibwamu ku bibuuzo by'okwegezesa……149

## ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

## (Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa;** Bino by'oba osuubirwa okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu**; Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula;** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu;** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

## EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

### OLUTUULA OLUSOOKA.

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja**; Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokututuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusomanga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka;** Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

### OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera kokutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya;** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

# ENNYANJULA

Olusoma luno lusinze kwetooloolera ku njigiriza eziri mu nzikiriza ey'ekikristaayo. Enjigiriza zino gwe muzingo gwebyo ebisomesebwa ku kintu ekimu.

Enjigiriza enkulu mu nzikiriza y'ekikristaayo by'ebyo yesu byayigiriza ebiri mu Bayibuli. Enjigiriza zino ziragiddwa mu Bayibuli mu kitabo kya Abaebbulaniya:

> **N'olwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako tukule mu by'omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireetera okufa, ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa okuba n'okukkiriza mu Katonda.**
>
> **Tulekeerawo okuyigirizza obulombolombo obwokubatizibwa, n'obwokussibwako emikono, n'enjigirizaey'okuzuukira kwabafu, n'okusalirwa omusango ogw'olubeerera.**
>
> **Katonda nga bwasiima, tukule mu mwoyo. (Abaebbulaniya 6:1-3).**

Ebigendererwa eby'omwoyo biri bibiri ebirambikiddwa mu lunyiriri luno:

> Ekisooka kwe kuzimbira obulamu obw'omwoyo ku musingi omutuufu. Omusingi guno y'enjigiriza ya Yesu Kristo.
>
> Ekyokubiri kwe kukula. Ekitegeeza "okukula mu mwoyo."

Waliwo ensonga bbiri eziremesa abakristaayo okututumuka okubeera mu bulamu bwabwe:

> Esooka eri nti abamu abagezaako okweyisa ng'abakristaayo nga si balokole. Tebategeera njigiriza za Yesu Kristo nkulu. Olwokubulwa okumanya kuno balemereddwa okudda eri Katonda mu ngeri esaanidde.
>
> Ensonga eyookubiri bwe buteewaayo okukula mu mwoyo.

Ekigenderewa ky'olusoma luno olusooka kwe kulaga enjigiriza z'ekikristaayo enkulu okubasobozesa okufuna omusingi gw'omwoyo ogusaanidde.

Enjigiriza omukaaga ezitandikirwako mu Abaebbulaniya 6:1-3 bwe zigenda okunnyonnyolwa.

- Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa
- Okukkiriza mu Katonda.
- Okussibwako emikono.
- Okuzuukira kw'abafu.
- Okusalirwa omusango ogw'olubeerera.

Ng'ekyo kiwedde, obukulu bw'olusoma luno kwe kuyambako okukula (okukula mu mwoyo)

> **"…Katonda nga bw'asiima tukule mu mwoyo..."**

## EBIGENDERERWA BY’OLUSOMA

Kunkomerero y’olusoma luno, onooba osobola:

- .Okunnyonnyola enjigiriza omukaaga ezisookerwako mu nzikkiriza y’ekikristaayo nga bweziri mu Abaebbulaniya 6:1-3.
- .Okuteekateeka omusingi ogw’obulamu bwo obw’omwoyo ogusaanidde.
- .Okweyongera okukula mu mwoyo.

# ESSUULA ESOOKA

## EMISINGI

**Ebigendererwa:**

Bw'onoomala essuula eno onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okwawula omusingi omutuufu ku mukyamu.
- Okunnyonnyola obukulu bw'okuzimba ku musingi omutuufu.
- Okwatula nti Yesu Kristo gwe musingi gw'omwoyo omutuufu.
- Okumenya emitendera essatu okuzimbibwa omusingi gw'omwoyo ogusaanidde.

**Ennyiriri enkulu:**

> **Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu by'omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda;**
>
> **Tulekeraawo okuyigiriza obulombolombo obw'okubatizibwa, n'obw'okussibwako emikono, n'enjigiriza ey'okuzuukira kw'abafu, n'okusalirwa omusango ogw'olubeerera.**
>
> **Katonda nga bw'asiima, tukule mwoyo. (Abaebbulaniya 6:1-3)**

**ENNYANJULA**

Bayibuli egeerageranya obulamu bw'omukkiriza ku nzimba y'ekizimbe.

> **"…muli nyumba ya Katonda…" (1 Abakkolinso 3:9).**

Buli mukkiriza agatiddwa ku munne mu Kristo okukola ekkanisa.

> **Era nammwe mwazimbibwa wamu mu kizimbe ekyo Kristo ky'azimbye okubeeranga ekifo Omwoyo wa Katonda mwabeera. (Abaefeso 2:22).**

Ng'abazimbi tebannasitula kizimbe waggulu, bateekwa okukikolera omusingi ogusaanidde. Olwokubanga enkola eyo buli muntu agitegeera bulungi, ne Katonda kwe kugyeyambisa okusomesa amazima ag'omwoyo ag'omuggundu. Omukkiriza yenna ateekeddwa okuba n'omusingi ogusaanidde okuzimba ennyumba y'omwoyo ennungi. Omusingi guzimbibwa kusinziira ku nteekateeka ya muzimbi. Bayibuli etulaga enteekateeka y'omuzimbi asinga Yesu Kristo.

Essuula eno ennyonnyola obukulu bw'okuba n'omusingi gw'omwoyo omutuufu. Era etulaga engeri enkulu Baibuli z'esomesa ku misingi .

## OBUKULU BW'EKIZIMBE

Obukulu bw'okuzimba kw'omwoyo gwo kwe kuteekateeka ekifo mukama watuula mu ggwe. Omwoyo we atuula mu ggwe singa obulamu bwo buba buzimbiddwa ku musingi omutuufu. Paulo yabuuza:

> **Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakolinso 3:16).**

N'olwekyo olabulwa okuzimba obulamu bwo obw'omwoyo obulungi mungeri esaanidde.

> **Okusinziira ku kisa kya Katonda ekya mpeebwa, ng'omuzimbi ow'amagezi, nnazimba omusingi, kaakano omulala aguzimbako. Naye buli aguzimbako yeegendereze bw'aguzimbako**
>
> **Kubanga tewali n'omu ayinza kuteekawo musingi mulala okuggyako ogwo ogwateekebwawo, ye Yesu Kristo. (1 Abakolinso 3:10-11).**

## OMUSINGI

Omusingi gw'omwoyo Bayibuli gw'eyogerako:

**GUSINZIIRA KU KIGAMBO KYA KATONDA:**

**Kyokka omusingi Katonda gweyateekawo muggumu… (2 Timoseewo 2:19).**

**MUSINGI MULUNGI:**

> **Bwe batyo beeterekere obuggaga obw'engeri eyo nga gwe musingi omulungi…(1 Timoseewo6:19).**

**GUSINZIIRA KU BUTUUKIRIVU:**

> **Embuyaga bw'ejja, abakozi b'ebibi batawalibwa, naye abatuukirivu banywera emirembe gyonna. (Engero 10:25)**

**GWA LUBEERERA (TEGUGGWAWO):**

> **Bwe batyo beeterekere obugagga obw'engeri eyo nga gwe musingi omulungi ogw'ebiseera ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu bwennyini. (1 Timoseewo 6:19).**

**GWESIGAMIZIBWA KU NKOLA BBIRI:**

> **Kyokka omusingi Katonda gwe yateekawo mugumu, era gulina akabonero kano: "Mukama amanyi ababe." Era nti: "Buli ayatula erinnya lya Mukama ave mu butali butuukirivu."**
>
> **(2 Timoseewo 2:19).**

Enkola ebbiri omusingi guno kwe gwesigamizibwa ze:

1. Abanunule — Mukama amanyi ababe.
2. Okutambulira mu bulamu obununule. — Buli ayatula erinnya lya Mukama ave mu butalutuukirivu.

**GUZIMBIBWA KU LWAZI OLUTANYEENYEZEKA:**

> **Afaanana ng'omuntu eyazimba ennyumba, eyasima omusingi wansi ennyo n'atuuka ku lwazi. Amataba bwe gajja, ne gajjuza omugga tegaasobola kunyeenya nnyumba eyo kubanga yazimbibwa bulungi. (Lukka 6:48).**

**OLWAZI OLWO YE YESU KRISTO:**

**"...Tewali Lwazi lulala, sirina lwe mmanyi." (Isaaya 44:8)**

Yesu Kristo gwe musingi gwokka ogw'obulamu obw'omwoyo.

> **Kubanga tewali n'omu ayinza kuteekawo musingi mulala okuggyako ogwo ogwateekebwawo, ye Yesu Kristo. (1 Abakolinso 3:11).**

**YESU: OMUSINGI**.

Katonda ye yalonda Yesu Kristo okuba omusingi gw'obulamu obw'omwoyo.

> **"…Laba, nteeka mu Sayuunni ejjinja, ejjinja eryagezesebwa, ery'okunsonda, ery'omuwendo, okuba omusingi…" (Isaaya 28:16).**

Omusingi gw'omwoyo si nzikiriza eyakolebwa omuntu, ekisinde oba ekinyumu ky'eddiini. Omusingi ye Yesu Kristo.

Abakkiriza bangi mu bulamu bwabwe abazze nga bagezaako okwezimbira ebizimbe byabwe eby'obukristaayo ebinene. Beenyigira mu nteekateeka z'ekkanisa ng'okukola ebintu ebirungi era nga bingi. Endabika y'ebizimbe byabwe eby'omwoyo ey'okungulu nga nnungi nnyo ddala. Naye wayita mbale ng'ebizimbe byabwe binobitandika okutendewalirwa era ne biggwamu amaanyi, balemererwa ne bagwa ne mu kibi. Kino kijja lwakuba nti bagezaako okuzimbira ku musingi omukyamu.

Nga bwekiri bulijjo nti omusingi omulungi gwetaagisa okuwanirira obulungi ekizimbe, obulamu bwo obw'omwoyo nabwo bwetaaga okuwanirirwa omusingi omutuufu.

> **Kubanga tewali n'omu ayinza kuteekawo musingi mulala okuggyako ogwo ogwateekebwawo, ye Yesu Kristo.**
>
> **Naye omuntu bw'aguzimbisaako ezaabu, effeeza, n'amayinja ag'omuwendo n'emiti, n'essubi, oba ebisasiro;**
>
> **Omulimu gwa buli omu gulirabibwa, kubanga omuliro guligwolesa ku lunaku olwo, era omuliro ogwo gwe gulyoreka omulimu gwa buli omu nga bwe guli. (1 Abakolinso 3:11-13).**

Buli ejiyitibwa emirimu gy'obukristaayo gya kugezesebwa Katonda. Obulamu bwo obw'omwoyo bwakugezesebwa oba nga bwazimbibwa ku musingi omutuufu. Omusingi ogw'obulamu obw'omwoyo ogunaakuwanirira gwe gwokka oguzimbiddwa ku Yesu Kristo.

**OBUKULU BW'EMISINGI.**

Emisingi giba gya mugaso nnyo. Omuwandiisi wa Zabuli ye yakimanya, kwe kubuuza nti:

> **Emisingi nga gizikirizibwa, omutuukirivu ayinza kukola ki? (Zabuli 11:3).**

Mu bulamu obwa bulijjo kimanyiddwa nti omuntu bwazimba ennyumba ku musingi omukyamu emala n'egwa. Bwe kityo bwe kiri ne mu nsi ey'omwoyo. Omusingi omufu guvaako ebizibu binji nnyo.

Ekyawandikibwa mu Kaggayi kyogera ku bukulu bw'okuzimba ku musingi omutuufu. Yisirayiri yali tefuna makungula malungi mu bulamu obwa bulijjo. Kaggayi ky'ava abagamba beekeebere mu nneeyisa zaabwe:

> **Musimbye bingi naye ne mukungula bitono; mulya naye temukkuta; munywa naye ennyonta tebaggwaako; mwambala naye temubuguma; mukolera empeeranaye ze mukoze muziteeka mu nsawo ejjudde ebituli. Bwati bw'ayogera Mukama ow'Eggye, "Mweddeko ku neeyisa yammwe," …Mwasuubira bingi, naye mulaba bwe muvuddemu ebitono,… (Kaggayi 1:6,7,9)**

Okutereeza embeera, Kaggayi kwe kugamba Yisirayiri nti baali balina okuddamu okwezimba obuto mu bulamu obwa bulijjo n'obwomwoyo.

Abaana ba Yisirayiri baali beetaga okwezimba mu ngeri eyabulijjo kubanga baali baluddewo okuzimba ennyumba ya Mukama. Beezimbira amayumba gaabwe mu ngeri y'okwefaako bokka ne batasooka kufaayo ku nsonga y'okuzimba yeekaalu ya Mukama. Naye ekisinga obukulu kyali nti obulamu bwabwe obw'omwoyo bwali buzimbiddwa ku musingi omukyamu. Nga bawaayo ssaddaaka zaabwe (Emirimu gy'emikono gyabwe), mu butali butuukirivu.

> **Kaggayi naddamu nti, Kale nno bwe batyo bwe bali abantu bano n'eggwanga lino. Buli kye bakola ne buli kye bawaayo, si kirogoofu," bwayogera Mukama. (Kaggayi 2:14)**

Okuwaayo ssaddaaka entuufu n'emikono egitatuukiridde tekikkirizibwa. Omusingi gw'obulamu bw'emyoyo gyabwe gwali si mutuufu era ne Mukama kye yava abamma omukisa.

Mu ngeri ya bulijjo Kaggayi yagamba abantu ba Mukama okuddamu okuzimba omusingi gwa yeekaalu ya Mukama. Era n'abagamba nti baddemu okuzimba obulamu bwabwe obw'omwoyo ku musingi omutuufu. Okuva ku lunaku lwe batandika okuzimbaku musingi omutuufu, Mukama yabawa omukisa:

> **Okuva olunaku lwaleero, olw'amakumi abiri mu ennya mu mwezi ogw'omwenda, mujjukire olunaku lwe bazimba omusingi gwa yeekaalu ya Mukama. Mwebuuze nti, wakyaliwo ensigo eyasigala mu tterekero? Mulabe, emiti gino egimenyeddwa, ogw'omuzabbibu n'ogw'omutiini, n'ogw'omukomamawanga, n'ogw'omuzeeyituuni tegibalangako bibala. "Naye okuva ne leero ndibawa omukisa." (Kaggayi 2:18-19).**

Okuva ku lunaku lw'otandika okuzimba omusingi ogw'omwoyo omutuufu, mukama anaakuwa omukisa mu buli kintu kyonna eky'obulamu bwo.

**ENJIGIRIZA YA YESU**

Yesu yalaga obwetaavu bw'okuzimba obulamu bw'omwoyo ku musingi omutuufu. Yakiragira mu Lugero lw'abazimbi ababiri abeezimbira ennyumba zaabwe. Olugero lulina ebyafaayo bibiri. Ekimu nga kiri mu (Matayo 7:24-29), ekirala kiri mu (Lukka 6:47-49). Nga bwe biragiddwa wano osobole okubigeraageranya.

**Lukka**

*Buli ajja gye ndi n'awulira ebigambo byange, n'abikola,*

*Ka mbalage bw'afaanana. Afaanana ng'omuntu eyazimba*

*Ennyumba, eyasima omusingi wansi ennyo n'atuuka ku*

*Lwazi. Amataba bwe gajja, ne gajjuza omugga tegaasobola*

*Kunyeenya nyumba eyo kubanga yazimbibwa bulungi, naye*

*Omuntu awuliriza ebigambo byange n'atabikola, afaanana*

*Ng'omusajja eyazimba ennyumba ku ttaka nga tasimye musingi.*

*Omugga bwe gwajjula, ne gwanjaala, ne gukuba ennyumba*

*N'egwa, era n'okuggwa kw'ennyumba eyo kwali Kunnene nnyo.*

**Matayo**

*N'olwekyo buli awulira ebigambo byange, n'abikola, alifaananyizibwa*

*Ng'omusajja ow'amagezi eyazimba enju ye ku lwazi. Enkuba n'etonnya,*

*Emigga ne gikulukutta, omuyaga ne gujja, ne bikuba enju eyo naye n'etegwa*

*Kubanga yazimbibwa ku lwazi. Naye buli awulira ebigambo byange n'atabikola,*

*Alifaananyizibwa ng'omusajja omusirusiru eyazimba ennyumba ye mu musenyu.*

*Enkuba n'etonnya, emigga ne gikulukuta, omuyagga ne gujja, ne bikuba ennyumba*

*Eyo, negwa, n'okuggwa kwayo ne kuba Kunnene. Awo Yesu n'amaliriza ebigambo bye ebyo.*

*Abantu bonna ne beewunya nnyo olwokuyigiriza kwe. Kubanga yabayigiriza nga nannyini*

*Buyinza so si ng'abannyonyozi b'amateeka baabwe bwe baayigirizanga.*

Muno mulimu obubaka obw'omugaso mungi.

**ENJIGIRIZA**

Esooka eri nti, okuzimba ku musingi ogw'omwoyo omutuufu nakyo kitundu ku njigiriza ya Yesu. Ekitundu ekyo kitulaga nti abantu "beewunyanga enjigiriza ye." Ekitundu ekimu ku njigiriza ye eyo, kyali kya kuzimba ku musingi omutuufu.

Omutume Paul naye annyonnyola okuzimba ku musingi nga bweri ekitundu ku njigiriza ya Yesu.

> **Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu mwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda. (Abaebbulaniya 6:1).**

**OMUSINGI OMUTUUFU**

Emitendera kw'ozimbira omusingi gw'omwoyo omutuufu giragiddwa mu Lukka 6:47.

1. Buli ajja gyendi…
2. N'awuliriza by'enjogera…
3. N'abikola….

Emitendera gyonna essatu gyetaagisa. Tekimala kujja eri Yesu oteeekeddwa okuwuliriza ne byagamba. Atte n'okujja obuzzi nga kw'otadde n'okuwuliriza nabyo tebimala. Olina okubaako kyokola. Omuntu asobola okujja eri Yesu, nawuliriza by'agamba naye n'atabaako kyakola.

> **"Lwaki mumpita nti, Mukama waffe, so nga bye mbagamba si bye mukola?" (Lukka 6:46)**

Osoobola okumanya ekigambo naye n'otobaako ky'okola. Yesu taba mukama wo okutuusa ng'okoze ky'agamba. Omusingi omutuufu guli ku kigambo kya Katonda. Omuntu eyajja eri Yesu, n'awuliriza ekigambo kye, n'akikola y'ayitibwa omugezi. Omuntu ono yafuba okulaba nga omusingi ogw'obulamu bwe obw'omwoyo munywevu, yasimulira ddala omuziziko ogwali wakati we ne Yesu. Ekigambo kya Katonda y'enteekateeka ennungi kw'olina okuzimbira obulamu bwo obw'omwoyo. Bayibuli erina okukkirizibwa nga ekikulembera era ng'enteekateeka ennuŋamu ey'obulamu bwo obw'omwoyo kubanga…

**"….bannabbi tebaayogeranga byabwe ku bwabwe, wabula baateegeezanga ebyo Katonda bye yabalagiranga nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabibawanga." (2 Peteero 1:21).**

Obukulu bw'okubikkulirwa Katonda bulagibwa mu 2 Timoseewo 3:16:

> **Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋŋamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu ku kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu. (2 Timoseewo 3:16).**

Bayibuli erimu ebiragiro ku njigiriza eya Yesu ennuŋŋamu. Era ewa omwagaanya okuyigirizibwa n'okuluŋŋamizibwa singa omuntu alemererwa okugoberera ebiragiro bye.

**OMUSINGI OMUKYAMU:**

Omusajja eyazimba ku musingi omukyamu y'oyo eyawulira ekigambo kya Katonda naye n'atatwala mutango gw'okukola kyeyawulira. Ayitibwa omusajja omusirusiru, era ageerageranyizibwa ku musajja ataatawana kuzimbira ku musingi (Lukka 6:49). Enju ye yazimbibwa ku musenyu so si ku lwazi (Matayo 7:27).

Omuntu eyeesigama ku nnono n'eddiini ebyobuntu okuzimbirako obulamu bwe, y'oyo azimba ku musenyu ogwomwoyo. Kuno kwe kulowooza okwekolerera obulamu bw'omwoyo ng'okola ebirungi nga: okugenda mu kkanisa, okuba n'empisa zonna ez'eddiini.

**OMUYAGA GW'OBULAMU:**

Enjigiriza ya Yesu eno ekwata ku bazimbi ababiri etubikkukirayo amazima ag'amaanyi. Mu bulamu mubaamu omuyaga. Byetusisinkana mu bulamu mubaamu ebizibu bingi. Olina okusisinkana okufa, n'ebibamba. N'abakkiriza baakusisinkana ebizibu. Ebikolwa by'Abatume 14:22, alabula nti tulina okusisnkana ebizibu bingi bwe tuba baakuyingira mu bwa Kabaka bwa Katonda.

Yesu yagamba:

**"… Mu nsi muno mujja kubonaboona, naye mugume, kubanga Nze mpangudde ensi." (Yokaana 16:33).**

Tewali asobola kudduka muyaga. Era abantu buli wamu basisinkana embeera ez'omuyaga mu bulamu bwabwe.

Omuyaga gwonna gwe gumu, naye enjawulo eriwo y'engeri abantu gye beeyisaamu nga guzze. Obulamu bwo obw'omwoyo bwe buba tebwazimbibwa ku musingi mutuufu oba ojja kugwa. N'ennyumba eyazimbibwa ku musenyu, ekigwo ekyo kiba ky'amaanyi. Obulamu bwo bwe buba buzimbiddwa ku musingi omutuufu, Yesu Kristo wamu n'enjigiriza ye, omuyaga tegusobola kukunyeenya wadde.

> **"… Omulundi omulalasirinyeenya nsi yokka, naye era n'eggulu. Kino kitegeeza nti agenda kumalawo nate ebyo ebinyenyezebwa, kyokka ebitanyenyezebwa bisigalewo." (Abaebbulaniya 12:26-27).**

Okunyenyezebwa okwo bwe kujja, abatanyenyezebwa be bajja okuyimirira. Era abo abayimirira be bokka ababa baazimba ku musingi gw'omwoyo omutuufu.

**OMUSINGI: KYETAAGO.**

Omusingi omulungi kyetaago eky'okuzimba ennyumba ennywevu mu bulamu obwa bulijjo. Ekigambo kyetaago kitegeeza ekintu ky'oteekeddwa okuba nakyo okukola ekirala. Omusingi omutuufu gusaanidde nga tonnazimba kizimbe ekisinga obulungi. Ekizimbe ekisinga obulungi ky'ekyo ekizimbibwa ku musingi. Omusingi omulungi kyetaago mu kukula mu mwoyo.

Mu (Abaebbulaniya 6:1-3), tutegeezebwa nti tosobola kukula awatali kuzimba ku musingi munywevu. Okukula mu mwoyo ky'ekizimbe ekisinga obulungi ekinywerera ku musingi ogw'omwoyo. Era omusingi gwakyo bwe guba mukyamu, n'ekino ekizimbe kituuka ne kigwa n'otofuna kukula mu mwoyo.

Amasomo gano gannyonnyola ebyo bye tweetaaga okukola omusingi gw'omwoyo. Naye nga olugero lwenju ebbiri bwe lutulaze, tekimala kumanya biyigirizibwa ebyo byokka, oteekwa okwewaayo eri

ekigambo kya Katonda era n'okwanaganya amazima gano n'omusingi gw'obulamu bwo obw'omwoyo. Bw'otewaayo eri ekigambo kya Katonda, oba nga omuntu oli omutume Yakobo gw'annyonnyola.

> **Mubeerenga bakozi ba kigambo, so si abakiwulira ne batakikola, nga mwerimbarimba. Kubanga omuntu awuliriza ekigambo naye n'atakigondera, afaanana ng'omuntu eyeeraba mu ndabirwamu; bwava mu ndabirwamu, amangwago ne yeerabira nga bw'afaananye. Naye oyo atunula enkaliriza mu tteeka ettuufu erituukiridde erireetera abantu eddembe, n'alinyikiririramu tajja kukoma ku kulijjukiranga kyokka, naye ajjanga kukola bye ligamba, era anaaweebwanga omukisa mu buli kyakola. (Yakobo 1:22-25)**

Jjukira nti kasita osalawo okuzimba obulamu bwo obw'omwoyo ku musingi omutuufu, Katonda akuwa omukisa. Zino z'enkola z'ogenda okuyigako mu masomo agaddako:

- Okwenenya ebikolwaebireetera okufa.
- Okukkiriza mu Katonda.
- Okubatizibwa .
- Okussaako emikono.
- Okuzuukira kw'abafu.
- Okusalirwa omusango ogw'olubeerera.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Enjigiriza enkulu ezogerwako mu Abaebbulaniya 6:1-3, ze ziri wa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Kiki ekikuyamba okukula mu mwoyo?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Mitendera ki emikulu kw'ozimbira omusingi omutuufu egikulagiddwa mu Lukka 6:47?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Ani musingi ogwateekebwawo Katonda?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu ku bibuuzo ebyo biragiddwa mu ssuula essembayo ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Baibuli mwe muli Yesu by'ayigiriza n'ekigambo ky'oyo Katonda omu yekka ddala era omulamu. Ekunnyonnyola ku ngeri gyoyinza okuzimba obulamu bwo obw'omwoyo ku musingi omutuufu.

Soma ennyiriri zino eziri mu kigambo kya Katonda era omale olage kye ziyigiriza.

**BAIBULI KYE KIGAMBO KYA KATONDA.**

2 Timoseewo 3:14-17

2 Peteero 1:19-21

Abaebbulaniya 1:1

1 Abakolinso 2:13.

1 Abasessaloniika 2:13

Yokaana 5:39

**BAYIBULI TEGGWAWO**.

Matayo 24:35

Isaaya 40:8

**BAIBULI YE YATEKEBWAWO NGA KYETULINA OKUZIMBIRA OBULAMU BW'OMWOYO:**

ZABULI 119:89.

# ESSUULA EYOOKUBIRI

## OKWENENYA EBIKOLWA EBIREETERA OKUFA: EKITUNDU EKISOOKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw’onomala essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola “ebikolwa ebireetera okufa’’
- Okunnyonnyola ensibuko y’ekibi
- Okuzuula amannya g’ekibi ag’enjawulo agali mu Baibuli

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. (Abaruumi 3:23)**

**ENNYANJULA**

Abaebbulaniya 6:1-3 atulaga ennono z’enjigiriza ya Yesu Kristo, omukkiriza kwalina okuzimbira obulamu bwe obw’omwoyo. Ennono zino ze tuyita “Emisingi” gy’obukristaayo. Z’enjigiriza enkulu enzikiriza y’obukristaayo kw’esinziira. Ennono esooka “y’eyokwenenya ebikolwa ebireetera okufa”

**OKWENENYA**

Ekigambo “okwenenenya” kitegeeza okukyusa endowoozayo ekiviirako n’okukyusa ebikolwa byo ebirabika. Abantu abamu bakwanaganya okwenenenya n’ebimeeme, ng’okukaaba, okwerumiriza, olwokukola n’okulowooza obubi. Okwenenya si kimeeme, kuba “kusalawo.” Ebikolwa bino olumu bigobererwa okwenenya okutuufu, naye kisoboka omuntu okuba n’ebimeeme ebyamaanyi n’okukaaba n’akaaba naye nga teyeenenyeza. Abalala tebawuula okwenenya n’okutukiriza ebyeetago eby’eddiini. Kino kitegeeza nti “okwebonereza” kisobokera ddala okutuukiriza ebyeetago by’eddiini ebingi naye nga mu mazima ga Baibuli teweenenyangako.

Okwenenenya okutuufu kwe kukyusa endowoozayo, n’osobola okukyusa ebikolwa byo ebirabika. Enkyukakyuka erabika kwe kweresa okwonoona eri Katonda n’obutuukirivu. Okweresa kuno kulaga okukyusibwa kw’endowoozayo okubaddewo.

**Mu bufunze:**

Okwenenya kwa Baibuli kwe kukyusibwa kwendowoozayo ekireetera okwolesa ekibi ekirabikako, nodda eri Katonda mu butuukirivu.

## OKWENENYA OKUTATUUKIRIDDE.

Mu Bayibuli mulimu ebyawandikibwa ebimu nga ekigambo “okwenenya” kikozesebwa mu ngeri ez’enjawulo.

**YUDA.**

Mu Matayo, Yuda Esikariyooti, yakizuula nti Yesu yali anenyezeddwa attibwe, yeenenya olw’okulya mu Kristo olukwe.

> **Awo Yuda, eyali amuliddemu olukwe, bwe yalaba nga Yesu bamusalidde omusango gwa kufa, n’azzaayo ebintu amakumi asatu ebya ffeeza eri bakabona abakulu n’abakulembeze b’Abayudaaya, ng’agamba nti, “Nnyonoonye, kubanga ndiddemu olukwe omusaayi ogutalina musango.” Naye ne bamuddamu nti, “kyo kitukwatako kitya? Ezo nsonga zo.” (Matayo 27:3-4)**

Ekigambo ky’oluyonaani ekikozesebwa wano si kye kimu n’okukyusa. Ky’ekigambo abantu kye babuzaabuza n’okwenenya okutuufu. Mu nnimi ez’enjawulo mubaamu ebigambo ebiba n’amakulu ag’enjawulo. Kino kituukirira bulungi ku nnimi ez’enjawulo omwawandiikibwa Baibuli. Mu Baibuli mulimu ekigambo “okwenenya” kinnyonnyola mu ngeri ezisukkamu emu. Ekigambo ekikozeseddwa ku Yuda kitegeeza ekimeeme, ennaku, n’okusunguwala.

Yuda yanakuwala olw’ekyo kye yakola naye kino tekwali kwenenya okutuufu Baibuli kw’eyogerako. Teyakola kusalawo okwandikyusiza ebikolwa bye. Yeyongera mu kibi era yamaliriza yeetuze.

**ESAWO.**

Esawo naye yali musajja omulala ku baakola ensobi ey’amaanyi. Yayonoona eri Katonda bwe yatunda obusika bwe olw’akagoyo. Baibuli egamba;

> **“…Oluvannyuma ne bwe yagezaako okusikira omukisa ogwo, teyasiimibwa, era teyafuna mukisa kwenenya newaakubadde nga yagunoonya n’amaziga mangi.” (Abaebbulaniya 12:17)**

Esawo yawanyisa obusika bwe olw’akagoyo. Olw’okukola kino, yeesubya emikisa gyonna n’ebisuubizo bya Katonda ebikwatagana n’okuba n’obusika. Oluvannyuma Esawo yejjusa olwekyo kye yali akoze. Yakaabira waggulu n’ayiwa n’amaziga g’obutaawu naye ekimeeme ekyamaanyi si kyekikakasa okw’enenya. Esawo mu mazima teyeenenya, yanakuwala lwa kufiirwa busika bwe nga yejjusa nti singa yali asobola okubuddizibwa nate. Okwenenya kwe tekwakkirizibwa kubanga waliwo enjawulo wakati w’okwejjusa n’okwenenya okutuufu.

## EBIKOLWA EBIREETERA OKUFA

Bwe tuba baakutegeera amakulu g’ekigambo “okwenenya” tulina okutegeera ekyo ekituviirako okwenenya. Okutegeera ekyo ekituviirako okwenenya, tuteekwa okutegeera ebikolwa ebireetera okufa. Ebikolwa ebireetera okufa, by’ebikolwa mu bulamu by’obaamu nga toli ku Katonda. Ebikolwa bino biyinza okuba ebibi oba ebikolwa ebyokwetuukiriza.

Era bino by’ebiyitibwa “ekibi” mu Baibuli. Ekisinga okuleeta ekibi kwe kweyagaliza wekka, okweyagaliza okukontana n’okwagala kwa Katonda. Mu kweyagaliza kuno omuntu afuuka “kyetwala”

> **“Ffena twawaba ng’endiga; buli omu ku ffe n’akwata ekkubo lye…” (Isaaya 53:6)**

Yesu yafiirira ebibi by'abantu okusobola;

> **"…abalamu balemenga okubeera abalamu ku bwabwe bokka, wabula ku bw'oyo eyabafiirira era n'azuukira." (2 Abakkolinso 5:15)**

Bwe weenenya ebikolwa eby'okweyaggaliza kitegeeza nti oyatula okubeerawo kwa Katonda omu yekka omulamu, okimanya nti oli mwoononyi, osaba okusonyiyibwa ebibi byo, nokiriza enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi okuyita mu Yesu Kristo.

**ENSIBUKO Y'EKIBI**

Ekibi ky'aliwo ng'omuntu tannatondebwa. Kyatandikibwawo Lusifa, amanyikiddwa nga Sitaani. Baibuli etulaga nti Lusifa yali malayika owenjawulo Katonda gwe yatonda ng'atuukiridde bulungi ddala. Lusifa yayonoona bwe yaggula olutalo ku Katonda. Olw'ekibi kino, Lusifa yasuulibwa kunsi okuva mu ggulu.

> **Ng'ogudde okuva mu ggulu, ggwe emunyeenye ey'enkya, omwana w'emambya! Ng'otemeddwa n'ogwa ku ttaka, ggwe eyamegganga amawanga! Wayogera mu mutima gwo nti, "Ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emunyeenye za Katonda; era nditeeka entebe yange waggulu ntuule ku lusozi olw'okukuŋŋanirako ku njuyi ez'enkomerero ez'obukiikakkono; ndyambuka okusinga ebire we bikoma, ndyoke nfuuke ng'oyo ali waggulu ennyo" (Isaaya 14:12-14)**
>
> **Wali kerubi omukuumi eyafukibwako amafuta, nakwawula lwa nsonga eyo. Wabeeranga ku lusozi olutukuvu olwa Katonda, n'otambulira wakati mu mayinja ag'omuliro. Tewaliiko kyakunenyezebwa kyonna okuva ku lunaku lwe watondebwa, okutuusa obutali butuukirivu bwe bwalabika mu ggwe. Mu bikolwa byo ebingi, wajjula empisa embi, era n'okola ebibi. Kyenava nkugoba ku lusozi lwa Katonda, mu buswavu obungi ne nkuggoba ggwe kerubi eyakuumanga okuva mu mayinja ag'omuliro. (Ezeekyeri 28:14-16)**

Ku nsi lusifa (amanyikiddwa nga sitaani) yeyongera okulwanyisa Katonda. Katonda bwe yatonda omusajja n'omukazi (Adamu ne Kaawa), Sitaani yabasendasenda okwonoona eri Katonda. Kino kyekiyitibwa okuggwa kw'omuntu, ekitegeeza nti omuntu yaggwa okuva mubutuukirivu n'agwa mu kibi. Kino osobola okukisomoka mu Lubereberye 2 ne 3.

Katonda yalabula Adamu ne Kaawa nti empeera y'ekibi kwe kufa okw'omubiri n'omwoyo. Okufa kw'omwoyo kwali kufiirwa nkolagana yaabwe ne Katonda. Okufa okw'omubiri, kwe kufiira ddala mu mubiri gyabwe egirabika. Olw'ekibi kya Adamu ne Kaawa, okuffa kwajja eri buli muntu.

> **Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mungeri y'emu olw'okuba nga bonna baayonoona, bonna balifa. (Abaruumi 5:12)**

Olw'okuggwa kw'omusajja n'omukazi ekibi kyajja eri buli muntu. Ekyo kitegeeza nti buli azaalibwa asikira embala y'ekibi. Nga embeera z'omubiri bwe zisikirwa, n'embeera yekibi eyo mwoyo esikirwa. Buli muntu yayonoona era asisinkana empeera y'okufa okw'omubiri n'okw'omwoyo.

Sitaani yavunanyizibwa ku buli kibi kyonna mu nsi, okulwana kwe eri Katonda kukyagenda mu maaso nga bwakema omuntu okwonoona. Waliwo olutalo olutakoma mu nsi ey'omwoyo ku lw'emitima, endowooza, n'emmeeme z'abantu.

Buli muntu yasikira embala y'ekibi eyo. Buli muntu ayonoona yekka bw'asikibwa emabala y'ekibi eno erwanyisa Katonda.

> **Naye buli muntu akemebwa ng'okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n'asendebwasendebwa. Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n'ekibi bwe kikula ne kizaala okufa. (Yakobo 1:14-15).**

Bonna boonoonyi, naye Katonda yateekawo ekkubo ly'okudduka empeera y'ekibi. Nga twenenenya okuleka ebikolwa ebireetera okufa n'okukkiriza Yesu Kristo okubeera omulokozi wo, osobola "okulokolebwa" n'owona empeera y'ekibi.

**AMANNYA G'EKIBI**

Baibuli ekozesa amannya g'ekibi ag'enjawulo:

**EKIBI:**

> **Era alizaala Omwana wabulenzi, olimutuuma erinnya Yesu, (amakulu nti, 'Omulokozi') kubanga y'alirokola abantu bonna mu bibi byabwe. (Matayo 1:21)**

Amakulu g'ekigambo "kibi" amatuufu bwe butafuna kabonero n'oba mu nsobi. Kiringa kukasuka kya kulwanyisa n'otosona ky'ogenderedde. Kwe kulemwa okutuuka ku ekyo ky'olina okuba n'enteekateeka ya Katonda gy'oli.

**EKIKYAMU:**

> **Kubanga mu mutima gw'omuntu mwe muva ebirowoozo ebibi eby'obukaba, n'obubbi, n'obutemu, n'obwenzi. (Makko 7:21)**

Ekikyamu kitegeeza obubi, obutasaanidde, obulyake, ekivume n'empisa embi.

**EKIVUME;**

Kitegeeza okuba n'endowooza enkyamu okulumya abalala. Y'endowooza y'obutafaayo ku butuukirivu, obutasalawo, obutaba na mazima, n'obutalaga mpisa nnungi.

**OKWEYITIRIZA;**

Kino kitegeeza okumenya etteeka, kiringa muntu bw'anaasaalimbira gy'atalina kulinnya, okulumba ettwale ly'otolina kutuukamu, okusala mu nsalo eri wakati w'ekituufu n'ekibi.

> **Kale lwaki amateeka gaateekebwawo? Gaagattibwa ku kisuubizo olw'aboonoonyi okutuusa ezzadde eryasuubizibwa lwe lirikomawo, nga lyawulibbwa mu bamalayika olw'omukono gw'omutabaganya. (Abaggalatiya 3:19).**

**OBUTALI BUTUUKIRIVU.**

Ekigambo kino kitegeeza obutasalawo kituufu, ensobi, obutaba mwesimbu, obukyamu, n'obulimba.

Buli ekitali kya butuukirivu kibi, naye waliwo ekibi ekitaleetera muntu kufa. (1 Yokaana 5:17)

**OBUTABA KYABWAKATONDA.**

Kino kitegeeza obulimba, ekivume, n’obutalaga mpisa nnungi eza Katonda. Kiringa kutwala Katonda ng’ataliiyo. Obutaba kya bwa Katonda si kye kimu n’obutakkiriza. Obutaba kya bwa Katonda kitegeeza okumanya nti Katonda gy’ali naye nga tomuliiko, kagabe amateeka ge.

> **Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibbwa okuva mu ggulu ku abo abatatya Katonda bonna n’abakaafiiri bonna ku bye bakola okuziyiza amazima okuvaayo. (Abaruumi 1:18)**

**OKUKOLA OBUBI:**

Kitegeeza obutafaayo ku mateeka mu ngeri y’obutaba nago oba nga obutagagondera.

> **Ndibaddamu nti, ‘Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi. (Matayo 7:23)**

**OBUTAGONDA.**

Kino kitegeeza okuleka Katonda n’amateeka ge.

> **Obujeemu bw’omuntu omu bwafuula abangi okuba aboonoonyi. Bwe butyo n’obuwulize bw’omuntu omu Yesu, bulifuula bangi okuba abatuukirivu. (Abaruumi 5:19)**

**OKUSAALIMBA.**

Kitegeeza okuleka ekkubo ettuufu n’osala ensalo n’odda mu eryo ekyaamu. Kiringa kuba mu kifo ky’omulala mw’otolina kubeera.

> **Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe ne mu bibi byammwe (Abeefeeso 2:1)**

**NYANJULA BWANJUZI.**

Essuula eno eyanjula bwanjuzi ssomo lya kwenenya bikolwa ebireetera okufa. Wayize okwenenya, amannya, n’okunnyonyola ekibi, n’ensibuko y’ekibi.

Essuula eddako eyongera kunnyonnyola nnono y’enzikiriza y’obukristaayo esooka, ey’okwenenya ebikolwa ebireetera okufa.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola "okwenenya ebikolwa ebireetera okufa"
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Leetayo ebigambo mwenda ebikozesebwa okutegeeza ekibi mu Baibuli.
   ……………………………. ……………………………... ………………………………
   ……………………………. ……………………………... ………………………………
   ……………………………... ……………………………... ……………………………….
4. Bantu bameka aboonoonyi mu luse lw'omuntu? Juliza Baibuli okukakasa ky'ozzeemu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Nnyonnyola ensibuko y'ekibi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Nnyonnyolayo abantu babiri mu Baibuli ng'okwenenya kwabwe kwali tekutuukiridde.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..

(Ebyokuddamu by'ebibuuzo ebyo biragiddwa mu ssuula esembayo ku nkomerero y'ekitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

Essuula eno ennyonnyodde ensibuko y'ekibi n'amannya gaakyo amalala mu Baibuli. Naye ki Katonda ky'ayita ekibi?

Ekibi y'engeri yonna gy'otagondera mateeka ga Katonda.

**Buli muntu akola ebibi aba mujeemu. (1 Yokaana 3:4)**

Amateeka ga Katonda gaawandikibwa mu Baibuli. Okwongera ku mateeka ge, Katonda, alaazeeyo ebibi ebirala bye tulina okwewala.

**EBIBI EBIRI MU BYAWANDIIKIBWA**

Essuula empya eraga ebibi byayo, ennyonnyola ensibuko yaabyo, era n'empeera yaabyo.

Wammanga byebibinja ebijulira omugatte gw'ebibi eby'enjawulo 103. Ebimu biddibwamu mu bibinja eby'enjawulo. Era bye bino;

- Omusanvu ebiva mu mutima ne byonoona. (Matayo 15:18-20)
- Ekkumi na bisatu ebiva mu mutima ne byoonona. (Makko 7:21-23)
- Abiri mu bisatu ebireetera okulamulibwa Katonda. (Abaruumi 1:29-32)
- Omusanvu abakiriza bye batasobola kukola. (Abaruumi 13:13-14)
- Omukaaga abakiriza bye batalina kolagana nabyo. (1 Abakolinso 5:9-11)
- Ekkumi ebikulemesa okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. (1 Abakolinso 6:9,10)
- Ekkumi n'omusanvu ebirala ebikulemesa okuyingira obwa Kabaka bwa Katonda. (Abaggalatiya 5:19-21)
- Ebina ebireeta obusungu bwa Katonda era ne bikulemesa okuyingira obwa kabaka bwa Katonda. (Abeefeeso 5:5-6)
- Ekkumi n'ekimu abakiriza bye balina okweresa. (2 Abakolinso 12:20-21)
- Omwenda abatakkiriza mwe bali ate abakkiriza nga tebalina kubibaamu. (abeefeeso 4:17-19)
- Omukaaga abatalina kulabikira mu bakkiriza (Abeefeeso 5:3,4)
- Omwenda abakiriza bye balina okweresa. (Abeefeeso 4:25,28,29,31)
- Omukaaga abakiriza bye beggyako. (Abakolisaayi 3:8,9)
- Omukaaga ebiswaza abakiriza era ebisiikuula obusungu bwa Katonda. (Abakolisaayi 3:5-6)
- Ekkumi n'ebina okwava amateeka. (1 Timoseewo 1:9-10)
- Ekkumi n'omwenda abakiriza bye balina okweresa. (2 Timoseewo 3:1-5)
- Omwenda abakiriza mwe balokolebwa (Tito 3:3-5)
- Ebitaano abakiriza bye balina okuteeka ebbali. (1 Peteero 2:1)
- Omusanvu eby'omubiri ebitali mu bakkiriza. (1 Peetero 4:2-4)
- Omunaana ebikunenya okugenda mu Nyanja ey'omuliro. (okubikkulirwa 21:8)
- Omukaaga ebikulemesa okutuuka ku muti ogw'obulamu n'ekibuga ekitukuvu. (Okubikkulirwa 22:14)

# ESSUULA EYOOKUSATU.

## OKWENENYA EBIKOLWA EBIREETERA OKUFA: EKITUNDU EKYOKUBIRI (2)

**EBIGENDERERWA:**

Bwomala essuula eno onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola obukulu bw'okwenenya.
- Okunnyonnyola ekireetera abantu okwenenya.
- Okumenya ebintu bina ebyefaananyirizibwa ku kwenenya.
- Okunnyonnyola okukyusibwa.
- Okunnyonnyola obukulu bw'okukyusibwa.
- Okunnyonnyola okukkirizibwa.
- Okunnyonnyola ekigambo "okulokoka"
- Okweyambisa olugero lw'omwana eyazaawa onnyonnyole okwenenya n'okukyusibwa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi okwenenya. (Lukka 5:32)**

**ENNYANJULA**

Essuula esembyeyo ennyonnyodde "okwenenya ebikolwa ebireetera okufa." Akasooka ku njigiriza enkulu. Essuula eno eyongera kuyigiriza ku musingi gw'ennono y'okwenenya ebikolwa ebireetera okufa.

**OKWENENYA**

Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa kyannyonnyoddwa nga; "okusalawo kw'omunda oba okukyusa endowoozayo ekiviirako okweresa ekibi ekikolebwa eri Katonda n'obutuukirivu."( Ebikolwa by'Abatume 20:21), ekiyita "okwenenya eri Katonda" Mu kikolwa ekyokwenenya okyusibwa n'ova mu bikolwa byo ebireetera okufa, ng'okusobya eri Katonda.

Okwenenya kusalawo kwa muntu okweresa ekibi n'atandika okussa ekimu ne Katonda. Ganno ge maanyi agaleetawo okukyusibwa mu ndowooza ne mutima, n'obulamu bw'omwonoonnyi:

> **Bwe baawulira ebigambo ebyo ne basirika, ne bagulumiza Katonda! Ne bagamba nti, "Ddala, n'Abamawanga Katonda abawadde omukisa okwenenya bakyuke badde gy'ali abawe obulamu obutaggwaawo."(Ebikolwa by'abatume 11:18)**

Okwenenya kirabo kya Katonda:

> **Oyo Katonda n'amugulumiza okubeera Omulangira era Omulokozi, abeerenga ku mukono gwe ogwa ddyo, okuwa Isirayiri omukisa ogw'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi. (Ebikolwa by'abatume 5:31)**

Newankubadde ebimeeme biyinza okweyoleka mu kwenenya, okwenenya kwebikolwa ebireetera okufa okutuufu so si bimeeme bumeeme. Nga bwe wayize okunakuwalira ekibi, okulukusa amaziga n'ebirala nti tekimala. Kino kirina okugobererwa okusalawo okwomunda okuleetawo enkyukakyuka eyookungulu.

**OBUKULU BW'OKWENENYA**

Waliwo ensonga nnyinji ezireetawo okwenenya okuyitibwa omusingi gw'enzikiriza y'ekikristaayo entuufu.

**KATONDA BW'ALAGIRA.**

> **Edda mu biseera ebyayita Katonda yagumiikiriza obutamanya bw'omuntu ku bintu ng'ebyo, naye kaakano alagira abantu bonna buli wantu okwenenya. (Ebikolwa 17:30)**

**KITUGWANIRA OKUSOBOLA OKWEWALA OKUFA KW'OMWOYO**

> **Nedda! Mbagamba nti bwe muteenenya nammwe mugenda kuzikirira ng'abo bwe baazikirira. (Lukka 13:3)**

**KITUGWANIRA KULW'OBULAMU OBUTAGGWAAWO**.

Olw'okwenenya empeera y'okufa ekuggibwako n'oweebwa obulamu obutaggwaawo.

> **Bwe baawulira ebigambo ebyo ne basirika, ne bagulumiza Katonda! Ne bagamba nti, "Ddala, n'Abamawanga Katonda abawadde omukisa okwenenya bakyuke badde gy'ali abawe obulamu obutaggwaawo."(Ebikolwa by'Abatume 11:18)**

**KITUGWANIRA KULW'OKUSONYIYIBWA**.

Katonda tayinza kusonyiyiwa bibi byo okuleka nga weenenyeza:

> **Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa by'Abatume 2:38)**

**KITUGWANIRA OKUSOBOLA OKUYINGIRA MU BW'AKABAKA BWA KATONDA.**

> **Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira nti, "Mwenenye, kubanga obwakabaka obw'omu ggulu busembedde." (Matayo 4:17)**

**KWAGALA KWA KATONDA ERI BONNA.**

Katonda talina gw'ayagaliza kufa mu mwoyo, era talina gwayagaliza kugenda mu geyeena.

> **Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

**Y'ENSONGA LWAKI YESU YAJJA MU NSI.**

> **Sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi okwenenya. (Lukka 5:32)**

**ABAKRISTAAYO BEENENYA?**

Ekisookerwako mu kwenenya, ababi bereesa okukola obubi ne bakola ekituufu, bakkiriza enjiri era ne bafuuka abakkiriza abatuufu mu Yesu Kristo. Mu mbeera y'okugenda eri obutuukirivu, (eneesomesebwako mu lusoma olulala), omukkiriza oluusi addamu n'akola ebibi okusinziira ku byawandiikibwa mu Baibuli, omukkiriza bw'akola ekibi ateekeddwa okwenenya.

**ABAKOLINSO:**

Abakkiriza b'ekibuga Kolinso baalina okwenenya:

> **Kaakano nnina essanyu, si lwa kubanga yabanakuwaza, naye lwa kubanga mwanakuwalira ekibi ne mwenenya, ne Katonda n'alaba okunakuwala kwammwe muleme okufiirwa ekigambo kyonna ku lwaffe. (2 Abakolinso 7:9)**
>
> **Kubanga kye ntya oboolyawo kwe kubasanga nga mufaanana nga bwe ssaagala, nange mmwe okunsanga nga nfaanana nga bwe mutayagala; oboolyawo nga waliwo okuyomba, n'obuggya, n'obusungu, n'okwawukana, n'okugeyaŋŋana, n'olugambo, n'okwekuluntaza, n'okutabukatabuka; bwe ndijja nate, Katonda wange aleme kuntoowaza mu maaso gammwe, ne nkaabira abo bonna abaayonoona edda, ne bateenenya obutali bulongoofu, n'obwenzi, n'obugwagwa bye baakola. (2 Abakolinso 12:20-21)**

**ABEFEESO:**

Abakkiriza be Efeeso baalagirwa okwenenya.

> **Noolwekyo jjukira we waseeseetuka. Weenenye, onjagale nga wanjagalanga edda. Naye bw'otookole bw'otyo ndijja gy'oli ne nzigyamu ekikondo ky'ettaala yo mu kifo kyakyo,okugyako ngawenenya. (Okubikkulirwa 2:5)**

**ABAKKIRIZA BE PPAGAMOOSI**.

Mukama yalagira abakristaayo be Ppagamoosi.

> **Noolwekyo weenenye, bw'otookikole ndijja mangu ne nnwanyisa abantu abo n'ekitala eky'omu kamwa kange. (Okubikkulirwa 2:16)**

**ABAKKIRIZA BE SSADISIISI**

> **Kale jjukira bye wayigirizibwa ne bye wawulira obikwate era weenenye. Bw'otegendereze ndijja mangu ng'omubbi, so tolimamanya ssawa gye ndijjiramu gy'oli. (Okubikkulirwa 3:3)**

**ABAKKIRIZA BE LAWODESIYA:**

**Buli gwe njagala mmunenya era mmukangavvula; kale nyiikira okwenenya. (Okubikkulirwa 3:19)**

Buli awaba ekibi, wateekwa okubaawo okwenenya.

> **Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffeka, era n'amazima tegaba mu ffe . Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:8-9)**

**OBUBAKA BW'OKWENENYA.**

Olw'okuba nti okwenenya kisaanyizo ku lw'okulokolebwa, Katonda yakolawo enteekateeka obubaka bw'okwenenya mwe buyinza okutuuka ku buli omu. Okuyitibwa okwenenya kwatandikira mu ndagaano empya mu buwereeza bwa Yokaana omubatiza.

> **Eddoboozi ly'oyo ayogelera waggulu mu ddungu nti, "Muteeketeeke ekkubo lya Mukama, mutereeze amakubo ge" Yokaana yajja ng'abatiriza mu ddungu, ng'abuulira okubatiza okw'okwenenya olw'okusonyiyibwa ebibi. (Makko 1:3-4)**

Okwenenya kwali kwetaagisa Yesu atubikkulirwe. Okutuusa nga Yisirayiri yali yeenenyeza nedda eri Katonda, yesu yali tasobola kubeebikkulira. Okwenenya bwe bubaka Yesu bwe yasooka okubuulirako.

> **Oluvannyuma nga Yokaana omubatiza amaze okusibwa mu kkomera, Yesu n'ajja mu Ggaliraaya okubuulira enjiri ya Katonda, ng'agamba nti, "Ekiseera kituukiridde n'obwakabaka bwa Katonda busembedde! Mwenenye mukkirize Enjiri." (Makko 1:14-15)**

Okwenenya kwabulirwanga abakkiriza mu kkanisa eyasooka:

> **"…. Nga ntegeeza Abayudaaya n'abayonaani okwenenya badde eri Katonda, n'okuba n'okukkiriza mu Mukama waffe Yesu." (Ebikolwa by'abatume 20:21)**

Leero abakkiriza balina obuvunanyizibwa bw'okubuulira ku kwenenya mu nsi yonna. Yesu yawa abagoberezi be ebiragiro bye ebisembayo nti;

> **Era mu linnya ly'Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. (Lukka 24:47)**

**KIKI EKIREETERA ABANTU OKWENENYA?**

Olwokuba nti okwenenya gwe musingi enzikiriza y'ekikristaayo kweyimiridde, tulina okutegeera ebireetera abantu okwenenya. Bwoba ggwe ovunaanyizibwa okutambuza obubaka bw'okwenenya mu nsi yonna oteekeddwa okumanya engeri abantu gye basikirizibwamu okwenenenya ebikolwa ebireeta okufa.

**OBULUNGI BWA KATONDA:**

Emikisa gya Katonda mu bulamu bwoyo attakiriza tegirina kubuzaabuzibwa na kukakasibwa kwa Katonda mu bulamu bwe. Obulungi bwa Katonda y'emu ku ngeri Katonda mwayitira abantu okudda gy'ali.

> **Oba onyooma ekisa kya Katonda ekingi, n'okugumiikiriza kwe n'obukwatampola bwe? Tomanyi ng'ekisa kya Katonda kikuleeta mu kwenenya? (Abaruumi 2:4)**

**OKUBUULIRA:**

Okubuulira ekigambo kya Katonda kimu ku bireetera abantu okwenenya. Okubuulira kwa Yona kwaleetera abaali mu kibuga Nineve bonna okwenenya.

**Abantu b'e Nineeve baliyimirira ne basaliza abantu b'omulembe guno omusango okubasinga, kubanga beenenya bwe baawulira okubuulira kwa Yona. Naye laba asinga Yona ali wano. (Matayo 12:41)**

**OKUYITIBWA KWA KRISTO:**

Ekigambo kya Katonda bwe kibuulirwa, abantu bawulira era ne bakiyitaba ekibaleetera okwenenya:

**Mugende muyige amakulu g'Ekyawandiikibwa kino nti, 'Ssaddaaka zammwe n'ebirabo byammwe si bye neetaaga, wabula neetaaga mubeerenga ba kisa.' Najjirira kuyita boonoonyi, so sajjirira abo abeerowooza nti batuukirivu. (Matayo 9:13)**

**KATONDA, KITAFFE:**

Yesu yagamba nti teri alijja gy'ali okuleka nga kitaawe y'amuleese. Katonda aleetera abantu okwenenya:

**Tewali ayinza kujja gye ndi wabula nga kitange eyantuma amuyise… (Yokaana 6:44)**

OKUGOLOLA:

Okugolola nakwo kureetera abantu okwenenya. Okugolola kwe kugolola ensobi ng'oyita mu kigambo kya Katonda:

**Muganda wo bw'ayonoonanga, omunenyanga; era singa yeenenya omusonyiwanga. (Lukka 17:3)**

**OKUNAKUWALA OKUSIIMIBWA KATONDA:**

Nga bwe wayize nti okwenenya kuwereekerezebwa ekimeeme. Ebimeeme ebyeyoleka si kwe kwenenya okutuufu, naye ebimeeme eby'obwakatonda by'ebireeta okwenenya.

**Kubanga okunakuwala okw'okwenenya eri Katonda kuleeta obulokozi, era tekuleeta kwejjusa; naye okunakuwala okw'ensi kuleeta kufa. (2 Abakolinso 7:10)**

**EBINTU EBITAMBULIRA AWAMU N'OKWENENYA.**

Baibuli eyogera ku bintu bingi ebitambulira awamu n'okwenenya:

**OKUKKIRIZA:**

Okukkiriza mu Katonda kitambulira wamu n'okwenenya. Kyateekebwa mu kitabo kya Abaebbulaniya ng'emu ku njigiriza mu misingi gy'enzikiriza y'obukristaayo. Okwenenya ebikolwa ebireeta okufa kirina kuba wamu n'okukkiriza mu Katonda.

**OKUBATIZIBWA:**

Okubatizibwa kugoberera kwenenya ng'akabonero akookungulu akalabika akalaga enkyukakyuka ebaddewo munda.

**Noolwekyo mwenenye, mukyuke, mulyoke mugibweko ebibi byammwe. (Ebikolwa by'Abatume 3:19)**

Enjigiriza y'okubatiza ejja kwongera okunnyonnyolwa oluvannyuma lw'olusoma luno, nga bweri ekitundutundu ku misingi eggyogerwako mu Abaebbulaniya 6.

**EBIKOLWA:**

Ebikolwa by'omuntu era Baibuli ebiyita ebibala, bijulira bwe waba nga wabaddewo okwenenya okutuufu oba nedda.

> **Naye ne nsookera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya mwonna, n'eri Abaamawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda, era bakolenga ebikolwa eby'okwenenya ebisaanira. (Ebikolwa by'abatume 26:20)**

> **Kale mubale ebibala ebiraga nti Mwenenyeza. (Matayo 3:8)**

Ebikolwa n'ebibala byonna bitegeeza enneeyisa erabibwako erina okukakasa okukyusibwa kw'omuntu nga yeenenyeza.

**OKUKYUSIBWA:**

**Noolwekyo mwenenye, mukyuke, mulyoke mugibweko ebibi byammwe. (Ebikolwa by'Abatume 3:19).**

Olw'okuba nga kuba wamu n'okwenenya, weetaaga okutegeera okukyusibwa.

Okukyusibwa kitegeeza "okukyuka." Bwokikozesa mu ngeri ya Baibuli kitegeeza okukyuka okuva mu kkubo ekkyamu n'odda mu kkubo ettuufu.

> **Era alireetera abaana ba Isirayiri bangi okudda eri Mukama Katonda waabwe. (Lukka 1:16)**

> **Awo abantu bonna abaabeeranga mu Luda ne mu Saloni ne bakyukira Mukama, bwe baalaba nga Ayineya atambula. (Ebikolwa by'abatume 9:35)**

> **Awo omukono gwa Mukama ne gubeera wamu nabo, Abaamawanga bangi ne bakkiriza ne bakyuka okudda eri Mukama. (Ebikolwa 11:21)**

Okukyusibwa kwe kuva mu kizikiza ky'ekibi n'odda mu kitangaala ekyobutuukirivu bwa Katonda.

> **Okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza. (Ebikolwa by'Abatume 26:18)**

Kwe kuva mu maanyi ga Sitaani n'odda eri Katonda.

> **Okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza. (Ebikolwa by'Abatume 26:18)**

Kwe kuva mu bintu by'ensi nodda ku by'omwoyo.

> **Abasajja! Kiki ekibakozesa ebintu bino? Naffe tuli bantu buntu nga mmwe! Twazze tubabuulire mukyuke okuva ku bintu bino ebitaliimu mudde eri Katonda omulamu eyakola eggulu n'ensi, n'ennyanja n'ebintu byonna ebirimu. (Ebikolwa 14:15)**

Kwe kuva ku bakatonda abakyamu nodda eri Katonda omulamu.

> **Kubanga bo bennyini batubuulira engeri gye mwatwanirizaamu, ne bwe mwakyuka okuleka bakatonda abalala ne mudda eri Katonda omulamu era ow'amazima (1 Abasessalonika 1:9)**

**OBUKULU BWOKUKYUSIBWA.**

Okukyusibwa kugoberera kwenenya, oteekeddwa okuva mu bukyamu n'odda ku kituufu kubanga:

**KIKUGWANIRA OKUYINGIRA OBWAKABAKA BWA KATONDA.**

> **N'abagamba nti, "Ddala ddala mbagamba nti bwe mutakyuke kufaanana ng'abaana abato temugenda kuyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 18:3)**

**KIKUWONYA OKUFA KW'OMWOYO**

> **Omuntu oyo akomyawo munne eri Katonda, aba awonyezza omwoyo gwa munne okufa era ng'amuleetedde n'okusonyiyibwa ebibi byonna. (Yakobo 5:20)**

**KIKUGWANIRA OLW'OKUGGIBWAKO EKIBI.**

Ekibi kyaffe kyawandiikibwa mu Katonda okutuusa lwe twenenya ne tukyuka, olwo nno ne kiggibwawo.

**Noolwekyo mwenenye, mukyuke, mulyoke mugibweko ebibi byammwe. (Ebikolwa by'abatume 3:19)**

**OMWANA EYAZAAWA**

Okwenenya n'okukyusibwa biragibwa bulungi mu lugero lwa Yesu olukwata ku mwana eyazaawa. Soma olugero luno oluli mu Lukka 15:11-24. Omwana yaleka kitaawe, n'ennyumbaye n'agenda mu nsi ey'ewala, naye olw'ekibi n'ayonoona buli yalina.

Oluvannyuma omwana ono n'alaba embeera ye. Nga muyala, ali bw'omu mu nziina, ng'alabirira mbizzi ng'omulimu gwe. N'akola okusalawo okukulu. N'agamba, "nja kuyimuka nzire eri kitange." Okusalawo kwe kuno okumunda, kwamuleetera kwamuleetera enkyukakyuka mu bikolwa bye ebyokungulu ebirabwako. Yaddayo ewaka eri kitaawe okumusaba amusonyiwe.

**OKWENENYA… OKUKYUSA ENDOWOOZA.**

Soma Lukka 15:17-19. Omwana ono yazuula ensobi ye, n'asalawo adde eri kitaawe yeenenye ekibi kye. Kino kyakulabirako ky'okwenenya ng'okusalawo kw'omunda kuleetawo ekikolebwa ekirabibwako.

**OKUKYUSIBWA…. OKUKOLERA KU KUSALAWO.**

Lukka 15:20, alaga omwana ono bwe yagolokoka n'ava mu bulamu bwe obukadde n'agenda eri kitaawe okutandika obulamu obupya. Kuno kwe kukyusibwa.

**ABANTU ABAAZAAWA**

Mu mbeera y'obwonoonyi, buli muntu avudde ku Katonda nga kitaawe, n'eggulu ng'awaka we. Era buli lwatambula ayongera kuva ku Katonda ng'asemberera okufa kw'omwoyo gwe olw'okwawukana

okwoluberera ku Katonda. Waliwo okusalawo okukulu kwatekeddwa okukola. Ateekeddwa okudda “mu buntu” n’amanya embeera ye ey’omwoyo. Ateekwa okukola okusalawo okunaamuletera okukyusa ekkubo ly’omwoyo gwe. Enkyukakyuka y’omwoyo eyo, ejja kumuggya ku kwonoona eri Katonda. Kino ky’ossokerako mu kuzimba omusingi gw’omwoyo omutuufu.

**OKUKKIRIZIBWA N’OKULOKOLEBWA.**

Waliwo engeri bbiri mu Baibuli ezinnyonnyola engeri y’okwenenya. Era ze zino;

“Okukkiribwa ne Okulokolebwa.” Katonda ye mulamuzi wa buli muntu. Bwoba nga olimu bikolwa ebireetera okufa, onenyezebwa mu maaso ge:

> **Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga kubanga takkiririza mu linnya ly’Omwana oyo omu yekka owa Katonda. Era guno gwe musango nti: Omusana guzze mu nsi, kyokka abantu ne baagala ekizikiza okusinga omusana, kubanga ebikolwa byabwe bibi. (John 3:18-19)**

Bwe weenenya okuva mu kibi, n’osalawo okuleka amakubo g’ekibi, kino kiteekawo enkolagana ennungi ne Katonda. Enkolagana eno ennungi oba okuyimirira obulungi mu Katonda kiyitibwa okukkirizibwa.

> **Temumanyi nga muba baddu b’oyo gwe muwulira? Muyinza okuba abaddu b’ekibi ne kibaleetera okufa, oba muyinza okuba abaddu abawulira Katonda n’abawa obutuukirivu. Kyokka Katonda yeebazibwe kubanga mwabanga baddu ba kibi, naye bwe mwagondera okuyigiriza kwe mwayigirizibwa n’omutima gwammwe gwonna, ne mukugondera. Noolwekyo mwasumululwa okuva mu kibi, ne mufuuka baddu ba butuukirivu abasanyusa Katonda. (Abaruumi 6:16-18)**

Empeera y’ekibi kwe kufa kw’omubiri n’okwomwoyo. Yesu bwe yafa ku musaalaba, yasasulira omutango gw’ebibi bya buli muntu.

> **Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda mu Yesu. (2 Abakolinso 5:21)**

Bwoba ng’okkiriza nti Yesu yafiirira ebibi byo, weenenye omukkirize ng’omulokozi wo, olwo oleme kufa mu mwoyo okuleetawo okwawukana ne Katonda okw’olubeereramu Geyeena. Neewankubadde omubiri gwo gujja kufa, ojja kuzuukizibwa mu bulamu obutaggwaawo. Kino kyasoboka okuyita mu kufa n’okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu Kristo. Okkirizibwa oba okomezebawo munkolagganayo ne Katonda mu kuyita mu Yesu Kristo.

> **Kyokka twaweebwa obutuukirivu bwa buwa olw’ekisa kye ekiri mu kununulibwa okuli mu Yesu Kristo. (Abaruumi 3:24)**

> **Kale obanga twaweebwa obutuukirivu olw’omusaayi gwe, alitulokola okuva mu busungu bwa Katonda. (Abaruumi 5:9)**

> **Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw’okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo, (Abaruumi 5:1)**

Bw’okkirizibwa mu kwenenya, ng’okkiriza Yesu okuba omulokozi wo, olokolebwa okuva mu bulamu bw’ekibi n’empeera zaakyo.

> **Ddala ddala mbagamba nti, Awulira ebigambo byange, n'akkiriza eyantuma, aba n'obulamu obutaggwaawo, era talisingibwa musango, kubanga aliba avudde mu kuzikirira ng'atuuse mu bulamu. (Yokaana 5:24)**

Kino ge makulu g'okulokoka era Baibuli ky'etegeeza mu kweyambisa ekigambo "okulokoka" kwe kwagala kwa Katonda buli muntu alokolebwe aleme kusisinkana busungu bwa Katonda mu kulamulwa.

> **Kubanga ffe Katonda teyatulondera kufukibwako kiruyi kya busungu, wabula okutulokola ng'ayita mu Mukama waffe Yesu Kristo, eyatufiirira ka tube nga tuli balamu oba nga tufudde, tulyoke tubeere balamu wamu naye. (1 Abasessalonika 5:9-10)**

> **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo. (Yokaana 3:16-17)**

**MU BUFUNZE:**

Ekipande kino wammanga, kifunziza ebintu ebikulu ebisomeseddwa mu ssuula eyookubiri n'eyokusatu. Kikulu nnyo okujjukira nti buli nnono y'omusingi gw'obukristaayo ekolagana ne ginnaayo. Okugeza; okwenenya ebikolwa ebireetera okufa tekusobola kwawula kukkiriza mu Katonda ekintu ekikkulu mu ssuula eddako.

Ensibuko y'ekibi- Lusifa (Sitaani)

Alwanyisa Katonda

Yatwala omuntu mu kibi ekyaviirako

I

Okugwa kw'omuntu (Adamu ne Kaawa)

Ekyaviirako

I

Abantu bonna bonna baasikira embala y'ekibi n'okwewayo eri ebikolwa ebibi olw'embala eno

I

Ekibi kireetera:

-okufa kw'omwoyo

-okufa kw'omubiri

I

Ku musaalaba, Yesu yasasulira empeera ezo zonnaekyaleetawo okutuukirizibwa kw'omwonoonyi.

Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa (okusalawo okw'omunda)

Kireetera:

Okukyusibwa (okukyusibwa kw’okungulu)

Ekireetawo

Okukkirizibwa kw’omwonoonyi ewa Katonda omutuukirivu.

N’okukolebwa okuva mu bulamu bw’ekibi n’empeera zaayo.

## OKWEGEZAAMU

1. Leetayo ensonga musanvu lwaki okwenenya kikulu era kyetaagisa eri okulokolebwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
2. Leetayo ebintu mukaaga ebireetera omuntu okwenenya.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola okukyusibwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
4. Nga weeyambisa olugero lw'omwana eyazaawa, nnyonnyola okwenenya n'okukyusibwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
5. Wandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
6. Leetayo ebintu bina Baibuli by'efanaanyiriza ku kwenenya.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
7. Abakristaayo beenenya?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
8. Wa eby'okulabirako bisatu eby'abakristaayo abeetaaga okwenenya.

…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………

9. Nnyonnyola okukkirizibwa.

…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………

10. “Okulokoka” kitegeeza ki?

…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa mu ssuula essembayo mu kitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Okwenenya, okukyusibwa, n'okukkirizibwa by'ebisomeseddwa mu ssuula eno. Weeyambise bino okujulizaamu nga bwe weeyongera okusoma ku bintu bino ebikulu.

**OKUKYUSIBWA:**

Matayo 18:3

Ebikolwa b'yabatume 3:19

Zabuli 19:7

**OKUKKIRIZIBWA:**

Ebikolwa by'Abatume 13:39

Abaruumi 2:13, 3:4, 20, 24,28, 4:2,25, 5:1,16,18, 8:30.

1 Abakolinso 6:11

Abaggalatiya 2:16-17, 3:8, 11, 24

Tito 3:7

Yakobo 2:21-25

**OKWENENYA:**

Matayo 3:2,8,11, 4:17, 9:13, 11:20-21, 12:41.

Makko 1:4, 15 2:17, 6:12

Lukka 3:3,8, 5:32,11:32, 13:3, 5, 15:7,10, 17:34, 24:47.

Ebikolwa b'yabatume 2:38, 3:19, 5:31, 8:22,17:30, 26:20, 5:31, 11:18, 13:24, 19:4, 20:21.

Abaruumi 2:4

2 Abakolinso 7:8-10

2 Peetero 3:9

Okubikkulirwa 2:5,16, 3:3,19.

# ESSUULA EYOOKUNA

## OKUKKIRIZA MU KATONDA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'onoomala essuula eno on'oba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mutwe.
- Okunnyonnyola okukkiriza.
- Okunnyonnyola okukkiriza mu Katonda.
- Okunnyonnyola obukulu bw'okukkiriza mu Katonda.
- Okunnyonnyola engeri y'okwongera ku kukkiriza.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda. Buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nti Katonda waali era n'abo abamunoonya n'obwesigwa abawa empeera. (Abaebbulaniya 11:6)**

**ENNYANJULA**

Enjigiriza ku misingi gy'okukkiriza eyookubiri kwe "kukkiriza mu Katonda". Okukkiriza mu Katonda kitegeeza bw'owulira eri Katonda. Abantu abamu bakyawa Katonda era bamulwanyisa. Abalala bamutya. Engeri gy'owulira erina kuba nga ya kukkiriza mu Katonda.

Okukkiriza n'okwenenya byombi byetaagisa okutuuka ku kukyusibwa okwaddala. Okudda eri Katonda naye nga tokyaye kibi okwo si kwenenya kutuufu.

Okugezaako okuleka ekibi awatali kukyukira Katonda mu kukkiriza omaliriza olemereddwa. Obuweereza bwa Pawulo eri abatalokokanga bwali:

> **Nga ntegeeza Abayudaaya n'Abayonaani okwenenya badde eri Katonda, n'okuba n'okukkiriza mu Mukama waffe Yesu. (Ebikolwa by'abatume 20:21)**

Okwenenya n'okukkiriza mu Katonda byetaagisa olwokulokolebwa.

**OKUNNYONNYOLA:**

Okukkiriza kitegeeza okukkiririza n'okuba nobukakafu mu kintu. Okukkiririza kitegeeza okwesiga omuntu.

Ebigambo; okukkiriza, okukkiririza, n'okwesiga byonna bitegeeza ekintu ky'ekimu singa tuba tubyeyambisiza nga twogera ku Katonda.

Baibuli ennyonnyola okukkiriza nga:

**Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika. (Abaebbulaniya 11:1)**

Okukkiriza kutuwa obukakafu nti ebintu ebyasubizibwa okubaawo bya ddala era n'ebitalabika gyebiri.

**ESSUUBI:**

Okukkiriza kwanjawulo ku ssuubi. Essubi kwe kuba ng'oliko ekintu ky'osuubira oba ky'oyaayanira okulaba mu biseera ebyomumaaso. Okukkiriza kwe kukkiririza mu kintu ky'otalaba naye ng'olina obukakafu nti okirina. Essuubi liri mu ndowooza ate okukkiriza kuli mutima.

**Naye ffe, kubanga tuli ba musana, tulemenga okutamiira. Twambale okukkiriza n'okwagala ng'ekyomu kifuba, era tube n'essuubi ery'obulokozi nga ye nkufiira yaffe. (1 Abasessalonika 5:8)**

Mu lunyiriri luno okukkiriza kukwataganyiziddwa ku mutima ng'ekyomu kifuba. Essuubi ye sseppeewo eyooku mutwe.

Essuubi ndowooza y'omu mutwe ey'okubaako ky'ofuna mu maaso. Okukkiriza mbeera ya mutima ereetawo okukkiriza mu Katonda.

**Kubanga omuntu akkiriza na mutima gwe n'aweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa ke n'alokoka. (Abaruumi 10:10)**

Tekimala kukkiriza njiri mu birowoozo, kuno si kukkiriza okwawandiikibwa okutuufu era tekuleetawo nkyukakyuka mu bulamu bwo. Okukkiriza okutuufu okwawandiikibwa kwe kukkiriza kwo mu mutima, kuno kwe kuleetawo enkyukakyuka mu bulamu bwo. Ekivaamu kiba weekiri mu buliwo, si ekyo ky'osuubira okubaawo mu maaso.

## ENDOWOOZA ESUKKULUMYA

Okukkiriza si ky'ekimu n'endowooza esukkulumya nga bwe kisomesebwa mu ddiini ezimu. Endowooza esukkulumya esomesa nti: omuntu asobola okuwangula ebizibu byonna ebyensi ng'akozesa endowooza ye, okutegeera kwe oba amaanyi ge. Enjigiriza zino zeetooloolera ku magezi g'abantu. Zisinziira ku bantu so si Katonda. Endowooza essukulumya tesibuka mu kigambo kya Katonda.

Okukkiriza kwetooloolera ku bya Katonda so si ebya bantu. Kirabo kya Katonda so si omuntu kyagunjaawo mu maanyi ge n'endowooza ye.

**EBIKA BY'OKUKKIRIZA.**

Waliwo ebika by'okukkiriza eby'enjawulo:

**OKUKKIRIZA OKWABULIJJO.**

Kuno kwe kwesiga ebintu bye tumaze okulaba nga biteredde. Ekyokulabirako; okuba n'okukkiriza nti entebe kw'otudde ejja ku kuwanirira. Kuno si kwe "kukkiriza mu Katonda" wabula okukkiriza okwa bulijjo mu bintu ebikwetolodde, byoyigidde ku ebyo by'ozze oyitamu ebitera okuba nga byesigika.

Ebika by'okukkiriza bino wammanga bye twogerako ebitegeeza "okukkiriza mu Katonda"

**OKUKKIRIZA KW'OKUTUKUZIBWA.**

> **Kyokka ndi mulamu, si ku bwange, wabula ku bwa Kristo abeera mu nze; era obulamu bwe ninakaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda, eyanjagala ne yeewaayo yekka ku lwange. (Abaggalatiya 2:20)**

Okukkiriza kuno kuyamba omukkiriza okubeera n'obulamu obutukuvu oluvannyuma lw'okukyusibwa. Ojja kweyongera okuyiga ku kutukuzibwa mu ssuula essembayo bwe tunaaba tuyiga ku kutuukirizibwa.

Okukkiriza mu Katonda kulimu okukkiriza okutukuzibwa era nga kuno kwe kukkiriza nti osobola okubeera n'obulamu obutukuvu. Kino tokikola lwa maanyi go naye olw'amaanyi ga Katonda agakolera munda mu ggwe.

**OKUKKIRIZA KW'OBUKUUMI.**

Okukkiriza ky'ekimu ku by'okulwanyisa eby'omwoyo ebikuba omulabe wo sitaani:

> **Era ku ebyo byonna okukkiriza kwammwe kubeerenga engabo eneebasobozesanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obulasibwa omubi. (Abaefeso 6:16)**

Sitaani ajja kugezaako okulumba okukkiriza kwo ng'asindika "obufumu" obw'obutakkiriza mu ndowoozayo. Okuba n'okukkiriza mu Katonda kireetawo obukuumi obw'omwooyo ku kulumbibwa kuno.

**OKUKKIRIZA OKULOKOLA**.

> **Kale nga bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza tulina emirembe ne Katonda, mu Mukama waffe Yesu Kristo. (Abaruumi 5:1)**

Okukkiriza mu Katonda bw'ogattako okwenenya okutuufu kwe kukkiriza okulokola. Okulokolebwa kwe kumanya n'okukkiriza enjiri ng'omuntu. Okukkiriza okulokola kwetaaga okuddamu eri Katonda. Teri muntu ayinza kukuddiramu, buli muntu alokolebwa olw'engeri gy'addamu eri enjiri.

Okukkiriza kya mazima kye'kirabo kya Katonda eri omuntu asobola okulokoka:

> **Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava ku mmwe, wabula kirabo kya Katonda. (Abaefeso 2:8)**

Ate era okukkiriza kiba kikolwa. Buli muntu alina okukola okukkiriza kwe okwamuweebwa Katonda. Okukkiriza mu Katonda kwe kuddamu kwo, ng'ekikolwa ekyokukkiriza mu ye.

Bw'omala okusisinkana okukkiriza mu Katonda, n'ofuuka omukkiriza, ekibala ky'omwoyo eky'okukkiriza n'ekirabo ky'okukkiriza byombi byongera okukkiriza kwo mu Katonda. Ekirabo n'ekibala ky'okukkiriza byongera okunnyonnyolwa mu lusoma lwa "Harvestime international institute" oluyitibwa "Obuweereza obw'omwoyo omutukuvu"

**OKUKKIRIZA OKUSEESEETUFU.**

Enjigiriza gy'osoma y'eyo "okukkiriza mu Katonda" sikukkiriza bukkiriza kwonna, naye okukkiriza okuluŋŋamiziddwa. Osobola okuba n'okukkiriza okutali kuluŋŋamye. Okukkiriza okutali kuluŋŋamye kusobola okuba mu:

**EBYOKULWANYISA EBYOBUTONDE.**

> **Ddala ddala omutego gwange ogw'obusaale sigwe neesiga, n'ekitala kyange si kye kimpa obuwanguzi. (Zabuli 44:6)**

**ABASAJJA AB'AMAANYI.**

> **Teweesiganga bafuzi, wadde abantu obuntu omutali buyambi. (146:3)**

**OKUKWO.**

> **Eyeesiga omutima gwe, musirusiru, naye oyo atambulira mu magezi alifuna emirembe. (Engero 28:26)**

**EBIFAANANYI.**

> **Naye abo abeesiga bakatonda abalala, ababagamba nti, "Mwe bakatonda baffe" balikwasibwa ensonyi, era baligobebwa mu buswavu obungi. (Isaaya 42:17)**

**BANNABBI AB'OBULIMBA.**

> **Teweesiga bigambo bino ebibuzaabuza ne mwogera nti, Eno ye yeekaalu ya Mukama, yeekaalu ya Mukama, yeekaalu ya Mukama, …kale laba, mwesiga ebigambo ebitaliimu, ebitagasa. (Yeremiya 7:4, 8)**

**AMAANYI G'OBUTONDE.**

> **Abamu beesiga amagaali, n'abalala beesiga embalaasi, naye ffe twesiga erinnya lya Mukama Katonda waffe. (Zabuli 20:7)**

**OBUGAGGA.**

> **Mumulabe omusajja ateesiga Katonda okuba ekiddukiro kye, naye ne yeesiganga obugagga bwe obungi , ne yeeyongera n'amaanyi ng'azikiriza abalala. (Zabuli 52:7)**

**EMIKWANO.**

> **Era ne mukwano gwange gwe neesiganga bwe twalyanga anneefuulidde. (Zabuli 41:9).**

Okubeera n'okukkiriza tekimala, okukkiriza kwo kuyinza okuseeseetulibwa. Okukkiriza okutuufu kuba kuluŋŋamiziddwa. Kwe "kukkiriza mu Katonda"

**OBUKULU BW'OKUKKIRIZA.**

Waliwo ensonga bbiri lwaki kyetaagisa okuba n'okukkiriza mu Katonda:

1. **OLW'OKULOKOLEBWA:**

Ensonga esooka eraga obukulu bw'okukkiriza mu Katonda eri nti; tosobola kulokoka we kutali.

> **Abo bonna abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya. (Makko 16:16).**

> **Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda. (Abaefeso 2:8)**

> **Ensigo ezaagwa ku mabbali g'ekkubo, be bawulira ekigambo, naye Sitaani n'ajja n'akibaggyako mu mutima gwabwe, si kulwa nga bakkiriza ne balokolebwa. (Lukka 8:12**)

2. **AWATALI KUKKIRIZA TOSOBOLA KUSANYUSA KATONDA.**

Ensonga eyookubiri eri nti, tosobola kusanyusa Katonda awatali kukkiriza.

> **Naye awatali kukkiriza toyinza kusanyusa Katonda. Buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nti Katonda waali era n'abo abamunoonya n'obwesigwa abawa empeeera. (Abaebbulaniya 11:6)**

**EMITENDERA GY'OKUKKIRIZA.**

Baibuli etulambika bulungi ku mitendera gy'okukkiriza egy'enjawulo. Yesu yayogera ku abo abataakozesa kukkiriza kwabwe nga "Abatakkiriza" (Matayo 17:17)

Yayogera ku abo abalina okukkiriza okutono (Matayo 6:30, 8:26, 14:31, Lukka 12:28), n'abo abalina okukkiriza okw'amaanyi. (Matayo 8:10, 15:28, Lukka 7:9)

Baibuli eyogera kubuli muntu nga bwe yaweebwa okukkiriza okukwe, ng'ekirabo okuva eri Katonda.

> **"… nga Katonda bwe yagabirabuli muntu ekigera ky'okukkiriza." (Abaruumi 12:3b)**

Buli mukkiriza alina okukkiriza kubanga tulokoka olw'okukkiriza.

> **Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda. (Abaefeso 2:8)**

**ENGERI Y'OKWONGERA OKUKKIRIZA.**

Okukkiriza okutukuza kukuyamba okuba mu bulamu obutuukirivu. Okweyongera mu kukkiriza kijja kukuyamba okutuuka ku kutuukirizibwa. Okukkiriza kw'obukuumi ngabo ekutaasa okulumbibwa omulabe Sitaani. Bwe weyongera okukkiriza oyongera ku maanyi g'obukuumi obwomwoyo gwo. Baibuli esomesa ku ngeri y'okwongera okukkiriza.

> **Noolwekyo okukkiriza kujja olw'okuwulira ekigambo kya Katonda. (Abaruumi 10:17)**

Weeyongera amaanyi g'okukkiriza mu Katonda ng'owuliriza ekigambo kya Katonda. Olina kusooka kuwulira kigambo kya Katonda okwenenya ate olwo n'ofuna Yesu Kristo ng'omulokozi wo. Ekisa ekiwonya kijja nakuwulira, okuwulira ekigambo kya Katonda.

Bwolokoka, enjigiriza n'okubuulira kukwongera okukkiriza. Gy'okoma okuwulira ekigambo kya Katonda, gy'okoma okwongera kukukkiriza kwo. Okukkiriza gy'ekukoma okweyongera, gy'okoma okutambulira mu butukuvu n'okwekuuma eri akabi k'omwoyo konna.

Okukkiriza okutono kwa mugaso nnyo:

> **Yesu n'abaddamu nti, "Olw'okukkiriza kwammwe okutono. Kubanga ddala ddala mbagamba nti, bwe muba n'okukkiriza okufaanana ng'akaweke ka kaladaali, mwandiyinzizza okugamba olusozi luno nti, 'Vvaawo wano,' era ne luvaawo era tewandibaddewo kye mulemwa. (Matayo 17:20)**

Tewali kitasoboka kasita oba n'okukkiriza ne bwekuba kutono kutya.

### OKUKKIRIZA N'EBIKOLWA

Okukkiriza kirabo kya Katonda tekisobola kwongezebwa na bikolwa. Mu kukkiriza tutegeeza ekyo kye "tukkiririzaamu." Mu bikolwa tuba tutegeeza ebyo by'okola. Baibuli esomesa;

> **Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda. Tekwatuweebwa lwa bikolwa byaffe; noolwekyo omuntu yenna aleme okwenyumirizanga. (Abaefeso 2:8-9)**

Okukkiriza kirabo ekiva ewa Katonda okuyamba okumukkiririzaamu. Kino tekitegeeza nti ebikolwa sibya mugaso. Okukkiriza kwe kusooka okujja ng'ekirabo kya Katonda. Ebikolwa by'ebikugezesa oba okukkiriza kwo kwa ddala. Yakobo yawandiika;

> **Abooluganda, kibagasa ki okugamba nti mulina okukkiriza kyokka ng'okukkiriza kwammwe temukwoleka mu bikolwa? Mulowooza ng'okukkiriza ng'okwo kugenda kubalokola? Singa muganda wo oba mwannyoko takyalina kyakwambala wadde ekyokulya, naye omu ku mmwe n'amugamba nti, "Genda mirembe, obugume, era olye bulungi", naye nga tamuwaddeeyo byetaago bya mubiri, olwo kimugasa ki? Noolwekyo n'okukkiriza bwe kutyo; bwe kutabaako bikolwa kuba kufu.**
>
> **Naye omuntu ayinza okugamba nti, "Ggwe olina okukkiriza nange nnina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa, nange nkulage ebikolwa byange nga bwe bikakasa okukkiriza kwange." (Yakobo 2:14-18)**

Ebikolwa byo, engeri gy'obeeramu ne bwe weeyisa ku lw'ebyetaago by'abo abakwetoolodde, bye bigezo by'okukkirizakwo oba kwa nnama ddala.

Yakobo agatta enkola y'okukkiriza n'ebikolwa ng'akozesa ekyokulabirako ky'enkolagana y'omwoyo n'omubiri mu bulamu bw'omuntu. Baibuli esomesa nti omuntu bw'afa, omwoyo gwe guva mu mubiri. Yakobo agamba nti:

> **Ng'omubiri bwe guba omufu omwoyo bwe gutagubeeramu, n'okukkiriza bwe kutyo kuba kufu bwe kuteeyolekera mu bikolwa. (Yakobo 2:26)**

Ebikolwa byo bijja kwongera okukkiriza okulamu okukulimu:

> **Kimanyiddwa bulungi nti tewali n'omu Katonda gw'awa butuukirivu olw'okukuuma amateeka, kubanga abatuukirivu banaabeeranga balamu lwa kukkiriza. (Abaggalatiya 3:11)**

**EKYOKULABIRAKO KY'OKUKKIRIZA.**

Abaebbulaniya 11, atuwa ebyokulabirako by'abantu abaalina okukkiriza okwamaanyi. Naye waliwo omusajja omu mu Baibuli ayogerwako nti "Taata wabakkiriza bonna" (Abaruumi 4:11), ng'erinnya lye ye Ibulayimu. Abakristaayo beebo abatambulira mu kkubo lya Ibulayimu ery'okukkiriza (Abaruumi 4:12) era nga boogerwako ng'abaana ba Ibulayimu (Abaggalatiya 3:7)

Olw'okukkiriza kwe mu Katonda, Ibulayimu yakkirizibwa:

> **N'ekyawandiikibwa ne kituukirizibwa ekigamba nti, "Ibulayimu yakkiriza Katonda, ne kimubalirwa okuba obutuukirivu, era n'ayitibwa mukwano gwa Katonda. (Yakobo 2:23)**

Paulo bwe yayagala okwolesa okukkiriza kwe mu Katonda, yeeyambisa Ibulayimu ng'ekyokulabirako:

> **Naye tekyawandiikibwa ku lulwe yekka nti, "Kyamubalirwa okuba obutuukirivu;" naye era naffe, abakkiririza mu oyo eyazuukiza Yesu Mukama waffe mu bafu. Kristo yaweebwayo okuttibwa olw'ebibi byaffe, n'azuukizibwa tulyoke tuweebwe obutuukirivu. (Abaruumi 4:23-25)**

Paulo ayogera ku kikolwa kya Ibulayimu eky'okukkiriza ekyamuletera okukkirizibwa. Teyakoma ku ye, ky'ogerwako naffe tusobola okutuukirizibwa mu njiri. Ensonga ezaafula Ibulayimu eky'okulabirako mu kukkiriza ze zino:

**YAWULIRA EKIGAMBO.**

Yawuliranga ebisuubizo bya Katonda gwe yakkiriza:

> **Katonda yasuubiza Ibulayimu abazzukulu bangi. Ne bwe kyalabika ng'ekitasoboka, Ibulayimu yalina okukkiriza mu Katonda, n'oluvannyuma n'abeera jjajja w'amawana mangi, okusinziira ku ekyo ekyayogerwa nti, "Ezadde lyo bwe liriba." (Abaruumi 4:18)**
>
> **Newaakubadde nga Yesu oyo temumulabangako, kyokka mumwagala, era ne kaakano temumulaba naye mumukkiriza ne mujjula essanyu eritayogerekeka ne mumugulumiza, era ekiva mu kukkiriza kwammwe kwe kulokolebwa kw'emyoyo gyammwe. (1 Peetero 1:8-9)**

**YAKYUKA MU MBEERA Y'OBUTASUUBIRA.**

Okuwulira ekigambo kya Katonda kyaleetawo enkyukakyuka mu bulamu bwa Ibulayimu:

> **Katonda yasuubiza Ibulayimu abazzukulu bangi. Ne bwe kyalabika ng'ekitasoboka, Ibulayimu yalina okukkiriza mu Katonda, n'oluvannyuma n'abeera jjajja w'amawanga mangi, okusinziira ku ekyo ekyayogerwa nti, "Ezadde lyo bwe liriba." Teyatendewererwa mu kukkiriza, newaakubadde nga yali wa myaka nga kikumi, nga n'omubiri gwe munafu nnyo, ate nga ne Saala mugumba. (Abaruumi 4:18-19)**

Ng’abasajja n’abakazzi bwe baabulira mu kibi, ne Ibulayimu yasisinkana embeera y’obutasuubira mu bulamu bwe obwa bulijjo. Ekisuubizo ky’okuba Taata w’amawanga, kyalina kuva wa Katonda yekka kubanga Ibulayimu ne Sara baali bakuze nnyo okufuna abaana.

Okulokolebwa kuyita mu Yesu Kristo yekka, teri ngeri ndala mw’oyinza kutuuka ku bisuubizo okuleka ng’olina okukkiriza mu nteekateeka ye eyokulokolebwa:

> **Kristo alyoke abeerenga mu mitima gyamwe olw’okukkiriza kwammwe. Mbasabira mubeerenga n’emirandira mu kwagala nga mukunywereddemu. (Abaefeso 3:17)**

**YAKKIRIZA EKISUUBIZO NGA KYA DDALA.**

> **Teyabuusabuusa kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza, naye yaweebwa amaanyi lwa kukkiriza; n’agulumiza Katonda. (Abaruumi 4:20)**

Kuno kwe kukkiriza mu Katoonda.

**EKYOKULABIRAKO GYE TULI.**

Okukkiriza Ibulayimu kwe yayolesa kyakulabirako kyaffe okugoberera:

- Okuwulira ekigambo kya Katonda.
- Okukkiriza ekigambo kya Katonda.
- Okuleka embeera y’obutaba na ssuubi (kyuka nga weenenye ebikolwa ebireetera okufa)
- Okukkiriza ekisuubizo kya Katonda nti kyaddala. Ekisuubizo kya Katonda kwe kukkirizibwa nga weenenyeza era ng’okkiriza Katonda mu Yesu.

# OKWEGEZAAMU.

1. Nnyonnyola "okukkiriza."
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola ebika by'okukkiriza bino;
   Okukkiriza okw'abulijjo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   Okukkiriza kw'okutukuzibwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   Okukkirizza okulokola.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   Okukkiriza kw'obukuumi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
3. Wa ensonga bbiri lwaki okukkiriza mu Katonda kyeetagisa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
4. Osobola otya okwongera okukkiriza kwo mu Katonda?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
5. Wandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………

6. Leetayo ensonga nnya (4) lwaki Ibulayimu kyakulabirako kirungi eky'okukkiriza.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Njawulo ki eri wakati w'okukkiriza n'essuubi?
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Njawulo ki wakati w'okukkiriza n'endowooza essukulumya?
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
9. Njawulo ki eri wakati w'okukkiriza n'ebikolwa?
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
10. Kitegeeza ki "okuba n'okukkiriza mu Katonda?''
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebyokuddamu by'ebibuuzo ebyo bisange ku nkomerero y'essuula essembayomu kitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

"Okwesiga" kigambo ekirala ekitegeeza okukkiriza. Dawudi yawandiika bingi ku kwesiga mu kitabo kya Zabuli. Weeyambise bino ng'osoma oyongere okuyiga ku kukkiriza mu Katonda, Dawudi kyayita 'okwesiga.'

**OKUKKIRIZA OKUSEESEETUFU.**

Ssoma okujuliza kuno, oludda olulala oleete ebyo Dawudi by'agaana okwesiga.

| Okujuliza. | Teweesiga. |
|---|---|
| Zabuli 20:7 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 41:9 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 44:6 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 49:6 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 52:7 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 115:8 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 118:8-9 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 135:17-18 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 146:3 | …………………………………………………………………………………………… |

Mu zabuli zonna Dawudi yezzangamu amaanyi ku kwongera okwesiga Katonda. Era atuzzaamu amaanyi okwongera okwesiga ebintu ebikwatagana ne Katonda. Soma ebyawandiikibwa bino, ku ludda olulala olage ebyo Dawudi bye yagamba okwesiga.

| Okujuliza. | Okwesiga. |
|---|---|
| Zabuli 33:2 | ………………………………………………………………………… |
| Zabuli 36:7 | ………………………………………………………………………… |
| Zabuli 13:5 | ………………………………………………………………………… |
| Zabuli 52:8 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 57:1 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 61:4 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 78:22 | …………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 91:4 | …………………………………………………………………………………………… |

**LWE TWESIGA.**

Zabuli 56:3

**EBIKULU MU KWESIGA.**

Daudi yalaga ebintu ebikulu bingi ebiri mu kwesiga oba okukkiriza mu Katonda. Soma bino wammanga. Oludda olulala olage ebikulu ebiri mu kwesiga Katonda.

| Okujuliza. | Obukulu bw'okwesiga Katonda. |
|---|---|
| Zabuli 25:2 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 25:20 | …………………………………………………………………………………………. |
| Zabuli 26:1 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 28:7 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 31:1 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 31:6 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 31:19 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 32:10 | …………………………………………………………………………………………. |
| Zabuli 33:21 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 34:8 | …………………………………………………………………………………………. |
| Zabuli 34:22 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 37:5 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 37:40 | …………………………………………………………………………………………. |
| Zabuli 40:3 | ………………………………………………………………………………………….. |
| Zabuli 2:12 | …………………………………………………………………………………………. |
| Zabuli 5:11 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 7:1 | ………………………………………………………………………………………….. |
| Zabuli 9:10 | …………………………………………………………………………………………. |
| Zabuli 16:1 | ………………………………………………………………………………………….. |
| Zabuli 17:7 | …………………………………………………………………………………………. |
| Zabuli 21:7 | ………………………………………………………………………………………….. |
| Zabuli 22:4 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 22:5 | ………………………………………………………………………………………… |

Zabuli 22:8 ……………………………………………………………………………………………….

Zabuli 40:4 ……………………………………………………………………………………………….

Zabuli 56:4 ……………………………………………………………………………………………….

Zabuli 56:11 ……………………………………………………………………………………………….

Zabuli 57:1 ……………………………………………………………………………………………….

Zabuli 64:10 ………………………………………………………………………………………………

Zabuli 71:1 …………………………………………………………………………………………………

Zabuli 73:28 …………………………………………………………………………………………………

Zabuli 84:12 ………………………………………………………………………………………………

Zabuli 86:2 ……………………………………………………………………………………………….

Zabuli 86:2 ………………………………………………………………………………………………

Zabuli 112:7 ………………………………………………………………………………………………

Zabuli 119:42 ………………………………………………………………………………………………

Zabuli 141:8 …………………………………………………………………………………………………

Zabuli 143:8 ………………………………………………………………………………………………

Zabuli 144:2 ………………………………………………………………………………………………

**EBIVA MU BUTEESIGA KATONDA.**

Daudi atuzuulira ebiva mu buteesiga Katonda.

| Okujuliza. | Ekiva mu buteesiga Katonda. |
|---|---|
| Zabuli 32:10 | ………………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 55:23 | ………………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 78:21-22 | ………………………………………………………………………………………………… |

**EBYAFAAYO KU KWESIGA KWA DAUDI.**

Dawudi anyumya ku bbanga ly’amaze nga yeesiga Katonda:

Zabuli 71:5, okuva mu “……………………………………………………………………………………………………………….”

**EBY’OKUJULIZAAKO EBIRALA.**

Ebyawandikibwa bino kujulira ku byaleetera Dawudi okwesiga Katonda. Soma ebijulira bino. Ku buli kikuweereddwa funza olunyiriri mu bigambo byo.

| Ebijulira. | Ekifunze. |
|---|---|
| Zabuli 31:4 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 4:5 | ………………………………………………………………………………………… |
| Zabuli 11:1 | ……………………………………………………………………………………….. |

# ESSUULA EYOOKUTAANO

## ENJIGIRIZA KU KUBATIZIBWA: EKITUNDU EKISOOKA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
- Okuzuula okubatizibwa okw'emirundi ena okuli mu ndagaano empya.
- Okunnyonnyola ekigambo "okubatiza."
- Okunnyonnyola obukulu bw'okubatizibwa kw'omukristaayo.
- Okumenya ebisaanyizo by'abo abaagala okubatizibwa mu Bukristaayo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu n'omuliro. (Matayo 3:11)**

**ENNYANJULA**

Omusingi ogw'okusatu ogulagiddwa mu Abaebbulaniya 6, y'enjigiriza y'okubatizibwa. Mu Abaebbulaniya 6:2, ekigambo "kubatiza" kiri mu bungi. Kiri nti "enjigiriza ey'okubatizibwa" (mu bungi), so si "enjigiriza y'okubatiza" (mu bumu).

Kino kitegeeza nti enjigiriza y'obukristaayo ejjudde mulimu okubatiza okusukka mu kumu.

**OKUBATIZIBWA OKW'EMIRUNDI ENA.**

Endagaano empya eyogera ku mirundi gy'okubatiza egy'enjawulo ena. Era gye gino:

- Okubatizibwa kwa Kristo okwokubonaabona.
- Okubatizibwa okwa Yokaana.
- Okubatizibwa okw'obukristaayo.
- Okubatizibwa okw'Omwoyo omutukuvu.

Essuula eno ennyonnyola okubatizibwa okusoose okw'emirundi esatu. Essuula en'eddako effudde nnyo ku kubatizibwa kw'Omwoyo omutukuvu.

**OKUNNYONNYOLA.**

Ekigambo "okubatiza" ekikozesebwa mu Baibuli kitegeeza okunnyikira ddala mu kintu.

**OKUBATIZIBWA KW'OKUBONAABONA KWA KRISTO**

Mu ndagaano empya mulimu okubatizibwa kumu okuyitiddwa "okubatizibwa kw'okubonaabona." Okubatizibwa kuno kwogerwako Yesu:

> **Nninayo okubatizibwa kwe ndibatizibwa, naye nzija kuba mu nnaku nnyinji nga tekunnaba kutuukirizibwa. (Lukka 12:50)**

Okubatizibwa kuno era kwogerwako mu Makko 10:38, abaana ba Zebidaayo bwe baasaba omukisa gw'okutuula awamu ne Kristo ku mukono gwe ogwa ddyo n'oggwa kono nga batuuse mu ggulu. Yesu n'abaddamu; "Temumanyi kye musaba, musobola okunywa ku kikompe kyekimu nange kyennywa era mubatizibwe n'okubatizibwa kwe kumu n'okwange?"

Yesu yali ayogera ku kubonaabona okwali kumulindiridde okw'okufiirira ebibi bya abantu bonna. Yalina okunnyikibwa mu kubonaabona, aziikibwe mu ntaana, azuukirire mu mubiri omupya.

**OKUBATIZA KWA YOKAANA**

Okubatiza kwa Yokaana kwali kwa mazzi naye nga kutambulira wamu n'obubaka obw'okwenenya. Yokaana omubatiza yazalibwa mu ngeri ya kyamagero eri Zaakaliya ne Elizaabeesi (Lukka 1). Katonda yalina enteekateeka ennungi eri obulamu bwe. Yalina okuweereza ng'akulemberamu Yesu kristo.

> **Naawe mwana wange, oliyitibwa nnabbi w'Oyo Ali Waggulu Ennyo; kubanga gw'olikulembera Mukama okumuteekeratekera amakubo ge. Okumanyisa abantu be obulokozi, obw'okusonyiyibwa ebibi byabwe. (Lukka 1:76-77)**

Ekigambo "okukulemberamu" kitegeeza oyo asookayo n'alongoosa ekkubo. Yokaana yali wa kubuulira bubaka bw'okwenenya n'okubatizibwa eri Yisirayiri ng'abateekateeka olw'okujja kw'omununuzi waabwe Yesu Kristo.

> **Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo mutukuvu n'omuliro. (Matayo 3:11)**

Obuweereza bwa Yokaana omubatiza yali ntandikwa ya mulembe gw'omwoyo omupya.

> **Yokaana omubatiza bwe yali nga tannabuulira, amateeka n'obubaka bwa bannabbi byabulirwa. Naye okuva olwo obwakabaka bwa Katonda bubuulirwa, ne buli muntu ayitibwa abuyingiremu mu bwangu ddala. (Lukka 16:16)**

Ng'ebiro bya Yokaana tebinnatuuka, abantu batambuliranga ku mateeka. Ba nnabi ne bakabona be baawerezanga mu bifo by'obukulembeze n'okutaputa amateeka. Bakabona bokka be baalinanga okutuuka eri Katonda mu yeekalu. Be baakolanga ng'abayunzi wakati wa Katonda n'abantu era baawangayo ne ssaddaaka z'ekibi nga Katonda bwe yalagira. Bino byonna byakyusibwa olw'okujja kwa Yesu Kristo. Okuyita mu bulamu bwe, okufa n'okuzuukira, Yesu yaleetera abantu bonna okuba nga basobola okutuukirira Katonda. Kati Yesu Kristo yayunga omuntu omwonoonyi ku Katonda omutuukirivu.

Yokaana yabuuliranga ku bintu bibiri byokka eri abantu; okwenenya n'okwatula ebibi ebibi eri abantu bonna. Abo abaasobolanga obituukiriza ebisaanizo bya Katonda ebyo, baabatizibwanga mu mugga Yoludaani olw'okujulirwa kw'abantu bonna. Kanno ke kaali akabonero ak'okungulu akalaga nti omuntu yeenenyezza ebibi bye.

Abakulembeze b'eddiini abamu bwe bajjanga eri Yokaana ababatize, yagaananga yabagambanga basooke balage nti ddala beenenyeza era bakyuse nga tannababatiza.

> **Naye bwe yalaba Abafalisaayo bangi n'Abasaddukaayo nga bajja okubatizibwa n'abagamba nti, "Mmwe, abaana b'essalambwa, ani yabalabula okudduka obusungu bwa Katonda obugenda okujja? Kale mubale ebibala ebiraga nti mwenenyeza. (Matayo 3:7-8)**

Okwenenya n'okusonyiwa ebibi kyali kisaanizo eri buli eyajjanga eri Yokaana nga tannabatizibwa.

Ebigambo "okubatizibwa eri okwenenya n'okusonyiwa ebibi" tebitegeeza nti byagoberereranga kubatizibwa mu mazzi. Okubatizibwa kaaberanga kabonero ak'okungulu akalabika akakasanga nti abatiziddwa amaze okwenenya ebibi bye era ng'asonyiyiddwa.

## OKUBATIZIBWA KW'OBUKRISTAAYO

Ebyawandiikibwa ebiraga bulungi kye tuyita "okubatizibwa kw'obukristaayo" binnyonnyola okubatizibwa kwa Yesu.

> **Awo Yesu nava e Ggaliraaya n'ajja ku mugga Yoludaani, abatizibwe Yokaana. Naye Yokaana n'ayagala okugaana , n'agamba nti, "Nze neetaaga ggwe okumbatiza, naye ate gw'ojja gye ndi?'' Yesu n'amuddamu nti, kkiriza ombatize, kubanga kitugwanidde okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Awo Yokaana n'amukkiriza. Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba. Eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo." (Matayo 3:13-17)**

Ye teyabatizibwa Yokaana mu ngeri y'okukakasa nti yeenenyezza ekibi kubanga ye teyalina kibi kyonna kyakwenenyeza. Yesu yabatizibwa "okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Yali ateekawo kyakulabirako ky'obutuukirivu mu nneeyisa kye yayagala abakkiriza bonna okugoberera.

## OKUBATIZIBWA KW'ABATO

Yesu teyabatizibwa nga mwana muto. Bwe yali omuwere, bazadde be baamutwala mu Yeerusalemi okumuwongayo ewa Katonda, naye teyabatizibwa (Lukka 2:22). Yesu teyabatizibwa okutuusa bwe yategeera ki kye yali, akole n'ensonga lwaki yabanga akikola.

Abato tebalina kubatizibwa. Balina kuwongebwabuwongebwa eri Katonda n'okusabirwa omukisa nga bassiddwako emikono, naye tebalina kubatizibwa okutuuka nga bategedde kye bakola n'okufuna ebisaanizo ebyogerwako mu Baibuli. Tewali myaka giteereddwawo okutegeera kuno kwe kujjira wabula kusinziira ku bwongo n'okukula kw'omwoyo kw'omwana yenna.

## OKUNNYIKIBWA OBA OKUYIIRWA AMAZZI.

Ekkanisa ezimu zibatiza nga ziyiira abantu amazzi, endala zinnyikira ddala abantu mu mazzi. Yesu bwe yali abatizibwa yakka wansi mu mazzi era n'akomawo kungulu. Weyambise kino n'amakulu g'ekigambo "okubatiza" tuwunzika tugamba nti yannyikibwa yenna mu mazzi ga Yoludaani.

Ye okukkiriza okubatizibwa, Yesu yalaga obugonvu obulabika eri okwagala kwa Katonda, olw'ekikolwa kyokugonda kino yatuukiriza enteekateeka ya Katonda. Abakkiriza bwe babatizibwa, kaba kabonero akookungulu akalabika okulaga obutuukirivu obw'omunda bwe baba bafunye okuyita mu kukkiriza.

## EBYETAAGO BY'OKUBATIZIBWA.

Waabangawo obukwakkulizo obw'omwoyo omuntu bwe yalina okusooka okutuukiriza bwe yabanga ayagadde abatizibwe Yokaana. Era waabangawo ebisaanizo ebyasookanga okutuukibwako abo abaanonyanga okubatizibwa kw'obukristaayo.

**EKIRAGIRO.**

Akakwakulizo k'okubatizibwa akasooka kaweebwa okuyita mu Yesu:

> **Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya kitaffe, Omwana era Mwoyo mutukuvu. Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)**

Ekiragiro kya Yesu eky'okusomesa abakkiriza abapya kiweebwa emirundi ebiri. Balina okusomesebwa nga tebanaba era nga bamaliririza okubatizibwa. Aboononyi bateekeddwa okuwulira n'okufuna enjiri okufuuka abakkiriza abatuufu:

> **Awo abakkiriza ebigambo bye ne babatizibwa ku lunaku olwo ne beeyongera ng'enkumi ssatu. (Ebikolwa by'Abatume 2:41)**
>
> **Bwe baawulira ebyo, ne babatizibwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu. (Bikolwa by'Abatume 19:5)**
>
> **Omu ku bakazi abo erinnya ye nga ye Ludiya, yali musuubuzi wa ngoye ez'effulungu ng'abeera mu kibuga Suwatira. Yali asinza Katonda bulijjo. Katonda n'amubikkulira okutegeera obulungi ebyo Pawulo bye yali ayigiriza. Bw'atyo n'abatizibwa n'ab'omu nnyumba ye bonna. N'atuyita tumukyalire mu maka ge, ng'agamba nti, "Obanga mukakasa nti nzikirizza Mukama, mujje mubeere mu maka gange." N'atuwaliriza. (Ebikolwa by'Abatume 16:14-15)**

Nga tewannabaawo kubatizibwa, abakkiriza bateekeddwa okusooka okusomesebwa ekimala ne bakitegeera. N'oluvannyuma lw'okubatizibwa, balina okwongera okusomesebwa basobole okufuuka Abakristaayo abakuze. Pawulo kino kyayita okujja eri okutuukirizibwa (Abaebbulaniya 6)

## OKWENENYA

Akakwakulizo k'okubatizibwa akookubiri kwe kwenenya ekibi. Peetero yasomesa ku kino ku lunaku lwa pentikooti.

> **Awo bwe baawulira ebigambo ebyo, emitima ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala, nti, "Abooluganda, kiki kye tusaanidde okukola?'' (Ebikolwa by'Abatume 2:37)**
>
> **Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa by'Abatume 2:38)**

Kikulu okumanya nti okulumirizibwa ebibi tekimala. Wateekwa okubaawo ekikolebwa. Ebiragiro ebibiri Peetero bye yawa kwe kwenenya n'okubatizibwa. Okubatizibwa kujja oluvannyuma lw'okwenenya.

**OKUKKIRIZA.**

Akakwakkulizo k'okubatizibwa akookusatu kwe kukkiriza:

> **N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga. (Makko 16:15-16)**

Ekyetaago ky'okukkiriza kiragibwa mu lugero lwa Firipo n'Omwesiyopya gwe yasisinkana ng'ava e Yerusaalemi ng'adda e Ggaaza (Ebikolwa 8). Firipo yawulira Omwesiyopya ono ng'asoma ekitabo kya Isaaya, naayingira ekigaali kye amunnyonnyole Enjiri. Bwe beyongerayo n'olugendo lwabwe baatuuka awaali amazzi. Oluvannyuma lw'okusaba kw'Omwesiyopya n'okwatula nti akkiriza, Firipo yamubatiza.

> **Bwe baali bagenda ne batuuka awali amazzi, omulaawe n'agamba nti, "Laba amazzi! Kale lwaki sibatizibwa?" Awo Firipo namugamba nti, "Oyinza okubatizibwa, bw'oba ng'okkiriza n'omutima gwo gwonna." Omulaawe n'addamu nti, "Nzikiriza nga Yesu Kristo mwana wa Katonda.'' Awo n'alagira omugoba w'eggaali lye okuyimirira, ne bakka mu mazzi, Firipo n'amubatiza. (Ebikolwa by'Abatume 8:36-38)**

Firipo n'agamba omulaawe nti; "Bwokiriza n'omutima gwo gwonna, onoobatizibwa." Awo omulaawe n'addamu nti, "Nzikiriza nti Yesu Kristo mwana wa Katonda.'' Omuntu ayagala okubatizibwa kw'obukristaayo yalina okusooka okwatula okukkiriza kwe mu Yesu Kristo ng'Omwana wa Katonda.

**EMMEEME ENNUNGI ERI KATONDA.**

Akakwakkulizo akookuna kwe kuba n'emmeeme ennungi eri Katonda. Peetero ageraageranya okubatizibwa kw'obukristaayo okwomu mazzi, kubulamu bwa Nuuwa n'aboomu maka ge abanunulibwaku kulamulwa bwe baayingira mu kyombo.

> **Amazzi ago gaali kaboneroak'okubatizibwa mulyoke mulokolebwe kaakano. Kubanga okubatizibwa tekitegeeza kunaazibwako kko lya mubiri, wabula kitegeeza kwewaayo eri KATONDA nga tumaliridde okukola byayagala, nga tuwadde omutima omulongoofu olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo. (1 Peetero 3:21)**

Peetero amalawo endowooza egamba nti; okubatizibwa y'engeri y'okwetukuzaamu ey'omubiri. Ye agamba nti akakwakkulizo ku kubatizibwa kw'obukristaayo y'enkolagana eri munda mu mutima gw'omukkiriza eri Katonda. Ye ky'ayita, "okuba n'emmeeme ennungi eri Katonda."

**EKISEERA KY'OKUBATIZIBWA.**

Okutuukirira osobole okubatizibwa, omukkiriza yenna alina okusomesebwa, okwenenya, okukkiriza ate n'okuba n'emmeeme ennungi eri Katonda. Obuwanvu bw'ekiseera omuntu bw'amala mu bino businziira ku muntu kinoomu.

Ekkanisa ezimu zaagala ababa bagenda okubatizibwa okutwala obudde obuwerako obw'okusomesebwa nga wiiki eziwera oba omwezi. Naye Baibuli egamba nti ku lunaku lwa Pentekooti, abantu enkumi ssatu be baabatizibwa.

Oluvannyuma lwe ssaawa ntono ddala nga baakakiriza Yesu nti ye mununuzi wa Yisirayiri era Omwana wa Katonda. Okuva nga Peetero yaakamala okubasomesa, waali teweetagisa kuyita budde buwerako.

> **Awo abo abakkiriza ebigambo bye ne babatizibwa ku lunaku olwo ne beeyongera ng'enkumi ssatu. (Ebikolwa by'abatume 2:41)**

Firipo yabatiza omulaawe ku lunaku lwe yamubuulirako enjiri lwennyini.

**OKUFUNZA.**

Enkola y'ekkanisa eyasooka ku kubatizibwa yali bweti;

- Nga tebananabatiza, baasookanga kubuulira bantu njiri entuufu ekwata ku bulamu, okufa, n'okuzuukira kwa Yesu Kristo.
- Baakwanaganyanga amazima gano ku kubatizibwa.
- Baakakasanga omukkiriza ategedde ku kwenenya, okwatula okukkiriza kwe, olwo n'alyoka abatizibwa.
- Oluvannyuma lw'okubatizibwa, abakkiriza bano abapya baasomesebwanga ku ngeri y'okukulamu mu mwoyo.

## **OBUKULU BW'OKUBATIZIBWA KW'OBUKRISTAAYO**.

Bino wammanga biraga obukulu bw'omwoyo obuli mu kubatizibwa kw'obukristaayo;

> **Kale tunaagamba tutya? Tweyongere okwonoona, olwo ekisa kya Katonda kiryoke kyeyongere? Kikafuuwe, kubanga ffe abaafa eri ekibi tuyinza tutya okweyongera okukikola? Oba temumanyi nga bonna bwe baabatizibwa mu Yesu Kristo, baafira wamu naye? Bwe twabatizibwa twaziikibwa wamu ne Kristo. Nga Kristo bwe yazuukizibwa okuva mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe twafuna obulamu obugya, era bwe tutyo tutambulirenga mu bulamu obwo obugya. (Abaruumi 6:1-4)**

Bwe weenenya n'okkiriza Yesu Kristo ng'omulokozi, okufa kw'ekibi n'obulamu obukadde bivaawo. Wabaawo obulamu obugya obutondebwa mu ggwe obw'obutuukirivu mu Katonda.

> **Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okuba abaafiira ddala eri ekibi, naye abalamu eri Katonda mu Yesu Kristo. Noolwekyo ekibi kiremenga okufuga omubiri gwammwe ogufa, nga mugondera okwegomba kwagwo…**
>
> **Temukkiriza ekibi okwongera okubafuga, kubanga temukyafugibwa mateeka, wabula ekisa kya Katonda. (Abaruumi 6:11-12, 14)**

Okubatizibwa kw'obukristaayo obw'omu mazzi kabonero akalaga okufa n'okuzuukira kwa Yesu. Kiraga okufa okw'ekibi bw'onnyikibwa mu "ntaana" ey'amazzi n'okuzuukirira mu bulamu obw'obutuukirivu obwa Katonda ku ngulu w'amazzi.

Omukkiriza ayimusibwa okuva mu mazzi atambulire mu bulamu obupya, kino takikola na maanyi ge. Obulamu obuggya abubeeramu lw'amaanyi ga Katonda ago agaazukiza Yesu okuva mu ntaana. (ojja kwongera okuyiga ku kuba n'obulamu mu ssuula ey'ekkumi n'emu). Obukulu bw'okubatizibwa mu mazzi eri omuntu kisinziira ku kwenenya n'okukkiriza kw'oyo abeera abatizibwa. Awatali kino okubatizibwa tekuba na makulu.

Okubatizibwa okutuufu kitegeeza nti tubatizibwa mu Yesu yennyini, so si mu kkanisa oba ekiwayi ky'eddiini.

> **Kubanga abaababatizibwa bonna mu Kristo, baayambala Kristo. (Abaggalatiya 3:27)**

**OKUBATIZIBWA: OKUKONTANA**

Okubatizibwa kwa Yokaana n'okw'obukristaayo kubaawo ng'omuntu annyikiddwa mu mazzi, naye waliwo enjawulo wakati wa byombi. Pawulo bweyagenda mu kibuga Efeeso, yasanga ekibinja ky'abantu abaali bagoberera Yokaana omubatiza. Baali bawulidde obubaka bwa Yokaana obw'okwenenya ne babatizibwa naye nga tebalina kye baali bawulidde ku njiri ya Yesu Kristo:

> **Awo Apolo ng'ali mu Kkolinso, Pawulo n'atambula ng'ayita ku lukalu n'alaga mu Efeso. N'asangayo abayigirizwa bangiko,**
>
> **N'ababuuza nti, "Bwe mwakkiriza mwafuna Mwoyo Mutukuvu?'' Ne bamuddamu nti, waliwo Mwoyo Mutukuvu.**
>
> **N'ababuuza nti, "Kale mwabatizibwa kuyingira mu ki?'' Ne bamuddamu nti, "Twakkiriza ebyo Yokaana omubatiza bye yatuyigiriza.''**
>
> **Awo Pawulo n'abagamba nti, "Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenyaeri abantu ng'agamba nti agenda okujja oluvannyuma lwe bamukkirize. Kino kitegeeza nti ye Yesu.''**
>
> **Bwe baawulira ebyo, ne babatizibwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu. (Ebikolwa by'Abatume 19:1-5)**

Oluvannyuma Pawulo yabannyonnyola enjiri, abantu baagikkiriza era ne baddamu okubatizibwa. Omulundi guno baababatizibwa mu linnya lya mukama waffe Yesu. Eky'okulabirako kino kiraga nti waliwo enjawulo wakati w'okubatizibwa kwa Yokaana n'okwobukristaayo. Okubatizibwa kwa Yokaana tekwaddamu kukkirizibwa oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo. Bonna abaali baabatizibwa mu okwo okwa Yokaana baddamu ne baatizibwa mu kubatizibwa kw'obukristaayo.

Obubaka bwa Yokaana bwali bwa kuteekateeka mitima gy'abantu mu Yisirayiri okubikkulirwa omununuzi Yesu Kristo. Olwokubatizibwa, baayatulanga n'okwenenya ebibi byabwe n'okukkiriza mu kujja kw'omununuzi.

Oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu, abantu baabatizibwa mu linnya erya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Olw'okukikola baalaga okukkiriza kw'Enjiri n'okuba nga yali ekyusiza obulamu bwabwe. Yesu alagira okubatiza kuno.

> **Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. (Matayo 28:19)**

Enjawulo eri wakati w'okubatizibwa kwa Yokaana n'okwobukritaayo eri nti; okw'obukristaayo kukolebwa mu buyinza obujjudde obwa Katonda Kitaffe, Omwana n'Omwoyo omutukuvu.

Okubatizibwa kwa Yokaana kwali tekusobola kukolebwa mu buyinza buno. Kwali kubatizibwa kwo kwenenya n'okwatula okukkiriza mu kujja kw'omununuzi. Okubatizibwa kw'obukristaayo kuba kwatula na kukkiriza omulimu gw'okununulibwa kwa Katonda ogwaggwa.

**EBIGAMBO EBYOGERERWA KU KUBATIZIBWA**.

Tunnyonnyodde ebyetaago byolina okusooka okuba nabyo nga tonnabatizibwa era ne kikakasibwa okunnyikibwa mu mazzi. Ekibuuzo ekisigadde kiri nt; Bigambo ki ebirina okukozesebwa mu kaseera k'okubatizibwa?

Yesu yagamba kubatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu. Abaweereza bangi basalawo okukozesa ebigambo ebyo ekintu ekikkirizibwa okusinziira ku bya wandiikibwa. Naye era kisoboka okweyambisa erinnya lya Mukama waffe Yesu. Era Baibuli eraga nti abayigirizwa kyebeeyambisa;

> **Kubanga yali tannaba kubakkako, kubanga baali babatizibbwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu kyokka. (Ebikolwa by'Abatume 8:16)**

> **Bwatyo n'alagira babatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo. Ne basaba Peetero agira abeera nabo okumala ennaku ntonotonno. (Ebikolwa by'Abatume 10:48)**

> **Bwe baawulira ebyo, ne babatizibwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu. (Ebikolwa by'Abatume 19:5)**

Yesu teyalagira bayigirizwa be kubatiza mu mannya (mu bungi) ga Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Liba linnya (mu bumu), ery'abantu abali mu busatu bwa Katonda.

Erinnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu ly'erinnya lya Yesu Kristo, kubanga;

> **Kubanga mu Kristo okutuukiriza kwonna okw'Obwakabaka mwe kulabikira mu mubiri. (Abakkolosaayi 1:9)**

Baibuli esomesa nti tubatizibwa mu Kristo:

**Oba temumanyi nga bonna bwe baabatizibwamu Yesu Kristo, baafira wamu naye? (Abaruumi 6:3)**

Ebiwayi by'abakkiriza eby'enjawulo bibadde bikubagana empawa ku bigambo eby'okwogerera ku kubatizibwa. Kino kiraga nti ebigambo ebimu bituufu ate ebirala bikyamu. Naye okusinziira ku Baibuli, okubatizibwa "mu linnya lya Mukama waffe Yesu KRISTO n'erinnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu" byombi bikkirizibwa okukozesebwa mu kubatizibwa kw'obukristaayo. Tewali mbiranye wakati w'ebigambo ebyo. Byombi bitegeeza busatu bwa Katonda Kitaffe, Omwana n'Omwoyo Omutukuvu.

Obutabuzaabuzibwa mu Baibuli n'okuleetawo okukkaanya mu mbeera eno, ebigambo bino bye byandisaanye okukozesebwa. Okusinziira ku kwatula kw'okukkiriza kwo mu linnya lya Katonda Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, nkubatibatiza mu Mukama waffe Yesu Kristo.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola ekigambo "okubatiza"
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
3. Lwaki okubatizibwa kw'obukristaayo kukulu?
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
4. Wandiikayo ebisaanyizo bina oyo yenna ayagala okubatizibwa mu bukristaayo byateekwa okuba nabyo.
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
5. Ebika by'okubatizibwa eby'ogerwako ebina mu ndagaano empya bye biri wa?
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
6. Mu ndagaano empya, kyatwalanga bbangaki abeenenyezza, n'abakkiriza aboonoonyi okubatizibwa?
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
7. Ng'ojuliza mu Baibuli, wandiika ekikakasa nti waliwo enjawulo wakati wokubatizibwa kwa Yokaana n'okwobukristaayo.
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………
8. Abato bandibatiziddwa mu mazzi?

………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

9. Ku myaka ki omwana kw'alina okubatizibwa mu mazzi?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………

10. Ekiragiddwa wansi bwe kiba kituufu, jjuzaamu n'akabonero "T" mu bbanga erirekeddwawo. Ate bw'ekibeera ekikyamu kozesa akabonero "F"

    (a)…………………………………………Bw'oba nga wabatizibwa mu linnya mukama waffe Yesu Kristo mwokka, olina era okubatizibwa mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu?

    (b)………………………………………..Ekigambo kya Baibuli "okubatiza" kitegeeza okunnyika so si okuyiira amazzi?

    (c)…………………………………………Olina okutegeera amakulu g'okubatizibwa nga tonnabatizibwa.

(Ebyokuddamu biragiddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Essuula eno ebadde eyogera ku njigiriza ey'okubatizibwa. Okweyongera ku kumanya kwo, soma ebyawandiikibwa bino ebikwata ku kubatizibwa:

Matayo 3:6,7 11-16, 11:11-12, 14:2, 16:4, 20:22-23, 21:25

Makko 1:4, 5, 8, 9, 10:38-39, 11:30, 16:16

Lukka 3:3, 7, 12, 16, 21, 7:29-30, 12:50, 20:4

Yokaana 1:25-28, 33, 3:22-23,26, 4:1-2, 10:40.

Ebikolwa by'Abatume 1:5,22, 2:38, 41 8:12,13,16,38, 9:18, 10:37,47-48, 11:16, 13:24, 18:18, 25, 19:3,4,5, 22:16

Abaruumi 6:3-4

1 Abakolinso 1:13-16, 10:2, 12:13, 15:29

Abaggalatiya 3:27

Abaefeso 4:5

Abakolosaayi 2:12

1 Peetero 3:21

Abaebbulaniya 6:2

# ESSUULA EYOMUKAAGA

## ENJIGIRIZA EY'OKUBATIZA: EKITUNDU EKY'OKUBIRI (2)

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omala essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola obukulu bw'Omwoyo Omutukuvu.
- Okunnyonnyola engeri gy'ofunamu okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu.
- Okulaga akabonero akookungulu akalabika ak'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.
- Okuzuula ekiraga okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu ekituufu.
- Okumanya ebirabo n'ebibala eby'Omwoyo Omutukuvu

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yeerusalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa by'Abatume 1:8)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula ewedde, oyize amakulu g'ekigambo "okubatiza" era n'osoma n'ebika by'okubatizibwa ebisatu ku bina ebyogerwako mu ndagaano empya. Wayize ku kubatizibwa kw'okubonyabonyezebwa Yesu kweyayitamu, okubatizibwa kwa Yokaana omubatiza, n'okubatizibwa kw'obukristaayo mu mazzi. Essuula eno efudde nnyo kukubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

**EKISUUBIZO KY'OMWOYO OMUTUKUVU**

Oluvannyuma lw'okuzuukira nga tannadayo mu Ggulu, Yesu yawa abogoberezi be ebiragiro ebikulu. Essuula eno ekoze ng'ennyanjula ku njigiriza ey'omwoyo omutukuvu. Okumanya ebisingawo ku mwoyo omutukuvu, Harvestime international ekuwa olusoma lulamba oluyitibwa, "obuweereza bw'omwoyo omutukuvu."

> **Laba mbawereeza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

Ekisuubizo kya Yesu kye yatuwa yali mwoyo mutukuvu. Kino Yesu yali yakyogerako dda eri abagoberezi be:

> **Nange ndisaba Kitange n'abawa omubeezi omulala anaabeeranga nammwe emirembe n'emirembe;**
>
> **Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe;**
>
> **Siribaleka nga bamulekwa, ndikomawo gye muli. (Yokaana 14:16-18)**

## OBUKULU BW'OMWOYO OMUTUKUVU.

Obukulu mw'Omwoyo Omutukuvu obumu bulagiddwa mu lunyiriri olwatuweereddwa okugumya abakkiriza. Naye Baibuli etuwaayo obukulu bw'omwoyo omutukuvu obulala mu bulamu bw'omukkiriza. Omwoyo Omutukuvu akola bino:

- Ajjuza n'amubatiza (Ebikolwa 2:4)
- Amubeeramu (1 Abakolinso 6:19)
- Yamugatta ku Katonda ne kubakkiriza abalala (1 Abakolinso 6:17)
- Amusabira (Abaruumi 8:26)
- amuluŋŋamya (Yokaana 16:13)
- Amulaga okwagala kwa Kristo gy'ali (Abaruumi 5:5)
- Amugumya mu kifananyi kya Kristo (1 Abakolinso 3:18)
- Amubikkulira amazima ga Baibuli (1 Abakolinso 2:10)
- Amusomesa (Yokaana 14:26)
- Aleetayawo okusinza mu mazima (Yokaana 4:24)
- Amugumya (Abaefeso 3:16)
- Amwanguyiza (Abaruumi 8:11)
- Amutukuza (2 Abasessalonika 2:13-14)
- Amukyusa (Tito 3:5)
- Amulumiriza ensobi ye (Yokaana 16:8-11)
- Awa obukakafu bw'obulokozi (Abaruumi 8:16)
- Amuwa eddembe (Abaruumi 8:2)
- Amwogereramu (Makko 13:11)
- Alaga amaanyi ga Katonda (1 Abakolinso 2:4)
- Awa amaanyi okukakasa (Ebikolwa by'abatume 1:8)
- Amusikiriza okusinza (Yokaana 4:24)

## EKIRAGA OMWOYO OMUTUKUVU.

Omwoyo omutukuvu alina bingi mu bulamu bw'abakkiriza, naye obusingira ddala obukulu era obutuufu ke kabonero ak'okubatizibwa mu mwoyo okufuula omukiriza, omujulirwa ow'amaanyi ku lw'Enjiri.

> **Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bwalimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa by'abatume 1:8)**

Okubeerawo kw'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kweraga lwatu ku mutume Peetero nga olunaku lwa Pentekooti terunnatuuka yali yeeganye ekyokuba nti amanyi Yesu. Oluvannyuma lw'okubatizibwa Omwoyo omutukuvu, Peetero yayimirira naawa obujulizi obw'amaanyi ku njiri ekyaviirako abantu enkumi ssatu (3000) okulokoka. Gaali maanyi ga Mwoyo Mutukuvu mu Kkanisa eyasooka agavaako okubuna kw'enjiri eri amawanga gonna.

Ekitabo ky'ebikolwa bya batume kye kyawandikibwa okujulira okubatizibwa kw'omwoyo omutukuvu.

## OKUBATIZIBWA MU MWOYO OMUTUKUVU

Mu ndagaano empya mulimu ebyawandiikibwa musanvu, ekigambo “okubatiza’’ mwe kyeyolekera okwefananyiriza Omwoyo Omutukuvu. Ebina ku byo bigambo bya Yokaana omubatiza ebyawawandikibwa mu njiri;

> **Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala ajja, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu n’omuliro. (Matayo 3:11)**
>
> **Nze mbabatiza na mazzi, naye ye alibabatiza na Mwoyo Mutukuvu. (Makko 1:8)**
>
> **Yokaana n’addamu bonna ng’agamba nti, “Nze mbabatiza na mazzi, naye waliwo ajja, alina obuyinza okunsinga, n’okusaanira sisaanira na kusumulula lukoba lwa ngatto ze. Oyo alibabatiza n’omuliro ne Mwoyo Mutukuvu. (Lukka 3:16)**
>
> **“…Nze saamutegeera, kyokka Katonda bwe yantuma okubatiza yaŋŋamba nti, Bwolabanga Mwoyo Mutukuvu ng’akka n’abeera ku muntu, nga oyo, ye Kristo abatiza ne Mwoyo Mutukuvu.” (Yokaana 1:33)**
>
> **Ne Yesu yayogerako ku kubatizibwa kw’omwoyo omutukuvu.**
>
> **Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa by’Abatume 1:5)**

Peetero bwe yayogera ku byali bibaddewo mu nju ya Koneeriyasi, yakwata ebigambo bya Yesu.

> **Awo n’enzijukira ebigambo bya Mukama waffe bwe yagamba nti, “Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mulibatizibwa na Mwoyo Mutukuvu.” (Ebikolwa by’Abatume 11:16)**

Pawulo naye yakozesa ekigambo “okubatiza” ng’ayogera ku Mwoyo Omutukuvu.

> **Bwe tutyo ffena twabatizibwa mu mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo omu. (1 Abakolinso 12:13)**

Okweyambisa ebigambo “okubatiza mu” Mwoyo Omutukuvu ky’ekimu nga bwe kikozesebwa mu kubatizibwa okw’obukristaayo mu mazzi. Mu nkola zino zombi, “okubatizibwa” kaba kabonero akookungulu akakakasa embeera eri mu mwoyo.

Omwoyo omutukuvu yakka eri abayigirizwa okuva mu Ggulu ku lunaku olwa Pentikooti era n’abannyikira ddala mu Mwoyo omutukuvu. Peetero ye yagamba nti ekyaliwo kwali kutuukiriza kwa kisuubizo kya Katonda.

“Mu nnaku ez’oluvannyuma …Nja kuyiwa omwoyo gwange ku buli mubiri.” Kino ekisuubizo kyaweebwa mu Yoweeri 2:28

## AKABONERO AKOOKUNGULU.

Omwoyo Omutukuvu tosobola kumulaba na maaso go agookungulu. Yesu yamwawulira ku mbuyaga.

> **Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kwayo, tomanya gy'eva newaakubadde gyegenda; bw'atyo bwabeera omuntu yenna azaalibwa Omwoyo. (Yokaana 3:8)**

Newankubadde embuyaga terabika, ebigivaamu tusobola okubiraba n'okubiwulira. Embuyaga bw'ekunta efuumula enfuufu okuva wansi. Emiti gyewunzikira ku ludda lumu, ebikoola bikunkumuka, amayengo g'ennyanja gawuuma, n'ebire bitambulira mu bbanga. Bino byonna bubonero bw'embuyaga obulabika. Era bwe kiri ne ku Mwoyo Omutukuvu. Newankubadde tetumulaba na maaso ebyo ebivaamu tusobola okubiraba n'okubiwulira.

Waliwo ebifo bisatu mu ndagaano empya mwe batulagira ebyabaawo ku bantu nga babatizibwa Omwoyo Omutukuvu.

## OLUNAKU LWA PENTEKOOTI.

Ebikolwa by'Abatume 2:2-4 mwe mwawandiikibwa ebyabaawo ku lunaku olwa Pentekooti.

> **Amangwago okuwuuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde.**
>
> **Ku buli ne kutuula ennimi ng'ez'omuliro.**
>
> **Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ezenjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa by'Abatume 2:2-4)**

## ENNYUMBA YA KOLONEERI

Ebikolwa by'Abatume 10:44-46, etulaga nga Peetero abuulira omusajja ayitibwa Koloneeri enjiri n'abo mu nju ye:

> **Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Mwoyo Mutukuvu n'akka ku abo bonna abali bawuliriza ekigambo;**
>
> **Abakkiriza abakomole bangi abaawerekera ku Peetero ne beewunya nnyo okulaba ng'ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu kifukibbwa ne ku baamawanga;**
>
> **Kubanga baabawulira nga boogera mu nnimi endala nga batendereza Katonda. (Ebikolwa by'Abatume 10:44-46)**

## ABAAKYUSIBWA MU EFEESO.

Ebikolwa by'Abatume 19:6 atunnyonnyola ebyo ebyabaawo eri abo abaasooka okukyusibwa mu Efeeso.

> **Pawulo bweyabassaako emikono gye, Mwoyo Mutukuvu n'abakkako, ne batandika okwogera ennimi endala era n'okuwa obunnabbi. (Ebikolwa by'Abatume 19:6)**

Bwe twekenneenya ebyawandiikibwa bino ebisatu, mulimu akabonero akalabika akafaanagana mwonna. Abo abaabatizibwa n'omwoyo omutukuvu baayogera ennimi endala, obubonero obulala obutali bwa bulijjo obw'Omwoyo omutukuvu bwogerwako, naye tebwabangawo buli kiseera.

Ku lunaku lwa Pentikooti waliwo omuyaga ogw'amaanyi n'ennimi ez'omuliro ebyalabibwako. Bino tebyawandiikibwa ku njuyi ziri ebbiri endala.

Mu Efeeso abaakyusibwa baalagula naye kino tekyawandiikibwa ku byaliwo ku lunaku lwa Pentikooti ne mu nnyumba ya Koloneeri.

Akabonero kokka abatume ke baalaba akaabaawo eri koloneeri n'abenju ye kwali kwogera mu nnimi. Kano akabonero akalabika kaayongera kukakasa bayigirizwa nti bano baali babaatiziddwa Mwoyo Mutukuvu.

Ebyawandiikibwa bino byonna tuwunzika tugamba nti akabonero ak'okwogera mu nnimi mu maanyi ag'omwoyo omutukuvu, kakasa anti omuntu oyo aba abatiziddwa mu Mwoyo Omutukuvu.

**ENNIMI**

A kabonero k'ennimi kasobola okumanyika ku muntu. Kino kye kyabaawo ku lunaku olwa Pentikooti.

> **Ne bawunnikirira ne beewunya ne bagambanti; "Bano bonna aboogera si Bagaliraaya?**
>
> **Kale lwaki tuwulira buli muntu olulimi lw'ewaffe gye twazaalibwa? (Ebikolwa by'Abatume 2:7-8)**

Ennimi zisobola okuba olulimi olwo olutamanyiddwa muntu:

> **Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu amutegeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo. (1 Abakolinso 14:2)**

**OBUKULU BW'ENNIMI.**

Ennimi endala zifunibwa oluvannyuma lw'okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu. Zirina obukulu obwenjawulo mu bulamu bw'abakkiriza. 1 Abakolinso 14, etuwaayo obumu ku bukulu bw'okweyoleka kw'ennimi:

- Okusaba Katonda: olunyiriri 2
- Okukyusibwa kw'omuntu, ekitegeeza okuzimba oba okulaakulanya kw'omwoyo gwo.
- Bwe zivuunulwa, zikyusa ekkanisa: olunyiriri 12
- Okwegayirira: olunyiriri 14 ne Abaruumi 8:26-27
- Kabonero eri abatannakiriza: olunyiriri 22
- Okutuukiriza obwannabbi: olunyiriri 21 ne Isaaya 28:11-12
- Okutendereza: olunyiriri 15, 17

**EBIWAKANYIZIBWA**

Abantu abamu bawakanya akobenero k'okwogera mu nnimi. Bino bye bimu ku bye bagamba:

**BULI MU KRISTAAYO ALINA OMWOYO OMUTUKUVU.**

Ekiwakannyizibwa ennyo ky'ekyo nti buli muKristaayo afuna Mwoyo Mutukuvu bw'akyusibwa nti era aba teyeetaaga kweyongera mu maaso na kufuna kubatizibwa kw'Omwoyo Mutukuvu. Naye weeyambise eky'okulabirako ky'abantu abali mu ndagaano empya abaali abakkiriza abatuufu.

Abatume baali beenenyeza ebibi byabwe era nga bakkiriza Yesu n'gomununuzi. Bo mu buntu beerabirako ne bakkiriza amawulire ag'okufa, okuziikibwa, n'okuzuukira. Yesu yagamba abagoberezi be nti:

**Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyamabazibwa amaanyi agava mu ggulu. (Lukka 24:49)**

Era n'agamba:

**Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa by'Abatume 1:5)**

Ekisuubizo ky'okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu kyalabikako ku lunaku lwa Pentikooti:

**Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa by'Abatume 2:4)**

Newankubadde abatume baali bakkiriza ebyaddala, olunaku lwa Pentikooti lwamala kutuuka ne balyoka bajjuzibwa (babatizibwa) Mwoyo Mutukuvu. Abantu b'eSsamaliya baali bawulidde ku njiri ng'ebulirwa. Baali bakkiriza era nga babatiziddwa. Naye baali tebannafuna Mwoyo Mutukuvu.

**Awo Abatume abaali mu Yerusaalemi bwe baawulira ng'abantu mu Samaliya bakkiriza ekigambo kya Katonda, babatumira Peetero ne Yokaana;**

**Bwe baatuuka ne basabira abakkiriza bano abaggya bafune Mwoyo Mutukuvu, kubanga yali tannaba kubakkako, kubanga baali babatiziddwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu kyokka;**

**Awo Peetero ne Yokaana ne bassa emikono gyabwe ku bakkiriza abo, bafuna Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 8:14-17)**

Abantu be Ssamaliya baafuna okulokolebwa mu buweereza bwa Firipo, bafuna Omwoyo Mutukuvu mu buweereza bwa Peetero ne Yokaana. Okufuna okubatzibwa kw'Omwoyo kyali kintu kya njawulo ku kufuna obulokozi.

Ebikolwa 19:1-6, annyonnyola nga Paulo bwe yagenda mu Efeeso n'asanga abantu abaali bayitibwa "Abayigirizwa." Ekibuuzo Pawulo kyeyasooka okubabuuza kyali nti; "Bwe mwalokoka mwafuna Omwoyo Omutukuvu?" abantu bwe baba baafunanga okubatizibwa kw'Omwoyo omutukuvu nga balokose kyandibadde kyabusirusiru Pawulo okubabuuza bwatyo. Eky'amazima olw'okubabuuza, kiraga bulungi nti abantu bafuuka abakkiriza mu Yesu Kristo nga tebabatizibwanga Mwoyo Mutukuvu. Omuntu ne bw'afuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu mu kiseera ky'ekimu akyusibwa. Kino kiba kyanjawulo ku kulokolebwa.

Obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu bwa kubeerawo emirembe gyonna. Endagaano enkadde eyogera ku Mwoyo Omutukuvu ajja eri abakulembeze ba Yisirayiri ab'omwoyo. Yesu yakitutangaaza bwe yagamba nti:

**Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe. (Yokaana 14:17)**

Omwoyo Omutukuvu yali n'abayigirizwa mu biro ebyo. Naye nga tali mu bbo. Bajjuzibwa (baabatizibwa) Omwoyo Omutukuvu ku lunaku lwa Pentikooti. Omwoyo omutukuvu ali wamu n'omwonoonyi okumukozesa okusemberera Yesu Kristo naye kino si ky'ekimu n'okuba nga ali "MU" mukkiriza.

Omwoyo omutukuvu yali n'abakulembeze b'omwoyo mu ndagaano enkadde naye teyali mu bbo. Eno yenjawulo eri wakati wobuweereza bw'Omwoyo omutukuvu bwe ndagaano enkadde n'endagaano empya.

**BONNA BOOGERERA MU NNIMI?**

Okuwakanya ku nnimi kuzze olw'obutategeera kibuuzo omutume Pawulo kye yabuuza mu 1 Abakolinso 12:30, abuuza nti; "Mwenna mwogera mu nnimi?'' Ekyokuddamu kiri "Nedda" bonna teboogerera mu nnimi. Naye Paulo yali ayogera lwa bumanyirivu bwe obw'okubatizibwa mu mwoyo Omutukuvu. Ensonga enkulu ekwata ku birabo by'Omwoyo Omutukuvu bisobola okukozesebwa omukkiriza yenna mu kkanisa:

> **Kale mwenna awamu muli mubiri gwa Kristo, era buli omu ku mmwe kitundu kyagwo;**
>
> **Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, abookubiri be bannabbi, n'abookusatu be bayigiriza, ne kuddako abakola eby'amagero, ne kuddako abalina ebirabo eby'okuwonya endwadde, n'okuyamba abali mu kwetaaga, abakulembeze, era n'aboogezi b'ennimi. (1 Abakolinso 12:27-28)**

Pawulo ayogera ku birabo ebyandikozeseddwa abakkiriza mu kkanisa. Ekimu ku birabo by'omwoyo bino "z'ennimi ez'enjawulo" nga bwebusobozi bw'okutuusa obubaka eri ekkanisa mu nnimi olw'amaanyi ag'omwoyo omutukuvu.

Newankubadde buli muntu afuna akabonero k'okwogera mu nnimi olunaku lwe lw'abatizibwa omwoyo omutukuvu, si buli omu nti afuna ekirabo eky'okwogera mu nnimi ez'enjawulo.

**OKUTYA.**

Abakkiriza abamu tebeewaayo kubatizibwa mwoyo mutukuvu kubanga batya okusisinkana embeera etali ya bwa Katonda, naye Baibuli egamba nti;

> **Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo;**
>
> **Kubanga buli asaba aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo.**
>
> **Oba muntu ki mu mmwe singa omwana we amusaba omugaati, ayinza okumuwa ejjinja?**
>
> **Oba muntu ki mu mmwe singa asabye ekennyanja, kitaawe ayinza okumuwa omusota?**
>
> **Obanga mwe abantu ababi musobola okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, Kitammweali mu ggulu talisingawo okubawa ebirungi bye mumusaba? (Matayo 7:7-11)**

Omukkiriza bw'anoonya Katonda olw'ekirabo, nga bwe kiri ku Taata w'omubiri omulungi Katonda tajja kumuganya kugenda mu kintu kiyinza okumuletera obuzibu.

**EKYO EKIWULIRWA.**

Okuwakanya okulala okw'ennimi kuli nti; nkola ya bimeeme. Abakkiriza abasinga abafunye okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu, bakakasa bimeeme eby'ababeerako mu mbeera eyo. Omuntu kitonde ekirina ebimeeme. Okukyusibwa tekigyaawo bimeeme bya muntu. Ajja kubeera mu ssanyu ne mu nnaku.

Okukyusibwa kusumulula ebimeeme by'omuntu obutafugibwa kibi. Kino kikyusa ebimeeme byo eri okusinza Katonda. Ekigambo "essanyu" mu byawandiikibwa kifaananyirizibwa ku Mwoyo Mutukuvu. Mu bikolwa by'Abatume 13:52, tusoma nti; "Abayigirizwa bajjuzibwa essanyu n'Omwoyo Omutukuvu."

Abantu abamu bafaayo nnyo ku bimeeme olw'essanyu erijja olw'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kubanga bo z'embeera zaabwe ez'obutonde okwawukana ku balala.

Basobola okuleekaana, okuseka oba obubonero obulala mu mibiri gyabwe egirabika. Naye ebikolwa ebyo si bwe bubonero bw'okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu. Akabonero akakakasa ke k'okwogerera mu nnimi. Tekyeetagisa kulaga bimeeme ng'okuseka, okuleekaana, okuzina, n'ebirala okuba ng'obatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu.

Engeri omuntu ono gye yeeyisaamu mu mbeera eno, kitera okukwanaganyizibwa ku mbeera y'obutonde bw'emimeeme mu ye. Naye tetulina kunenya abo abafuna embeera z'essanyu olw'Omwoyo Omutukuvu. Baibuli eyogera ku abo abaasiikulwa mu bimeeme ng'abo abasisinkana embeera ey'amaanyi ne Katonda. Abantu baakankana, beevulungira ku ttaka, baaleekaana, baajaguza era ne bazina mu maaso ga Katonda.

Kinnyuma nnyo okwetegereza engeri abantu gye beeyisaamu ku nnaku z'okuddukirako. Abantu bajja kuleekaana, baseke, babuukebuuke balage okukyamusibwa ku lunaku lw'emizannyo.

Nga kyandibadde kya ssanyu ly'amaanyi nnyo okusukuluma olw'ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, oyo amaliriza ebintu eby'enjawulo mu bulamu bwaffe, atuwa essanyu, atuwa n'amaanyi okubuulira enjiri eri buli muntu mu nsi yonna.

Omuyimbi Daudi, atulaga akafaananyi k'ebimeeme ak'essanyu, okuwoggana ebibaawo mu kusinza Katonda;

> **Mujje tuyimbire Mukama, tuyimbire waggulu n'essanyu nga tutendereza Mukama Olwazi olw'obulokozi bwaffe;**
>
> **Tujje mu maaso ge n'okwebaza; tumuyimbire ennyimba ez'okumutendereza.**
>
> **Kubanga Mukama ye Katonda omukulu: era Kabaka Omukulu asinga bakatonda bonna. (Zabuli 95:1-3)**

> **Mumutendereze n'eddoboozi ery'ekkondeere, mumutendereze n'ennanaga ey'enkoba n'endere;**
>
> **Mumutendereze n'ebitaasa n'amazina, mumutendereze n'ebivuga eby'enkoba n'endere;**
>
> **Mumutendereze nga mukuba ebitaasa mumutendereze n'ebitaasa ebivuga ennyo;**
>
> **Buli ekissa omukka kitenderezenga Mukama! Mutendereze MUKAMA. (Zabuli 150:3-6)**

Tolina kutya nti okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu kusobola okuleetera okukola amawano oba n'olema okwefuga. Baibuli egamba bweti:

> **Abalina omwoyo ogw'obunnabbi bafugibwa bannabbi. (1 Abakolinso 14:32)**

Kino kitegeeza nti buli kirabo Katonda ky'agaba nnyini kyo ateekwa okukikozesa n'amagezi. Katonda takola nsobi kubanga:

> **Kubanga Katonda si wa luyoogaano, wabula wa mirembe… (1 Abakolinso 14:33)**

**EBIRABO BY'OMWOYO OMUTUKUVU**

Yesu yalekera abagoberezi be obuvunanyizibwa bw'okubuulira enjiri eri ensondaz'ensi yonna. Amaanyi g'omwooyo omutukuvu gegaali ag'okubayamba okutuukiriza ekiragiro kino. Ekitundu ku maanyi gano ag'Omwoyo Omutukuvu gaaliko ebirabo eby'enjawulo Omwoyo Omutukuvu by'awa okusobola okuweereza obulungi.

Ebirabo by'Omwoyo si bye bimu ne Talanta. Talanta zino n'obusobozi bifunibwa mu kiseera omwana ng'azalibwa oba nga akula olw'embeera z'ensi ezimwetolodde mu lugendo lw'obulamu bwe. Bisobola okukozesebwa eri ekkanisa naye nga bya njawulo n'ebirabo eby'Omwoyo.

Ebirabo eby'omwoyo biva wa mwoyo mutukuvu. Obukulu bwabyo nti;

Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omulimu gwa Kristo;

> **Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna lwe tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala omwana wa Katonda nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali;**
>
> **Tuteekwa okulekeraawo okweyisa ng'abaana abato nga tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera enteekateeka ey'obulimba;**
>
> **Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna nga tweyongera okuba nga ye, omutwe gw'Ekkanisa. (Abaefeso 4:12-15)**

**Ebyawandiikibwa bitubikkulidde omugaso gw'ebirabo by'omwoyo;**

- Okunyweza abakkiriza.
- Okutambuza omulimu gw'obuweereza.
- Okuzimba omubiri gwa Kristo.

**Ebigendererwa ebikulu mu birabo bino, kwe;**

- Okuba obumu mu kukkiriza.
- Okwongera okumanya Kristo.
- Okweyongera okutuukirira nga Yesu Kristo ky'ekyokulabirako.
- Okunywezebwa obutatwalibwa njigiriza nkyamu.
- Okukula mu Mwoyo mu Kristo.

Ekkanisa ezimu zigamba nti ebibala by'omwoyo byonna si bya bakkiriza ba kaakati. Basomesa nti ebirabo ebimu eby'amaanyi ng'ebyamagero, n'okwogera mu nnimi endala byali bya Kkanisa eyasooka. Ekyokuddamu gye bali kye kino:

Mukama yawa ebirabo by'obuweereza okusobola okutuukiriza emirimu egimu mu Kkanisa. Tasobola kuggyawo kirabo n'ekimu okuleka ng'omulimu gwabyo guwedde. Ekkanisa zaffe zonna ziri bumu? Tulina okumanya kwa Kristo okujjudde? Ffena tutambulira mu butuukirivu? Twetengeredde era tukuze? Tulemeseza enjigiriza enkyamu okuyingira mu Kkanisa zaffe?

Ekiddibwamu ky'ebibuuzo bino kiri "nedda" obukulu bw'ebirabo by'obuweereza tebunnaba kutuukirira.

> **Noolwesonga eno, ebirabo byonna Katonda bye yatuwa n'ebigendererwa byabyo bikyaliwo n'olwaleero. Era Baibuli egamba nti; "Ebirabo n'okuyitibwa kwa Katonda tebiriiwo lwa kwenenya" (Abaruumi 11:29)**

Kitegeeza Katonda talikyusa ndowooza ye n'atuggyako ebirabo n'okuyitibwa kwe yatuteekako. Omwoyo omutukuvu agabira omukkiriza waakiri ekirabo kimu eky'omwoyo; (1 Peetero 4:10, Abaefeso 4:7, 1 Abakolinso 12:7). Kikulu nnyo gyetuli okuzuula ebirabo byaffe tubikozese mu Kkanisa. Ebyawandiikibwa ebikulu wano binnyonnyola ebirabo ebiriwo eri abakkiriza okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. (Abaruumi 12:1-8, 1 Abakolinso 12:1-31, Abaefeso 4:1-16, 1 Peetero 4:7-11)

## EBIBALA BY'OMWOYO OMUTUKUVU.

Omwoyo Omutukuvu akulaakulanya embala z'omukkiriza Baibuli z'eyita "Ebibala by'Omwoyo Omutukuvu." Kitegeeza okweyoleka kw'omwoyo Omutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza Katonda ayagala ebibala byonna byeyoleke mu bulamu bwa buli mukkiriza:

> **Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa.**
>
> **Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)**

Okukulaakulanyizibwa mu mbala nagwo mugaso omulala ogw'amaanyi ennyo ogw'Omwoyo Omutukuvu mubulamu bw'omukkiriza.

**OKUFUNA OMWOYO OMUTUKUVU.**

Wammanga by'ebigobererwa ng'onoobatizibwa Omwoyo Omutukuvu:

**OKWENENYA N'OBATIZIBWA.**

Kino kikuteeka mu kifo w'ofunira Omwoyo:

> **Peetero n'abagamba nt, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byamwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa by'abatume 2:38)**

**KIRIZA NTI KIKYO.**

> **Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'eri abaana bammwe, n'eri bonna abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe. (Ebikolwa by'Abatume 2:39)**

**KIYAAYAANIRE.**

> **Awo ku lunaku olw'embaga olusembayo, olusingira ddala obukulu, Yesu n'ayimirira n'ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka n'agamba nti, "Buli alina ennyonta, ajje gye ndi anywe;**

**Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe,"**

**Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali bagenda okufuna, kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa. (Yokaana 7:37-39)**

**KIMANYE NTI KIRABO.**

Omwoyo Omutukuvu yamala dda okutuweebwa, yaweebwa ekkanisa ku lunaku lwa Pentekooti. Olw'okuba nti kirabo, tolina kyoyinza kukola okukifuna.

**Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa by'abatume 2:38)**

**Kino kyokka kye njagala muntegeeze; mwaweebwa mwoyo lwa bikolwa eby'amateeka, nantiki lwa kuwulira kwa kukkiriza?**

**Abawa omwoyo n'abawa n'okukola eby'amaanyi mu mmwe, akola lwa bikolwa by'amateeka oba lwa kuwulira olw'okukkiriza?**

**Kale kaakano amawanga gaweebwe omukisa gwa Ibulayimu, mu Kristo Yesu, tulyoke tuweebwe ekyasuubizibwa eky'Omwoyo olw'okukkiriza. (Abaggalatiya 3:2, 5, 12)**

Tandika okwebaza n'okutendereza Katonda olw'ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu.

**WEEWEEYO ERI KATONDA.**

Totya kwogera lulimi lwa Mwoyo ng'otendereza oba ng'osinza Katonda. Ng'omutendereza n'obuvumu mu lwatu ojja kusooka kuba ng'ananaagira ku mimwagyo. Waayo olulimi lwo eri Omwoyo Omutukuvu awo ojja kulwogererako ebigambo ebipya mu kutegeera kwo. Kano ke kabonero k'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu:

**Weewaawo, Katonda alyogera eri abantu abo n'emimwa emigenyi mu lulimi olugwira. (Isaaya 28:11)**

**Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa by'abatume 2:4)**

**SABA ABAKIRIZA BAKUSABIRE**.

Omwoyo Omutukuvu asobola okufunibwa mu kussaako emikono (Ebikolwa by'Abatume 8, 9, 10) oba n'obutagisaako (Ebikolwa by'abatume 2, 4, 10). Ssoma essuula eziraga engeri abakkiriza abajjuziddwa Omwoyo gye bayinza okuyambamu naawe n'ofuna okubatizibwa

## OKWEGEZAAMU

1. Obukulu bw'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza bwe buli wa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
2. Wa emitendera mwe tuyita okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
3. Wandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
4. Akabonero akookungulu ak'okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu ke kali wa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
5. Kintu ki ekituufu ekiraga okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu? Juliza okuva mu Baibuli okukakasa kyozzeemu.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
6. Ekigambo "Ekibala" eky'omwoyo omutukuvu kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
7. Leeta ebibala by'Omwooyo Omutukuvu omwenda ebirina okuba mu bulamu bw'abakkiriza.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
8. Buliwa obumu ku bukulu bw'ebirabo eby'Omwoyo Omutukuvu?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………

9. Lwaki kino kikyamu? “si nti byonna ebibala by’Omwoyo Omutukuvu byaffe leero. Ebimu ku byo byali bya kkanisa eyasooka.”
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

10. Kuwakanya ki okw’engeri ennya okukulu abantu kwe balina ku kabonero k’ennimi endala?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………

11. Ebiwakanyizibwa bino bikkirizibwa okusinziira ku byawandiikibwa?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………….

(Ebiddibwamu ku bigezo bino biteereddwa mu ssuula essembayo mu kitabo kino.)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Essuula eno etwanjulidde okuyigiriza ku Mwoyo Omutukuvu ng'eyita mu kubatizibwa okw'Omwoyo Omutukuvu.

Weeyongere okusoma ku mwoyo omutukuvu mu bino:

**EMBALA Y'OMWOYO OMUTUKUVU**.

- Ayitibwa Katonda — Ebikolwa by'abatume 5:3-4
- Abeera wonna — zabuli 139:7
- Amanyi byonna — 1 Abakolinso 2:10-11
- Ayinza byonna — Ebikolwa by'abatume 1:8
- Ataggwaawo — Abaebbulaniya 9:14
- Y'omu ne kitaffe n'Omwana — Matayo 3:16-17

**OMWOYO OMUTUKUVU MU BUNTU.**

- Alina endowooza — Baruumi 8:27
- Endowooza ye ya magezi — 1 Abakolinso 2:10-11
- Anoonya endowooza y'omuntu — 1 Abakolinso 2:10
- Alina enteekateeka — 1 Abakolinso 12:10
- aluŋŋamya ng'akkiriza oba okugaano. — Ebikolwa 16:6-7, 10
- Ayogera — Ebikolwa 8:29
- Ayagala — Abaruumi 15:30
- Alumwa — Abaefeeso 4:30
- Yeegayirira — Abaruumi 8:26

**EMBALA Y'OKUWULIRA.**

Omwoyo Omutukuvu alina emabala eyokuwulira. Tulina okuba abeegendereza tuleme:

- Okulimba mwoyo mutukuvu — Ebikolwa 5:3-4
- Okugaana omwoyo — Ebikolwa 7:51
- Okuzikiza omwoyo — 1 Abassesalonika 5:19
- Okunakuwaza omwoyo — Zabuli 78:40
- Okumanyiira omwoyo — Abaebbulaniya 6:4-6
- Okutawaanya omwoyo — Isaaya 63:10
- Okuvoola omwoyo — Matayo 12:31-32

**AMANNYA N'EBITIIBWA BY'OMWOYO OMUTUKUVU.**

Amannya n'ebitiibwa by'Omwoyo Omutukuvu bitwongera okumanya embala ye n'obukulu bwe.

Ayitibwa:

| | |
|---|---|
| Omwoyo wa Katonda | 1 Abakolinso 3:16. |
| Omwoyo wa Kristo | Abaruumi 8:9 |
| Omwoyo ataggwaawo | Abaebbulaniya 9:14 |
| Omwoyo ow'amazima | Yokaana 16:13, 14:26 |
| Omwoyo ow'ekisa | Abaebbulaniya 10:29 |
| Omwoyo ow'obulamu | Abaruumi 8:2 |
| Omwoyo ow'ekitiibwa | 1 Peetero 4:14 |
| Omwoyo ow'amagezi n'okubikkulirwa | Abaefeso 1:17 |
| Omubeezi | Yokaana 14:26 |
| Omwoyo eyasuubizibwa | Ebikolwa 1:4-5 |
| Omwoyo w'obutukuvu | 2 Abakolinso 1:4 |
| Omwoyo w'okukkiriza | 2 Abakolinso 4:13 |
| Omwoyo atufuula abaana | Abaruumi 8:15 |

**OBUBONERO BW'OMWOYO OMUTUKUVU OBULABIBWAKO:**

Obubonero buno wammanga bweyambisiddwa mu Baibuli okukikkirira Omwoyo Omutukuvu.

| | |
|---|---|
| Ejjuba | Yokaana 1:32 |
| Amafuta | Lukka 4:18 |
| Amazzi | Yokaana 7:37-39 |
| Envumbo | Abaefeeso 1:13 |
| Kibuyaga | Yokaana 3:8 |
| Emigga | Yokaana 7:38-39 |
| Omuliro (ogukyikirira) | |
| • Okubeerawo kwa Mukama | Okuva 3:2 |
| • Okukasibwa | Ebyabaleevi 9:24 |
| • Obukuumi | Okuva 13:21 |
| • Okulongoosa | Isaaya 6:1-8 |

| | |
|---|---|
| • Ekirabo eky'omwoyo omutukuvu | Ebikolwa 2:3 |
| • Okulamulwa | Abaebbulaniya 12:29 |

# ESSUULA EYOOMUSANVU

## OKUSSAAKO EMIKONO

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omalako essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola okussaako emikono.
- Okuzuula obukulu bw'okusaako emikono mu biro by'endagaano enkadde.
- Okuzuula obukulu bw'okusaako emikono mu biro by'endagaano empya.
- Okuleetawo ebisaanyizo by'okuweereza ng'ossaako emikono.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Ne baabeerayo ebbanga gwanvu nga babuulira n'obuvumu, era Mukama n'akakasanga ekigambo ky'ekisa kye ng'abawa okukola obubonero n'ebyamagero. (Ebikolwa by'abatume 14:3)**

**ENNYANJULA**

Enjigiriza ey'okussaako emikono y'eyookuna mu misingi gy'enzikiriza y'obukristaayo. Okussaako emikono ky'ekikolwa ky'omuntu omu okuteeka emikono gye ku mubiri gw'omulala olw'ensonga ey'omwoyo. Okussaako emikono kuwereekerezebwa okusaba n'obwanabbi.

**EBIRAGIBWA MU NDAGAANO ENKADDE.**

Okussaako emikono mu ndagaano enkadde, kwakolebwanga olwa bino:

1. Okuwa omukisa gw'omwoyo oba obuyinza (okuwa kitegeeza okutambuza ekintu ky'omwoyo okuva ew'oyo assaako emikono eri oyo gw'akutteko).
2. Abantu okukakasa okuweebwa omukisa n'oba n'obuyinza obuva ewa Katonda.
3. Obumalirivu eri Katonda ku lw'obuweereza.

Eby'okulabirako bisatu ebiraga obulungi obukulu bw'okussaako emikono:

**YISIRAYIRI.**

Luberyeberye 48, mwetusooka okulaba okuteekako emikono okuganyulwa mu mwoyo. Yusufu yatwalira kitaawe batabani be; Efulaimu ne Manase abawe omukisa.

> **Isirayiri n'agolola omukono gwe ogwa ddyo n'aguteeka ku mutwe gwa Efulayimu eyali omuto, n'omukono gwe ogwa kkono n'aguteeka ku mutwe gwa Manase, n'ayisiŋŋanya emikono gye, kubanga Manase ye yasooka okuzalibwa. (Oluberyeberye 48:14)**

Omukisa gwa Yakobo yaguwa bazzukulu be ababiri, ng'abassaako emikono ku mitwe gyabwe.

**ABALEEVI.**

Abaleevi baatikirwa Katonda okusobola okuweereza eri Yisirayiri ng'abakulembeze ab'omwoyo. Mu kifo kino baakikirira abantu ewa Katonda. Okussibwako emikono kuno kwe kwakakasanga abantu obuyinza bw'Abaleevi ewa Katonda.

> **Onooleta Abaleevi mu maaso ga Mukama, era abaana ba Isirayiri bajja kussa emikono ku Baleevi abo. (Okubala 8:10)**

**MUSA.**

Musa bwe yali anaatera okumaliriza obuweereza bwe obwo kunsi, yasaba KATONDA okulonda omukulembeze wa Isirayiri omupya:

> **Mukama Katonda n'agamba Musa nti, "Twala Yoswa mutabani wa Nuuni, omusajja alimu omwoyo, omusseeko omukono gwo;**
>
> **Muyimirize mu maaso ga Eriyazaali kabona ne mu maaso g'ekibiina kyonna, omukuutirire mu maaso gaabwe;**
>
> **Mukwase ekitundu ky'obuyinza bwo, ekibiina kyonna ekya baana ba Isirayiri batandike okumugondera.**
>
> **Awo Musa n'akola nga Mukama Katonda bwe yamulagira. Yatwala Yoswa namuyimiriza mu maaso ga Eriyazaali, ne mu maaso g'ekibiina kyonna;**
>
> **Bwatyo n'amussaako emikono gye, n'amukuutira nga MUKAMA Katonda bwe yalagira Musa. (Okubala 27:18-20, 22-23)**

Ebiva mu kussibwako emikono mu Yoswa, bilabikira ne mu Ky'amateeka.

> **Yoswa mutabani wa Nuuni, yali ajjudde omwoyo ogw'amagezi, kubanga Musa yali yamuteekako emikono gye. Abaana ba Isirayiri ne bamuwulira, ne bakola nga Mukama Katonda bwe yali alagidde Musa. (Ekyamateeka 34:9)**

Musa okussa emikono ku Yoswa, kyagasa Yoswa n'ekibiina kya Israyiri kyonna. Olw'ekikolwa kino, Musa yawa Yoswa amagezi ag'ekigero n'ekitiibwa kye yali afunye okuva eri Katonda. Era Musa yakakasa abantu bwe yali alonze Yoswa ng'omukulembeze wabwe omupya.

**EKIRAGIBWA MU NDAGAANO EMPYA.**

Endagaano empya eraga obukulu bw'okussaako emikono butaano.

**OBUBONERO OBUTALI BWABULIJJO.**

Yesu yayolesanga ekikolwa ky'okussaako emikono mu buweereza bwe:

> **Naye teyakolerayo byamagero bingi okuggyako abalwadde abatonotono be yakwatako n'abawonya. (Makko 6:5)**
>
> **Obudde bwe bwali buwungeera, abantu bonna abaalina abalwadde ab'endwadde eza buli ngeri, ne babaleeta eri Yesu, n'abassaako emikono buli omu n'amuwony. (Lukka 4:40)**

**N’amukwatako, amangwago omukazi ne yeegolola n’ayimirira bulungi, n’atendereza Katonda. (Lukka 13:13)**

Mu bubakabwe eri abayigirizwa be, ng’anatera okumaliriza obuweereza bwe obwokunsi, Yesu yalaga obubonero obutali bwa bulijjo nga kw’atadde n’okubuulira enjiri.

**Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga;**

**Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya;**

**Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:16-18)**

Akamu ku bubonero obutali bwa bulijjo kaali ka kussaako mikono Katonda mweyayitanga okuwonya abalwadde n’okukola eby’amagero ebirala.

Makko 16:17-18, akakasa nti enkola eno yakweyongerayo n’obuweereza bwa Kristo ku nsi nga bukomye.

Okussaako emikono mu linnya lya Yesu, kikola okutuusa okuwonyezebwa okulabika eri abalwadde. Oyo assa emikono ku mulwadde asindika amaanyi ga Katonda mu mubiri gwe ate olulala ayinza obutagawulirako wadde, naye kino tekitegeeza nti okuwonyezebwa tekugenda kubaawo. Okussaako emikono kikolwa kya kukkiriza n’obugonvu eri ekigambo kya Katonda, okukola kwakyo tekusinzira ku bw’owulira. Ebiseera by’okuwoneramu bikyuka oluusi, okuwonera ddala kuba kwabuliwo ng’omulwadde ateereeddwako emikono.

Olulala okuwonyezebwa kubaawo mpolampola (Makko 8:22-25). Kikulu nnyo okuyigiriza abo abeetaaga okuwonyezebwa okumanya obukulu bw’okwekumira mu kukkiriza okutuusa nga bawonedde ddala. (Ebiyigiribwa ebisingawo ku kino biri mu Harvestime international institute olusoma “olutalo lw’mubiri”)

Ekitabo ky’ebikolwa by’abatume kiraga engeri Katonda gyeyakozesa abakkiriza abaalinga bassaako emikono okukola ebyamagero n’obubonero obutali bwa bulijjo okukakasa ekigambo kye;

**Ne baabeerayo ebbanga gwanvu nga babuulira n’obuvumu, era Mukama n’akakasanga ekigambo ky’ekisa ng’abawa okukola obubonero n’ebyamagero. (Ebikolwa by’Abatume 14:3)**

**Abatume ne baba n’omwoyo gumu ne bakuŋŋananga mu kisasi kya Sulemaani, ne bakola ebyamagero bingi mu bantu. (Ebikolwa by’Abatume 5:12)**

**Bw’atyo Ananiya n’agenda n’ayingira mu nnyumba Sawulo mwe yali n’amussaako emikono n’amugamba nti, “Owooluganda Sawulo, Mukama waffe Yesu eyakulabikira mu kkubo ng’ojja antumye gy’oli, oddemu okulaba era ojjuzibwe Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa by’Abatume 9:17)**

**Katonda n’akozesanga Paulo eby’amagero eby’ekitalo. (Ebikolwa by’Abatume 19:11)**

**Mu kiseera ekyo kitaawe yali mulwadde omusujja ng’alimu ekiddukano ky’omusaayi, Paulo n’agenda gy’ali n’amusabira, n’amussaako emikono n’amuwonya. (Ebikolwa by’Abatume 28:8)**

**OKUBATIZIBWA KW'OMWOYO OMUTUKUVU.**

Obukulu bw'okussaako emikono kwe kubatizibwa mu mwoyo omutukuvu. Waliwo ebyokulabirako bitaano ebiragibwa mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume ebiraga engeri abantu gye baabatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu. Ekyokulabirako ekisooka ky'ekyabayigirizwa mu kisenge ekya waggulu mu Yerusalemi ku lunaku lwa Pentekooti (Ebikolwa by'abatume 2:1-4).

Eby'okulabirako ebirala bye by'abo abaali baakalokoka mu Samaliya (Ebikolwa by'abatume 8:14-20), Saulo owe Taurusi (Bikolwa by'abatume 9:17), Koluneeriyo n'abennyumba ye (Bikolwa by'Abatume 10:44-46), n'abayigirizwa ab'Efeeso (Bikolwa by'Abatume 19:1-6)

Mu by'okulabirako ebisatu ku ebyo, abaali banoonya okubatizibwa Omwoyo Mutukuvu, Yabaweebwa abakkiriza abalala nga babateekako emikono;

- Ebikolwa bya batume 8:18 agamba nti, "olw'okussibwako emikono gy'Abatume, Omwoyo Omutukuvu yabaweebwa."
- Mu Damasiko, Ananiya yassa emikono ku Saulo asobole okuddamu okulaba n'okujjuzibwa omwoyo omutukuvu.
- Mu Efeeso, abayigirizwa Paulo beyaweerezanga, baafuna omwoyo omutukuvu bwe yabassaako emikono gye.

Okussaako emikono si yengeri yokka abantu bwe bafunira okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Mu kisenge ekya waggulu n'ewa Koluneeriyo abantu baakituukako nga tewali abataddeko mikono.

Naye olw'ebyokulabirako bino, kyawandiikibwa eri abanoonya okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okukiweebwa nga bateereddwako emikono.

**OKUWA EBIRABO EBY'OMWOYO.**

Obukulu bw'okussaako emikono obulala bwe;

Paulo yawandikira Timoseewo:

> **Togayaaliriranga ekirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa mu bummabbi abakadde bwe baakussaako emikono. (1 Timoseewo 4:14)**

Paulo ajjuliza obulamu bwa Timoseewo obw'omwoyo;

> **Kyenva nkujukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe kye yakuwa, bwe nakussaako emikono gyange. (2 Timoseewo 1:6)**

Okussaako emikono kwatambuliranga wamu n'ebirabo eby'obwa nabbi, okuluŋŋamya, okuzzaamu amaanyi n'okugumya okutuukiriza obuweereza bwa Katonda bwe yamuwa.

**OKUTUMA ABAWEEREZA B'OBUKRISTAAYO.**

Obukulu bw'okussaako emikono kwe kutuma abaweereza b'obukristaayo. Okutuma kitegeeza okuweebwa obuyinza, okusigira, oba okusindika olw'ensonga. Ng'abakulembeze ab'omwoyo bakyalindirira Mukama mu Antiyokiya.

> **Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, "Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde,"**
>
> **Awo bwe baamala okusaba n'okusiiba, ne bassa emikono gyabwe ku Balunabba ne Sawulo, ne babasiibula ne bagenda;**
>
> **Awo Balunabba ne Swulo ne batumibwa Mwoyo Mutukuvu okugenda e Serukiya, gye baava ne bawunguka okulaga e Kupulo. (Ebikolwa by'Abatume 13:2-4)**

Baibuli eraga nti Katonda yali yayogera dda mu kyama eri Paulo ne Balunabba ku buweereza bwe yayagala bakole nga tannayogera mu lwatu eri abakulembeze b'Ekanisa. Okukibikkulirwa abantu bonna kyali kyongera kukakasa kuyitibwa kwe baali bamaze okufuna.

Abakulembeze tebaatumirawo Paulo ne Bbalunabba kuweereza, baatwalayo akadde k'okusaba n'okusiiba. Okutumibwa kwa basajja bano bombiriri kwamalibwa na kussibwako mikono abakulembeze b'ekkanisa. Paulo era yateeka emikono ku Timoseewo ng'amutuma okuwereza:

> **Kyenva nkujjukiza okuseesanga ekirabo kya Katonda ekiri mu ggwe kye yakuwa, bwe nakussaako emikono gyange. (2 Timoseewo 1:6)**

Enkola y'okussaako emikono okutuma abaweereza teyakolebwanga mu lwatu eri Abaminsani n'abaweereza. Okulondebwa kw'Abadinkoni (Ebikolwa by'abatume 6:16), kwakolebwanga n'okussaako emikono.

> **Ne babanjula eri abatume. Abatume ne babasabira, ne babasaako emikono. (Ebikolwa by'abatume 6:6)**

Ekifo abasajja bano mwe baateekebwanga e Yerusalemi kyatuumibwa "Eky'Abadinkoni." Engeri y'okulondamu abadinkoni eragibwa mu (Bikolwa by'abatume 6:3-6). Abatume baawanga abantu obuvunanyizibwa bw'okulonda abasajja abasaanira ekifo ekyo.

Abasajja bano baaleetebwanga ewa Abatume okubassaako emikono n'okubasabira. Olw'ekikolwa kino, Abatume baalaga nti baali bakkiriza abasajja abo ng'abatuukiridde okuba mu bifo ebyo. Baabawaayo eri Katonda olw'omulimu gwe baali balondeddwa ne babawa ne ku magezi g'omwoyo ageetagisa okukola omulimu ogwo.

**OKUWONGA ABAANA ABATO.**

Tekyawandiikibwa kubatiza baana bato, kuba tebasobola kwenenya nakukkiriza ebisaanyizo by'okubatizibwa. Naye olwokussaako emikono, abaana abato basobola okuwongebwa n'okuweebwa obukuumi bwa Katonda, okuluŋŋamizibwa, nomukisa.

> **Awo n'asitula abaana n'abassaako emikono gye, n'abawa omukisa. (Makko 10:16)**

**OKULABULWA OKW’ENJAWULO.**

Endagaano empya ewa okulabula ku ngeri y’okussaako emikono.

> **“Toyanguyirizanga kussaako mikono ku muntu yenna...” (1 Timoseewo 5:22)**

Olw’okuba nti wabaawo okuwaayo kw’ebyomwoyo bw’ossaako emikono ku muntu oba bwebagikussaako, olabula okukikola n’amagezi. Omuntu assaako emikono bw’aba takakasiddwa mu mwoyo, ekikolwa tekireetawo njawulo. Baibuli mu ngeri ey’enjawulo eraga ani asaanidde okussa emikono ku mulala okusobola okuganyulwa mu mwoyo:

**ABAKKIRIZA:**

Abakkiriza basobola okussa emikono ku balala

> **Era buno obubonero, bunaagoberera abo abakkiriza,…era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

Ebisaanyizo by’abakkiriza abatuufu byalagiddwa mu ssuula eziwedde mu kusomesa ku ngeri z’okwenenya ebikolwa ebireetera okufa, n’okukkiriza Katonda.

**ABATUME N’ABAYIGIRIZWA.**

> **Simooni, omufumu bwe yalaba ng’abantu bafunye Mwoyo Mutukuvu olw’abatume okubassaako emikono kyokka, kyeyava atoola ensimbi aziwe abatume bamuguze obuyinza obwo. (Ebikolwa 8:18)**
>
> **Bw’atyo Ananiya n’agenda n’ayingira mu nnyumba Saulo mwe yali n’amussaako emikono n’amugamba nti, “Owooluganda Saulo, Mukama waffe Yesu eyakulabikira mu kkubo ng’ojja antumye gy’oli, oddemu okulaba era ojjuzibwe Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa by’Abatume 9:17)**

Abatume n’abayigirizwa baali basajja abalondebwa n’okufukibwako amafuta Katonda, baali bakkiriza abakuze era nga kyakulabirako ky’abakulembeze abasaanidde.

**ABAKADDE B’EKKANISA.**

> **Togayaaliranga ekirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa mu bunnabbi abakadde bwe baakussaako emikono gyabwe. (1 Timoseewo 4:14)**

Ebyetaago by’abakulembeze b’ekkanisa era abayitibwa abakadde byawandikibwako mu (1 Timossewo 3:1-7, Tito 1:6-9)

**MU BUFUNZE.**

Obukulu bwokussako emikono obutaano mu ndagaano empya bwe:

- Obubonero obutali bwa bulijjo.
- Okubatizibwa omwoyo omutukuvu.
- Okuwa ebirabo eby’omwoyo.
- Okutuma abaweereza b’obukristaayo.
- Okuwonga abaana abato.

Okutegeera n’okweyambisa enkola y’okussaako emikono kikulu kuba Yesu yalaga nti kyalina okuba ekitundu ku buweereza bw’ekkanisa.

Okussaako emikono nkola ya mwoyo etali mu kkanisa z’ennaku eziwerako. Naye…

- Laba engeri enjiri gye yandikomye ku bantu singa buli mukkiriza akola bulungi mu kussaako emikono ku lw’okuwonya n’ebyamagero.
- Laba engeri enjiri gye yandikomye ku bantu singa ebibala by’omwoyo by’ali bigabiddwako n’okutondebwa kw’abaweereza b’obukristaayo entakera nga bassibwako emikono.

## OKWEGEZAAMU

1. Wa ebyokulabirako bisatu eby'okussaako emikono mu ndagaano enkadde.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Leetayo obukulu bw'okussibwako emikono obutubikkulirwa mu ndagaano empya.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Wandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Wa ekijulira mu Baibuli nti okussaako emikono kwalina okweyongerayo ne Yesu ng'amazze okuddayo mu Ggulu.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Nnyonnyola "okussaako emikono."
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Baibuli b'ani b'erondobamu nti be basaanidde okussaako emikono?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Bwe kiba ng'ekyogeddwako kituufu teeka akabonero "T" ku ntandikwa ya sentensi, bwe kiba kikyaamu kozesaawo "F"
   a, ………………………………Bwe watabaawo maanyi gawuliddwa mu kussaako emikono kitegeeza tebikoze.
   b, ………………………………Okussaako emikono kisoboka mu nkola y'okutuma abaweereza b'obukristaayo.
   c, ……………………………….Baibuli esomesa nti buli omu kimugwanira okussa emikono ku balala.
   d,……………………………….Okussaako emikono y'engeri yokka mw'oyita okufuna okubatizibwa kw'omwoyo omutukuvu.
   e,……………………………….Ebirabo eby'omwooyo bisobola okugabibwa mu kussaako emikono.

f,…………………………………Okussibwako emikono tekirina kukolebwa ku baana abato kubanga tebakitegeera.

(Ebiddibwamu biteereddwa ku nkomerero y’essuula esembayo ey’akatabo kano.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma ebyamagero Yesu bye yakolera mu buweereza bwe obwoku nsi. Weetegereze engeri ne ddi lwe yakozesa enkola y'okusssaako emikono okugaba omukisa gw'omwoyo.

**OKUZUUKIZA ABAFU.**

| | |
|---|---|
| Muwala wa Yayero. | Matayo 9:18-19, 23-25 |
| Omwana wa Namwandu. | Lukka 7:11-15 |
| Laazaro | Yokaana 11:1-44 |

**OKUWONYEZEBWA.**

| | |
|---|---|
| Omugenge | Matayo 8:2-3 |
| Omukozi w'omuserikale Omuruumi | Matayo 8:5-13 |
| Nnyina wa muka Peetero | Matayo 8:14-15 |
| Abagadaleni | Matayo 8:28-34 |
| Omusajja ey'akozimba | Matayo 9:2-7 |
| Omukazi ow'ekikulukuto | Matayo 9:20-22 |
| Bamuzibe | Matayo 9:27-31 |
| Kiggala owadayimooni | Matayo 9:32-33 |
| Ow'omukono ogw'akala | Matayo 12:10-13 |
| Muzibe, kasiru, ow'emizimu | Matayo 12:22 |
| Omuwala omukanani | Matayo 15:21-28 |
| Omusimbu | Matayo 17:14-18 |
| Bamuzibe | Matayo 20:29-34 |
| Kigala, kasiru | Matayo 7:31-37 |
| Omusajja owa dayimooni | Makko 1:23-26 |
| Musibe mu Besusayida | Makko 8:22-26 |
| Omukazi omulema | Lukka 13:11-13 |
| Omulwadde wentumbi | Lukka 14:14 |
| Abagenge ekumi | Lukka 14:1-4 |
| Ow'okutu | Lukka 22:50-51 |
| Mutabani w'omukungu | Yokaana 4:46-54 |

| | |
|---|---|
| Omusajja omulwadde e Besusayida | Yokaana 5:1-9 |
| Omuzibe w’amaaso | Yokaana |

(Yesu teyalina nkola ntegeke kweyakolera eby’amagero. Katonda akola obubonero obwewunyisa mu ngeri eyenjawulo okukakasa ekigambo kye. Okusaako emikono emu ku ngeri Katonda z’akozesa)

# ESSUULA EYOMUNAANA

## OKUZUUKIRA KW'ABAFU: EKITUNDU EKISOOKA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola ekigambo "okuzuukira"
- Okuwa enjawulo eri wakati w'okuzuukira okwayita, okuliwo, n'okugenda okujja.
- Okunnyonnyola okuzuukira kw'omwoyo okuliwo okw'abakkiriza mu Yesu Kristo.
- Okunnyonnyola okuzuukira kwa Yesu okwayita.

**ENNYIRIRI ENKULU:**

> **Yesu n'amugamba nti, "Nze kuzuukira n'obulamu; akkiriza nze newaakubadde ng'afudde, aliba mulamu;**
>
> **Na buli muntu omulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe. Ekyo okikkiriza?" (Yokaana 11:25-26)**

**ENNYANJULA**

Waliwo emisingi emirala ebiri ku njigiriza y'enzikiriza y'obukristaayo, kwe kuzuukira kw'abafu n'okusalirwa omusango ogw'olubeerera.

Mu kusoma enjigiriza zino ebbiri ezisigaddeyo, Baibuli etutwalira ddala mu maaso ng'etubikkulira okusukka ku kiseera kino ekiriwo n'etulaga ebiribaawo eby'olubeerera.

Olw'ekikolwa ekyo kutonda, Katonda yaddira okubeerawo kwensi n'akuteekateeka mu biseera omuli ebyayita, ebiriwo, ebiribaawo (Oluberyeberye 1). Olunaku lumu Katonda alireeta enkomerero ku nsi eriwo n'ebiseera byayo, nga bwe tugimanyi, eriggwawo.

Baibuli etulaga nti ensi yonna enkomerero ejja kutuuka mu kiseera ekituufu ekyategebwa Katonda. Ebintu bingi ebijja okubaawo mu nsi mu biro eby'enkomerero. Katonda yekka y'amanyi ekiseera ekituufu bino lwe biribaawo.

Noolwekyo, ng'abantu, ekiseera kitulindiridde ffena nga "tetukyaliwo." Wano wetutuukira ku nkomerero y'obulamu bwaffe obwo kunsi tudde mu butaggwawo. Eri buli muntu, lwova mu bulamu bwensi y'enkomerero yo.

Waliwo obuziba obwetoolodde enkomerero n'obutaggwaawo Baibuli bw'etetunnyonnyola. Naye enjigiriza "y'okuzuukira kw'abafu" etumanyisa ebimu ku nkomerero n'obutaggwaawo obugenda okujja.

Essuula eno etwanjulira enjigiriza ku kuzuukira kw'abafu. Okuzuukira okwayita okuliwo n'okugenda okujja okwogerwako mu ndagaano empya binnyonnyoddwa. Okuzuukira kw'abafu okugenda okujja kunnyonnyoddwa mu ssuula eno.

**OKUNNYONNYOLA.**

Amakulu g'ekigambo "okuzuukira" kwe kuyimusibwa. Kitegeeza okuleetera okuyimusibwa oba okuva mu kufa.

**OKUZUUKIRA OKW'EMIRUNDI ESATU.**

Waliwo okuzuukira kwa mirundi essatu okwogerwako mu ndagaano empya;

- Okwayita: okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bafu.
- Okuliwo: okuzuukira kw'emyoyo gy'abakkiriza mu Yesu Kristo.
- Okulijja: okuzuukira okulibaawo okwa bonna abali mu ntaana.

**OMUZUUKIZI.**

Yesu yazuukira okuva mu bafu olw'amaanyi ga Katonda.

> **Ate era tuba ng'aboogera eby'obulimba ku Katonda, kubanga twakakasa nti Katonda yazuukiza Kristo. Naye teyamuzuukiza bwe kiba ng'abafu tebazuukizibwa. (1 Abakolinso 15:15)**

Okuyita mu Yesu, omukkiriza afuna okuzuukira kw'omwoyo okuliwo. Era mu ye okuzuukira kw'abafu mu ntaana kulibaawo. Baibuli ekakasa nti Yesu ye muzuukizi, anaazuukiza abafu.

> **Yesu n'amugamba nti, "Nze kuzuukira n'obulamu; akkiriza nze newaakubadde ng'afudde, aliba mulamu. (Yokaana 11:25)**

> **Kubanga Kristo agwanidde okufuga okutuusa bw'alissa abalabe be bonna wansi w'ebigere bye. (1 Abakolinso 15:45)**

> **Kaakano ekisa ekyo kyolesebbwa mu kulabika kw'Omulokozi waffe Kristo Yesu eyaggyawo okufa, n'aleeta obulamu obutazikiribwa ng'ayita mu Njiri. (2 Timoseewo 1:10)**

**OKWAYITA: OKUZUUKIRA KWA YESU KRISTO.**

**OBWANNABI BW'ENDAGAANO ENKADDE.**

Endagaano enkadde yalagula okuzaalibwa kwa Yesu Kristo, okufa kwe ku lw'ebibi by'abantu bonna, n'okuzuukira kwe. Daudi yayogera ku kuzuukira kwa Yesu.

Naye Daudi yali nnabbi, n'amanya nga Katonda yamulayirira ekirayiro, nti mu bibala eby'omu ntumbwe ze mwe muliva alituula ku ntebe ey'obwakabaka bwe;

> **Bwe yakiraba oluberyeberye nayogera ku kuzuukira kwa Kristo nga teyalekebwa magombe so nga n'omubiri gwe tegwavunda. (Ebikolwa by'abatume 2:30-31)**

Ennyiriri nyingi mu Baibuli ezikakasa okuzuukira kwa Yesu okuva mu bafu ku lunaku olwokusatu okuva mu maziika ge:

> **"Kyokka ddala Kristo yazuukizibwa mu bafu, …." (1 Abakolinso 15:20)**

> **Oluvannyuma lwa Ssabbiiti ku lunaku olusooka mu nnaku omusanvu, ng'obudde bukya, Maliyamu Magudaleene ne Maliyamu oli omulala ne balaga ku ntaana;**

> **Awo malayika n'agamba abakazi nti, "Temutya Mmanyi nga munoonya Yesu, eyakomererwa;**
>
> **Wabula taliiwo wano! Azuukidde mu bafu, nga bweyagamba. Muyingire mulabe we yali agalamiziddwa;**
>
> **Kale kaakano, mugende mangu mutegeeze abayigirizwa be nti, Azuukidde mu bafu,era abakulembeddemu okugenda e Ggaliraaya gye mulimusisinkana. Obwo bwe bubaka bwange bwe muba mubatuusaako. (Matayo 28:1, 5-7)**

Akatundu akalaga "okweyongera okusoma" akali ku nkomerero y'essuula kalaga obujulizi obukakasa okuzuukira kwa Yesu.

**OKULABIBWAKWO KWE.**

Yesu yalabibwako abantu bangi ng'amaze okuzuukira:

> **Mu nnaku amakumi ana ezaddirira, Yesu yalabikira abatume nga mulamu era n'abakakasa mu ngeri nnyingi, era buli lwe yabalabikiranga ng'ayogera nabo ku bigamboby'obwakabaka bwa Katonda. (Ebikolwa by'abatume 1:3)**
>
> **Era nti yalabibwa keefa n'oluvannyuma ekkumi n'ababiri;**
>
> **Era yalabibwa abooluganda abasukka ebikumi ebitaano omulundi gumu era abamu  ku abo bakyali balamu newaakubadde abalala baafa.**
>
> **Olwo n'alyoka alabikira Yakobo, n'oluvannyuma n'alabikira n'abatume bonna;**
>
> **Oluvannyuma lwa bonna n'alyoka alabikira nange, ng'omwana azaalibbwa nga musowole. (1 Abakolinso 15:5-8)**

**OMUBIRI GWE OGWAZUUKIRA.**

Oluvannyuma lw'okuzuukira, Yesu yabeera mwegendereza okulaga obujulizi nti yalina omubiri gwennyini era nti yali yennyini eyakomererwa. Ekijulira kino gyali mikono gye, n'oludda olwaliko enkovu z'emisumaali n'effumu.

> **Mu ngeri endala, omubiri gwe gwafuna enkyukakyuka ez'omugaso. Gwali tegukyali wansi w'ebinyigiribwa omubiri ogufa, ng'asobola okulabika oba okubulawo we yayagalira. Yayingiranga ebisenge ebiggaddwa ng'ayita wakati w'ensi n'eggulu. (Yokaana 20:19)**

Nga tannafa na kuzuukira, bwe yali ayogerako n'abakulembeze b'eddiini aba Yisirayiri

> **Yesu kwekuddamu nti, "Mumenyeewo Yeekalu eno ngizzeewo mu nnaku ssatu."**
>
> **Ne bamuddamu nti, "Kiki kyotegeeza? Yeekalu eno yatwalira ddala emyaka amakumi ana mu mukaaga okuzimba oyinza otya okugizimbira ennaku essatu?"**
>
> **Kyokka yeekaalu gye yali ayogerako gwe mubiri gwe. (Yokaana 2:19-21)**

Yesu yali tayogera ku yeekaalu eyali mu Yerusalemi. Yali ategeeza mubiri gwe ye nga yeekaalu. Oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu, Abakazi bwe baayingira mu ntaana okutwalayo obuloosa ku mubiri gwe, tebaagusangayo. (Lukka 23:55, 34:3).

Yesu bwe yeeyoleka eri abayigirizwa be, n'abagamba bakwateko mubituli eby'emisumaali n'enkovu y'effumu okukakasa nti yali ye:

> **Awo bwe baali bakyayogera ebyo Yesu n'ayimirira mu makkati gaabwe n'abalamusa nti, "Emirembe gibeere nammwe!"**
>
> **Naye bonna ne bakankana nga batidde nnyo, nga balowooza nti balaba muzimu;**
>
> **Yesu n'ababuuza nti, "Lwaki mutidde bwe mutyo? Lwaki mubuusabuusa mu mitima gy'ammwe?**
>
> **Mulaba ebibatu byange, mutunule ne ku bigere byange! Kaakano mutegeera nga ye nze kennyini. Munkwate ko mukakasize ddala nti ssiri muzimu, kubanga omuzimu tegubeera na mubiri na magumba nga nze bye nnina. (Lukka 24:36-40)**
>
> **Awo n'agamba Tomasi nt, "Kale teeka engalo zo wanno, laba ebibatu byange. Teeka ekibatu kyo mu mbiriizi zange. Lekeraawo okuba atakkiriza, naye kkiriza."**
>
> **Tomasi n'amuddamu nt, "Ggwe Mukama wange era Katonda wange." (Yokaana 20:27-28)**

**OBUKULU BW'OKUZUUKIRA.**

Lwaki enjigiriza y'okuzuukira kwa Yesu Kristo okuva mu bafu ya mugaso nnyo mu nzikkiriza y'obukristaayo?

> **Kale obanga tewali kuzuukira kw'abafu ne Kristo;**
>
> **Era obanga Kristo teyazuulizibwa, tubategeeza tebiriimu, era n'okukkriza kwammwe tekuliiko kye kugasa. (1 Abakolinso 15:13-14)**

Okukkiririza mu kuzuukira kwa Yesu Kristo kisaanidde bw'oba nga wakufuuka omukkiriza omutuufu.

> **Bw'oyatula n'akamwa ko nti, Yesu ye Mukama, n'okkiriza n'omutima gwo nga Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka. (Abaruumi 10:9)**

Paulo atulaga nti okuzuukira kwa Yesu kitundu ku bubaka obuli mu njiri:

> **Abooluganda, mbajjukiza Enjiri gye nababuulira era gye mwakkiriza era gye munywereddemu;**
>
> **Mulokolebwa lwa Njiri eyo gye nababuulira, bwe muginywererako, naye bwe kitaba bwe kityo muba mwa mwakkiriza bwerere;**
>
> **Kubanga nabategeeza ekigambo ekikulu ennyo nange kye naweebwa ekigambo nti Kristo yafa olw'ebibi byaffe, ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba;**
>
> **Era nti yaziikibwa , n'azuukizibwa ku lunaku** olwokusatu **ng'Ebyawandiikibwa bwe bigamba. (1 Abakolinso 15:1-4)**

Okuzuukira kikakasa nti Yesu Kristo mwana wa Katonda.

> **Eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 1:4)**

Okuzuukira kukakasa nti Yesu asukulumye ku bitonde byonna.

> **Amaanyi ago ge yakozesa mu Kristo bwe yamuzuukiza mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo waggulu mu gugulu;**
>
> **Waggulu eyo Kristo gy'afugira obufuzi bwonna, n'amaanyi gonna, n'obwami bwonna, na buli kitiibwa kyonna ekiweebwa omuntu. Afugira mu mulembe guno, era alifugira ne mu mulembe ogugenda okujja;**
>
> **Katonda atadde ebintu byonna wansi w'ebigere bye, n'afuula Kristo omutwe gw'ebintu byonna eby'ekkanisa;**
>
> **Era ekkanisa gwe mubiri gwe yennyini, mwatuukiriza ebintu byonna. (Abaefeso 1:20-23)**

Okuzuukira kukakasa nti abakkiriza bakkirizibwa:

> **Kristo yaweebwayo okuttibwa olw'ebibi byaffe, nazuukizibwa tulyoke tuweebwe obutuukirivu. (Abaruumi 4:25)**

Okuzuukira kitegeeza nti okufa kuwanguddwa:

> **Olw'okubanga abaana balina omubiri n'omusaayi, naye yalina omubiri n'omusaayi, alyoke azikirize oyo alina amaanyi agafuga, ye Setaani. (Abaebbulaniya 2:14)**

Olw'okuzuukira kwa Yesu, abakkiriza nabo bajja kuzuukira bafune emibiri emipya.

> **Naye leka mbabuulire ekyama: Si ffenna abalifa, naye eŋŋombe ey'enkomerero bw'erivuga ffena tulifuusibwa;**
>
> **Mu kaseera katono ng'okutemya kikowe. Kubanaga eŋŋombe erivuga, n'abafu balizuukizibwa, nga tebakyaddayo kufa era ffena tulifuusibwa. (1 Abakolinso 15:51-52)**
>
> **Kale bw'alijja emibiri gyaffe gino eminafu egifa aligifuula ng'ogugwe ogw'ekitiibwa, ng'akozesa amaanyi okussa ebintu byonna mu buyinza bwe. (Abafiripi 3:21)**

Tujja kweyongera okusoma ku kuzuukira kw'abafu mu ssuula eddako.

Mukuzuukira mulimu ensulo y'obulamu obupya ey'abakkiriza.

> **Katonda kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo atenderezebwe. Olw'okusaasira kwe okungi twazaalibwa mu bulamu obulina essuubi omulundi ogwokubiri, olw'okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bafu. (1 Peetero 1:3)**

**OKULIWO; OKUZUUKIRA KW'ABAKIRIZA.**

Baibuli eyogera ku kuzuukira kw'abakkiriza. Kino kitegeeza nti abo abaali bafudde mu mwoyo olw'ekibi, kati bafuuliddwa balamu mu mwoyo okuyita mu Yesu Kristo:

> **Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe ne mu bibi byammwe,…**
>
> **Ne bwe twali nga tufiiridde mu bibi byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo. Mwalokolebwa lwa kisa. (Abaefeso 2:1, 5)**

> **Mwali mufudde olw'ebyonoono byammwe ne mu butakomolebwa bwammwe obw'okwegomba kw'omubiri. Katonda n'abafuula balamu wamu ne Kristo, ffenna bwe yatusonyiwa ebyonoono byaffe byonna. (Abakolosaayi 2:13)**
>
> **Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kijja; ebyedda nga bigenze, laba ng'afuuse mugya. (2 Abakolinso 5:17)**

**AKABONERO K'OKUZUUKIZA AKOOKUNGULU.**

Okubatizibwa kabonero akookungulu ak'okufa kw'obulamu obukadde obw'ekibi n'okuzuukira kw'omwoyo okw'abakkiriza mu Yesu Kristo. Naye si kubatizibwa kwa mu mazzi kwokka okukakasa okuzuukira kw'omwoyo gw'omukkiriza wabula obulamu obupya bwalina:

> **Bwe twabatizibwa twaziikibwa wamu ne Kristo. Nga Kristo bwe yazuukizibwa okuva mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe, naffe twafuna obulamu obuggya, era bwe tutyo tutambulirenga mu bulamu obwo obuggya;**
>
> **Obanga twegatta wamu naye mu kifaananyi eky'okufa kwe, bwe tutyo bwe tulyegattira awamu naye mu kuzuukira kwe. (Abaruumi 6:4-5)**

**EBIKAKASA OKUZUUKIRA KUNO.**

Yesu yalaga ebintu bingi okukakasa okuzuukira kwe. Nga wano mulimu entaana enjerere, obubaka bwa malayika n'endabikaye oluvannyuma lw'okuzuukira. Waliwo ebintu bingi ebiraga okuzuukira kw'abakkiriza okw'omwoyo, muno mulimu;

- Okufa kwekibi ekireetera obulamu obuggya.

  Okuzuukira kw'omwoyo mwe muva okufa kw'ebibi; obulamu bw'omukkiriza tebusigala nga bwe bwali, aba mufu eri ebibi by'ensi, n'aba mulamu mu Yesu.

  **Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okuba abaafiira ddala eri ekibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu. (Abaruumi 6:11)**

- Mukama we omupya.

  Okuzuukira kw'omwoyo kuleetera Yesu okuba mukama w'obulamu bwo, n'otoba ggwe. Oba mulamu okumuweereza ye.

  **Yafiirira abantu bonna; abalamu balemenga okubeera abalamu ku bwabwe bokka, wabula ku bw'oyo eyabafiirira era n'azuukira. (2 Abakolinso 5:15)**

- Obukulu bw'obulamu obuggya.

  Obukulu bw'obulamu obuggya buva mu kuzuukira kw'omwoyo. Ne butaba ku bintu byensi ebiggwaawo nga obugagga obw'ebintu, okweyaggaliza n'ebirala. Abakkiriza batunuulira ebyo byokka ebitaggwaawo.

  **Nga bwe mwazukirira awamu ne Kristo, munoonyenga ebintu ebiri mu ggulu, Kristo gy'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda;**
  **Mulowoozenga ku ebyo ebiri mu ggulu, so si ebiri ku nsi. (Bakolosaayi 3:1-2)**

**MU BUFUNZE.**

Okuzuukira kwa Yesu okwayita n’okuzuukira kw’abakkiriza by’ebibiri ku kuzuukira okw’emirundi essatu okunnyonnyoddwa mu ndagaano empya. Okusigadde kwe kuzuukira okugenda okujja okw’abo abafu abali mu magombe. Era eno y’essuula eddako.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Nnyonnyola ekigambo "okuzuukira"
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
3. Okuzuukira okw'emirundi esatu, okulagibwa mu ndagaano empya kwe kuli wa?
   Okwayita……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   Okuliwo………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………..
   Okugenda okujja,
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
4. Wa ebikakasa bino ng'ojuliza okuva mu Baibuli;
   Endagaano enkadde yalagula ku kuzuukira kwa Yesu,
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   Yesu yazuukira okuva mu bafu,
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………..
   Yalabibwako eri abantu ng'azuukidde,
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………..
   Yalina omubiri gwe gumu naye nga taziyizibwa kintu kyabuntu kyonna,
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………
5. Lwaki okukkiriza mu kuzuukira kwa Yesu Kristo kirungi?

……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………..

6. Kitegeeza ki “okuzuukira kw’omwoyo okw’abakkiriza okuliwo?”
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………….

7. Bintu ki ebikakasa okuzuukira kw’abakkiriza okw’omwoyo okwogerwako mu ssuula eno?
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………….

8. Kikolwa ki ekyebweru ekiraga okuzuukira kw’emyoyo egy’abakkiriza?

(Ebiddibwamu bikuwereddwa mu ssuula essembayo mu kitabo kino.)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Soma ebijulira bino weeyongere okumanya ku kuzuukira kwa Yesu:

Ebinnyonnyola okuzuukira kwa Yesu bikuweereddwa mu:

Matayo 28.

Makko 16

Lukka 24.

Yokaana 20

Ennyiriri zino zongereza ku ezo ezoogera ku kuzuukira kwa Yesu.

Ebikolwa by'abatume 1:22, 2:24,32, 3:15,26, 4:10,33, 5:30, 10:40,41, 13:30-33,34,37, 17:18,32.

Abaruumi 1:4, 4:24, 6:5, 8:11, 34

1 Abakolinso 4:14.

Abaggalaiya 1:1

Abafiripi 3:10

Abaefeso 1:20

1 Abassesolonika 1:10

2 Timoseewo 2:8

1 Peetero 1:3

# ESSUULA EYOOMWENDA

## OKUZUUKIRA KW'ABAFU: EKITUNDU EKYOKUBIRI

**EBIGOBERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola okuzuukira kw'abafu okugenda okujja.
- Okuwa enjawulo wakati w'okuzuukira kw'amazima n'abatali b'amazima.
- Okunnyonnyola engeri okufa n'okuzuukira kwa Yesu gyekusalawo ku magenda g'emmeeme y'omuntu.

**ENYIRIRI ENKULU.**

> **Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'eddoboozi ery'omwanguka, eddoboozi lya malayika omukulu nga liwulirwa, n'ekkondeere lya Katonda, n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira;**
>
> **Naffe abalamu abaasigalawo ne tulyooka tubeegattako, ne tusitulibwa mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga; bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna. (1 Abassesolaniika 4:16-17)**

**ENNYANJULA**

Mu ssuula ewedde "okuzuukira" kinnyonnyoddwa mu ngeri satu eziragibwa mu ndagaano empya. Okuzuukira kwa Yesu okwayita n'okuzuukira kw'omukkiriza mu Yesu okuliwo by'ebinnyonnyoddwa byonna.

Esssuula eno ennyonnyola okuzuukira okuzuukira okugenda okujja okwa bonna abali emagombe. Okuzuukira okugenda okujja kugenda kuba kwa mirundi ebiri okw'abamazima n'okwa abatali b'amazima. Essuula eno era ennyonnyola engeri okuzuukira kwa Yesu kwakyusa amagenda g'emmeme y'omuntu.

Olw'okuba nga essuula eno efudde nnyo ku bigenda okujja, eragula kwebyo ebinabaawo ku nkomerero y'ensi ne mubutaggwaawo. Bw'oba tomanyidde ddala bwannabbi obuli mu Bayibuli, genda osome awakuweereddwa "okwongera okusoma" mu ssuula eno. Kikuwa mu bufunze ebyo ebiribaawo mu bufunze nga ekigambo kya Katonda bweri.

**OKUGENDA OKUJJJA: OKUZUUKIRA KW'ABO BONNA ABALI EMAGOMBE.**

Baibuli etubikkulira ebintu bibiri ku bantu bonna.

- Bonna bajja kuzuukizibwa mu bafu.
- Bonna bajja kufuna okulamulwa okw'olubeerera.

Yesu yagamba bwati ku kuzuukira okugenda okujja.

**Ekyo tekibeewuunyisa, kubanga ekiseera kijja abafu abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye;**

**Ne bavaamu kubanga be baakola ebintu ebirungi, era balifuna obulamu obutaggwaawo, naye abo abaakolanga ebibi balizuukira ne babonerezebwa. (Yokaana 5:28-29)**

Omutume Paulo naye ayogera ku kuzuukira kuno:

**Kuba nga abantu bonna bwe baafa olwa Adamu, era bwe batyo bonna balifuulibwa abalamu olwa Kristo. (1 Abakolinso 15:22)**

Olw'ekibi kya Adamu ku ntandikwa, okufa kwajja eri abantu bonna. Olw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu abantu bonna b'akufa mu mubiri ate bamale bazuukizibwe.

**ABATAGENDA KUZUUKIRA.**

Abo abatagenda kufa tebeetaga kuzuukizibwa okuva mu bafu. Paulo yawandiika;

**Naye leka mbabuulire ekyama: Si ffenna abalifa, naye eŋŋombe ey'enkomerero bw'erivuga ffenna tulifuusibwa;**

**Mukaseera katono ng'okutemya kikowe, kubanga eŋŋombe erivuga, n'abafu balizuukizibwa, nga tebakyaddayo kufa era ffena tulifuusibwa;**

**Kubanga omubiri guno oguvunda gwa kufuuka ogutavunda, era omubiri guno ogufa gwa kufuuka ogutafa. (1 Abakolinso 15:51-53)**

Paulo agamba "Ffenna tetujja kwebaka," ategeeza abakkiriza abatuufu bonna abanaaba abalamu ku kudda kwa Kristo ng'anonye Ekkanisa ye.

Abakkiriza tebajja kufa, bajja kukimibwa Yesu abatwale babeere n'abakkiriza abazuukiziddwa mu ntaana.

**ENKOMERERO Y'ABAFU.**

Bingi ebibaawo mu kiseera ekiri wakati w'okufa kw'omubiri n'okuzuukira ebitabikuliddwa mu Baibuli. Naye ebintu bisatu bitegeerekeka;

- Ku ssaawa y'okufa wabaawo okwawukana wakati w'omubiri, omwoyo n'emmeeme. Omubiri guteekebwa mu ntaana, naye emmeeme n'omwoyo biba biramu lubeerera.
- Emyoyo n'emmeeme zaabali abatuukirivu bigenda mu kifo eky'enjawulo okwawukana n'abo abonoonyi.
- Amagenda g'abaatuukirivu gaali ga njawulo mu kusooka n'oluvannyuma lw'okufa kwa Yesu.
- Yesu yabikkula ekibaawo oluvannyuma lw'okufa mu lugero lw'omusajja eyasabirizanga ayitibwa Lazaaro eyagalamiranga ku mulyango g'amaka g'omugagga.

Ekiseera kyatuuka omusajja omwavu n'afa, bamalayika ne bamutwala mu kifuba kya Ibulayimu. Oluvannyuma omugagga naye n'afa n'azikiibwa;

Naye ng'ali eyo mu magombe mu kubonaabona, n'atunula waggulu n'alaba Laazaalo ng'ali mu kifuba kya Ibulayimu;

**N'akoowoola nti, "Kitange Ibulayimu, nsaasira, ontumire Laazaalo oyo annyike olugalo lwe mu mazzi, nkombeko, naye olulimi lumbabuukirira nnyo mu muliro guno ogumbonyabonya"**

**Naye Ibulayimu n'amuddamu nti, "Mwana wange, jjukira nga mubiseera byo nga ng'okyali mulamu wafuna ebirungi bye weetaganga, naye nga Laazaalo ye afuna bibi. Kaakano Laazaalo asanyusibwa naye gwe oli mu kubonanaabona;**

**Ate n'ekirala, wakati waffe nammwe waliwo olukonko luwanvu nnyo olutwawula, omuntu ali eno bwayagala okujja eyo akoma awo ku mugo gwalwo, n'oyo ali eyo ayagala okujja eno tasobola. (Lukka 16:22-26)**

Ku lunaku lw'okufa omubiri guddizibwa ku nsi:

**"… kubanga oli nfuufu ne mu nfuufu mw'olidda." (Oluberyeberye 3:19b)**

Emmeeme n'omwoyo eby'omuntu biyingira okubeerawo okupya okutaggwaawo. Wabaawo okutegeeragana mu bantu ng'omu asobola okutegeera munne, okumannya embeera eriwo. Awabeera emyoyo gy'abatuukirivu waba wa njawulo kwawo emyoyo gy'abonoonyi we giraga.

Laazaalo n'omugagga, baagenda mu kifo emyoyo wegyaaberanga, ekiyitibwa "Sheol" mu lulimi olw'ebbulaniya, ate mu luyonaani "Hades" (Endagaano enkadde ku ntandikwa okusinga yawandiikibwa mu lw'ebbulaniya, Endagaano empya mu Luyonaani)

Naye ebifo mwe baagenda byali byanjawulo. Omugagga yali mukifo eky'ekiwummulo. Wakati w'ebifo binno waaliwo olukonko olutasoboka kusalibwa n'odda ku ludda olulala.

Olukonko luno singa lwali lusalibwa, awo tewandibadde ssuubi lya kukyusa bifo eby'olubeerera eby'emmeeme n'okufa. Olwa kino tekirina mugaso okusabira abaafa. Okusalawo kw'okukkiriza Yesu Kristo ng'omulokozi wo kirina okukolebwa ng'okyaali mu bulamu bwo ku nsi. Kuba kusalawo kuno okuleetera emmeeme okuba mu kifo kyonna

**OLUVANNYUMA LW'OKUZUUKIRA KWA YESU.**

Emboozi ya Laazaalo n'omugagga, etubikkulirwa bulungi ekyo ekyabaawa ku kwawukana kw'emmeeme okwabaawo nga Kristo tannafa, noluvannyuma lw'okuzuukira kwe. Oluvannyuma lw'okuzuukira kwe, ebifo by'emmeeme byasigala kyekimu, naye eby'emmeeme entuukirivu byakyuka.

Yesu bwe yali afa yagamba nti, "Kitange, omwoyo gwange, omwoyo gwange ngukukwasiza."

Omubiri gwe gwagalamizibwa mu ntaana naye ekifo ky'omwoyo kyasalibwawo Katonda. Baibuli etulaga ekyabaawo ku mwoyo gwa Kristo nga tannafa.

**Okugamba nti "yalinnya." Kitegeeza nti yasooka kukka mu bitundu ebya wansi wensi;**

**Oyo Kristo eyakka, ye wuuyo ddala eyalinnya ewala ennyo, n'ayisa wagguluw'eggulu lyonna, alyoke ajjule obwengula bwensi yonna. (Abaefeso 4:9-10)**

Nga tannafa, Yesu yagamba omubbi eyali yenennyezza;

**Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti olwa leero ojja kubeera nange mu lusuku lwa Katonda. (Lukka 23:43)**

Omwoyo gwa Yesu gwagenda mu "sheol" ekifo emyoyo ejjawuba mwe gigenda. Yasooka kugenda mu kifo ky'emyooyo emituukirivu, kino kye kyayitibwanga "Paladayizi", oba ekifuba kya Ibulayimu.

Okuva mu Paladayizi, Yesu yeyongerayo mu "sheol" ekifo ekyategekerwa emyooyo emyonoonyi. Kino kyaali kyetaagisa asobole okumaliriza omulimu gw'okununula omuntu mu kibi. Yalina okugumira empeera z'ekibi ez'omubiri n'omwoyo. Empeera y'omubiri kwali kufa. Empeera y'omwoyo kwaali kwawukana ku Katonda, ekiyitibwa okufa kw'omwoyo. Ekyo Yesu kyeyayitamu mu "sheol"

Awo omwoyo gwa Yesu gwava mu "sheol" ne gudda ku nsi. Mu kiseera ekyo omubiri gwe ogwali gugalamidde mu ntaana nga tegulina bulamu, gwagolokoka okuva mu kufa. Emmeme, omwoyo n'omubiri ggwe byaddizibwa wamu n'afuuka omuntu nate. Nga bwetulabye mu ssuula ewedde, Yesu yalabikira abantu bangi ku nsi nga tannadayo mu Ggulu.

## ENGERI EMPYA.

Ebyaliwo wakati w'okufa n'okuzuukira kwa YESU, byassaawo engeri empya ey'ekifo ky'emmeeme ezituukiridde. Kristo nga tannazuukira, emyoyo gy'abatuukirivu gyagenda nga mu "Paladayizi." Oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu, emyoyo gy'abatuukirivu gy'asobola okugenderawo ewa Katonda. Kino kikasibwa ku bikwata ku kufa kwa Siteefano.

**Naye Suteefano ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu, n'atunuulira eggulu enkaliriza, n'alaba ekitiibwa kya Katonda, ne Yesu ng'ayimiridde ku mukono ogwa Katonda ogwa ddyo;**

**N'abagamba nti' "Laba, ndaba eggulu nga libikkuse, nga n'Omwana W'omuntu ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda,"**

**Awo bwe baali bakuba Suteefano amayinja, n'akoowoola Katonda ng'agamba nti, "Mukama wange Yesu, twala omwoyo gwange."**

**N'agwa wansi ku maviivi n'akaaba mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Mukama wange, tobavunaana olw'ekibi kino." Bweyamala okwogera ekyo, n'afa. (Ebikolwa by'abatume 7:55-56, 59-60)**

Mu biseera bye nga tannafa, Suteefano yayolesebwa nga Yesu ali mu Ggulu ng'atudde ku mukono ogwa Katonda ogwa ddyo. Ebigambo bye "Mukama wange Yesu, twala omwoyo gwange." Biraga nti yamanyirawo ku kufa kwe nga emmeeme ye n'omwoyo byali bya kugenda butereevu mu Ggulu. Era omutume Paulo akakasa kino.

**Noolwekyo tulina obwesige bulijjo nga tumanyi nti bwe tuba mu mubiri guno, tetuba waffe, olwo nga tetuli na Mukama waffe;**

**Noolwekyo tuli bagumu era tuli basanyufu, waakiri okuva mu mubiri guno ne tubeera ewaffe mu Ggulu ne Mukama waffe. (2 Abakolinso 5:6, 8)**

Paulo yagerageranya obukulu bw'okufa n'okusigala nga mulamu okusobola okumaliriza obuweereza bwe obw'okunsi. Yagamba nti obutaba mu mubiri kitegeeza kuba na Kristo.

**Nze mba mulamu lwa Kristo era ne bwe nfa mba ngobolodde;**

**Naye obanga bwe mba omulamu mu mubiri ng'ekyo kibala ky'okufuba kwange, simanyi kye nnaalondawo;**

**Nkwatiddwa buli luuyi; nneegomba okuva mu bulamu buno ŋŋende mbeere ne Kristo, kubanga ekyo kisingako obulungi;**

**Naye okusigala mu mubiri kye kisinga okwetaagibwa ku lwammwe. (Abafiripi 1:21-24)**

Okwongereza ku kifo ky'abafu abatuukirivu, Yesu yateekawo engeri empya ey'okugobererwa abantu bonna;

- Ku kufa, omwoyo n'emmeeme bya kugenda mu kifo emyoyo egyagenda. Abatuukirivu baakugenda ewa Katonda, aboononyi baakugenda mu kifo awali okubonyabonyezebwa (Geyeena)
- Mu kiseera eky'okuzuukira, omubiri gujja kuyimusibwa okuva mu bafu gugattibwe n'omwooyo wamu ne mmeeme.

## OKUZUUKIRA KW'ABAFU EMITENDERA ESATU

Omutume Paul annyonnyola okuzuukira kw'abafu mu mitendera esatu;

**OGUSOOKA:**

Okuzuukira kw'abafu okwasooka kwali kwa Yesu:

**Kuba ng'abantu bonna bwe baafa olwa Adamu, era bwe batyo bonna balifuulibwa abalamu olwa Kristo;**

**Kyokka buli omu mu luwalo lwe, Kristo ye yasooka era bw'alijja ababe ne baddako;**

**Olwo enkomerero n'eryoka etuuka, Kristo n'akwasa Katonda kitaawe obwakabaka; Kristo ng'amazze okuzikiriza obufuzi bwonna era n'amaanyi gonna. (1 Abakolinso 15:22-24)**

Okuzuukira okwasooka kwali kwa Yesu. Kino kyekitegeeza nti "Kristo ky'ekiberyeberye" waliwo okuzuukira okulala kwa mirundi ebiri okuli beerawo gye bujja. Kwekuzuukira kw'abamazima n'abatali b'amazima.

**Era nzikkiriza, nga bano bwe bakkiriza, nti walibaawo okuzuukira kw'abatuukirivu n'ababi. (Ebikolwa 24:15)**

Baibuli bino byeyita okuzuukira okw'obulamu n'okuzuukira kw'okubonerezebwa:

**Ddala ddala mbagamba nti, Ekiseera kijja, era kituuse, abafu lwe baliwulira eddoboozi ly'Omwana wa Katonda, era n'abaliwulira baliba balamu;**

**Ekyo tekibeewunyisa, kubanga be baakola ebintu ebirungi, era balifuna obulamu obutaggwaawo, naye abo abaakolanga ebibi balizuukira ne babonerezebwa;**

> **Kyokka nze siyinza kukola kintu kyonna ku bwange, kitange nga bw'aŋŋamba bwe nkola, era n'omusango gwe nsala gwa nsonga kubanga sinoonya bye njagala nze, wabula eyantuma by'ayagala. (Yokaana 5:25, 28-29)**

**OGWOKUBIRI.**

Okuzuukira kw'obulamu kunaabawo nga Kristo akomyeewo ku nsi okunona ekkanisa ye. Wanno abakkiriza abatuufu bonna baakuzuukira okuva mu bafu mu Yesu. Kino ky'ekitegeeza okuzukira kw'abamazima oba okuzuukira kw'obulamu.

Okuzuukira kwa Yesu gwe mutendera ogusooka,

Okuzuukira kw'abakkiriza gwe mutendera ogw'okubiri.

**OGW'OKUSATU.**

Omutendera ogwokusatu ogw'okuzuukira kw'abafu kuyitibwa "nkomerero." Okuzuukira kuno kubaawo ku nkomerero y'obufuzi bwa Kristo gy'emyaka 1000 egy'emirembe. Okuzuukira kuno kwe kuyitibwa okuzuukira kw'abatali bamazima oba "okuzuukira kw'okubonyabonyezebwa"

**OKUFUNZA.**

Ekipande kino kifunzizza by'osomye mu mitendera esatu egy'okuzuukira kw'abafu.

**Okuzuukira kw'abafu:**

Omutendera ogusooka; okuzuukira kwa Yesu Kristo.

Omutendera ogw'okubiri; okuzuukira kw'abamazima (okuzuukira kw'obulamu)

Omutendera ogw'okusatu; okuzuukira kw'abatali b'amazima (okuzuukira kw'okubonyabonyezebwa.)

**OKUZUUKIRA KW'ABAMAZIMA.**

Paulo yagamba abali mu mutendera ogw'okubiri ogw'okuzuukira, "be bo aba Kristo." Kino kitegeeza nti abo abeenenyeza ebikolwa ebireetera okufa n'okuyita mu kukkiriza Yesu ng'omulokozi. Paul agamba nti, okuzuukira kwa Kristo kujja kubaawo mukiseera Yesu mw'anaddira. Ekyawandiikibwa ekikulu ku kuzuukira kuno mu ndagaano empya ekinnyonnyola okuzuukira kw'obulamu (ab'amazima), kisangibwa mu Abasessalonika:

> **Kaakano, abooluganda tetwagala mmwe obutategeera eby'abo abafu, ne munakuwala ng'abalala abatalina ssuubi;**
>
> **Kubanga bwe tukkiriza nti Yesu yafa era n'azuukira mu bafu bwe tutyo tukkiriza nti Katonda alikomyawo wamu naye abo abaafira mu Yesu.**
>
> **Kubanga ekyo kye tubategeeza mu kigambo kya Mukama waffe, nga ffe abalamu, abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe tetulisooka abaafa;**
>
> **Kubanga Mukama waffe yennyini alika okuva mu Ggulu n'eddoboozi ery'omwanguka, eddoboozi lya malayika omukulu nga liwulirwa, n'ekkondeere lya Katonda, n'aabo abaafira mu Kristo be balisooka okuzuukira;**

**Naffe abalamu abaasigalawo ne tulyooka tubeegattako, ne tusitulibwa mu bire okusisinkana Mukama waffe mu banga: bwe tutyo tunaaberanga ne Mukama waffe ennaku zonna;**

**Kale buli omu agumye nga munne n'ebigambo ebyo. (1 Abasessalonika 4:13-18)**

Obukulu bwa Paulo mukusomesa kino, yali agumya abakkiriza ku lw'abo abaali bafudde oba "abeebase." Obubaka bwe bwongera okakasa nti abakkiriza bonna abatuufu nti bajja kuzuukizibwa.

Yesu bwalidda emikolo egy'amaanyi ebiri gijja kubaawo ku nsi:

- Abakkiriza bonna abaali baafa bajja kuzuukizibwa nga bambazibwa emibiri emipya nga gizziddwa wamu n'emmeeme n'emyoyo gyabuli omu.
- Abakkiriza bonna abanaaba bakyali abalamu ku nsi mu kaseera ako nabo bajja kufuna okukyusibwa okw'emibiri gyabwe.

Bonna abazuukiziddwa n'ababadde abalamu mu kiseera ky'okudda kwa Kristo bajja kuyimusibwa n'amaanyi ga Katonda okuva ku nsi badde mu bbanga. Bajja kuddamu bayungibwe ne Mukama wamu n'abalala. Okuva mu kiseera ekyo, bajja kubeera ne Mukama olubeerera.

Ekitabo ekyokubikkulirwa kyongera okulaga ebinabaawo ku kuzuukira kw'abatuukirivu.

**Awo ne ndaba entebe ez'obwakabaka nga zituliddwako abaaweebwa obuyinza okusala emisango. Ne ndaba emyoyo gy'abo abaatemebwako emitwe olw'okunywerera ku Yesu ne ku kigambo kya Katonda, era abataasinza kisolo ekikambwe wadde ekifaananyi kyaakyo mu byenyi byabwe oba ku mikono gyabwe. Abantu abo ne balamuka era ne bafugira wamu ne Kristo okumala emyaka lukumi;**

**Naye abafu abalala tebaazukira okutuusa ng'emyaka olukumi giweddeko. Kuno kwe kuzuukira okusooka.**

**Balina omukisa era batukuvu abalizuukirira mu kuzuukira okusooka…. (Okubikkulirwa 20:4-6)**

Okuzuukira okunnyonnyoddwa mu kyawandiikibwa ekyo kwe kw'abakkiriza abafa ng'abajulizi mu kiseera ky'okubonyabonyezebwa. Baayimusibwa nga obwakabaka bwa Kristo tebunajja ku nsi. Ekyawandiikibwa kino kitulaga nti okuzuukira kw'abamazima okuyitibwa okuzuukira okusooka kuggwa oluvannyuma lw'okuzuukira kw'ekibinja ky'abakkiriza ekisembayo.

**EMIBIRI GY'ABAKKIRIZA EMIPYA.**

Baibuli etulaga ku bikwata ku mibiri gy'abakkiriza gye balifuna. Omubiri omupya guliba:

**GUNAABA GWA KWAGALA KWA KATONDA:**

**Naye Katonda agiwa omubiri nga bwayagala, era buli ngeri ya nsigo agiwa omubiri gwayo. (1 Abakolinso 15:38)**

**OMUBIRI OGW'OMWOYO.**

**Guziikibwa nga mubiri bubiri, naye guzuukizibwanga mubiri gwa mwoyo. Kale obanga waliwo omubiri obubiri, era waliwo omubiri ogw'omwoyo. (1 Abakolinso 15:44)**

**OMUBIRI OGW'EKITIIBWA.**

**Guziikibwa nga sigwa kitiibwa, naye ne guzuukizibwa nga gujjudde ekitiibwa. Guziikibwa nga si munafu, naye guzuukizibwa nga gwa maanyi. (1 Abakolinso 15:43)**

**OMUBIRI OGW'AMAANYI.**

**Guziikibwa nga sigwa kitiibwa, naye ne guzuukizibwa nga gujjudde ekitiibwa. Guziikibwa nga si munafu, naye guzuukizibwa nga gwa maanyi. (1 Abakolinso 15:43)**

**OMUBIRI OGUTAFA.**

Kitegeeza nti omubiri guno omupya, tegulikaddiwa, tegulivunda wadde okufa.

**… N'abafu balizukizibwa nga tebakyaddayo kufa era ffena tulifuusibwa;**

**Kubanga omubiri guno oguvunda gwa kufuuka ogutavunda, era omubiri guno ogufa gwa kufuuka ogutafa;**

**Omubiri guno oguvunda bwe gulifuuka ogutavunda, ogufa ne gufuuka ogutafa, olwo ekyawandiikibwa ne kiryoka kituukirira ekigamba nti; "Okufa kuwanguddwa" (1 Abakolinso 15:52-54)**

**OMUBIRI OGULINGA OGWA MUKAMA WAFFE EYAZUUKIRA.**

**Kyokka ddala Kristo yazuukizibwa mu bafu, era bye bibala ebiberyeberye eby'abo abaafa. (1 Abakolinso 15:20)**

Ye yasooka okuzuukira mu bafu. Okuzuukira kwe kwefananyiriza n'ekinywa eky'amaanyi eky'amakungula agasooka. Amakungula agasooka kwe kuyimusibwa kw'abakkiriza mukuzuukira. Emibiri gyaffe emizuukize gigenda kuba ng'ogwa Mukama.

**Kale bw'alijja emibiri gyaffe gino eminafu egifa aligifuula ng'ogugwe ogw'ekitiibwa, ng'akozesa amaanyi okussa ebintu byonna mu buyinza bwe. (Abafiripi 3:21)**

**OKUZUUKIRA KW'ABATALI B'AMAZIMA.**

Okuzuukira okusembayo kunnyonnyoddwa Paulo mu (1Abakolinso 15:24). Akuyita" nkomerero" kuno kwe kuzuukira kw'abatali b'amazima. Yesu bw'amaliriza obufuzi bwe obw'ekyasa (emyaka lukumi), Katonda ajja kuwangula abalabe bonna. Omulabe anaasembayo okulumbibwa ajja kuba kufa. Kino kijja kufundikira enteekateeka ya Katonda ku nsi eno.

**Yatubikkulirwa ekyama ky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe buli kwe yateekerateekera mu Kristo;**

**Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 1:9-10)**

Okubikkulirwa 20, atulaga engeri okuzuukira kw'abatali b'amazima gye kwefananyiribwa ku nteekateeka za Katonda ku ludda olulala. Mu ssuula eno, Omutume Yokaana annyonnyola engeri ya sitaani gy'agerengetanyamu okutwala obuyinza bwa Katonda. Kino kibaawo ku nkomerero y'obufuzi bw'ekyasa kya Kristo:

> **Awo emyaka olukumi bwe giriggwaako, Setaani aliteebwa okuva mu kkomera lye;**
>
> **Alifuluma okulimba Googi ne Magoogi, ge mawanga ag'omu nsonda ennya ez'ensi, era alikuŋŋanya abantu ne baba eggye ery'okulwana eritasoboka na kubalika nga liri ng'omusenyu ogw'okulubalama lw'ennyanja.**
>
> **Ne bambuka basale olusenyu olunene olw'ensi balyoke bazingize abatukuvu okuva ku buli luuyi lw'ekibuga ekyagalwa. Kyokka omuliro ne guva mu ggulu ne gubookya era ne gubamalawo;**
>
> **Awi Setaani eyabalimbalimba n'asuulibwa mu Nyanja ey'omuliro eyaka ne salufa, omuli ekisolo ne nabbi ow'obulimba era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 20:7-10)**

Mu bufuzi obw'ekyasa, Yerusalemi, y'eriba enkulungo y'obufuzi bwa Kristo eri amawanga g'ensi. Seetani aliba musibe mu kiseera ekyo. Ku nkomerero y'ekyasa Setaani aliteebwa okumala ebbanga eggere ateekewo olutalo wakati w'amawanga ga bannamawanga. Kino kijja kuva mukugezaako kwe okulumba Yerusalemi. Katonda ajja kuyingirawo n'omuliro okuva mu ggulu era olutalo lujja kuwangulwa. Seetaani alisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro eyo gy'anatulugunyizibwanga emirembe gyonna.

**ENKOMERERO N'OBUTAGGWAWO.**

Yokaana annyonnyola okuzuukira okusembayo okw'abafu bonna abaasigalira.

> **Awo ne ndaba entebe ey'obwakabaka enjeru n'Oyo eyali agituddeko. Ensi n'ebbanga ne bidduka okuva mu maaso ge, naye nga tebirina we biyinza kwekweka;**
>
> **Ne ndaba abafu abeekitibwa n'abatali baakitiibwa nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. Ebitabo n'ebibikulwa, n'ekitabo ekirala eky'ekitabo eky'obulamu n'ekibikkulwa. Abafu ne basalirwa omusango okusinziira kwebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo ebyo, buli omu ng'ebikolwa bye bwe byali;**
>
> **Ennyanja zonna ne ziwaayo abafu abaali mu zo, n'okufa n'amagombe nabyo nebiwaayo abafu abaabirimu. Buli omu n'asalirwa omusango, ng'ebikolwa bye bwe byaali;**
>
> **Okufa n'amagombe n'amagombe ne bisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro, kuno kwe kufa okwokubiri;**
>
> **Era buli eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. (Okubikkulirwa 20:11-15)**

**OKUFUNZA.**

Abakkiriza abatuufu bonna abaafa, bajja okuzuukizibwa okuva mu ntaana ng'omwaka gw'olukumi mu kyasa ky'obufuzi bwa Kristo tegunnatuuka. Kuno kwe kuzuukira okusooka. Kwe kuzuukira kw'abamazima eri obulamu obutaggwaawo. Abo abanasinga okuzuukizibwa ku nkomerero y'ekyasa ekyo bajja kuba abatali batuukirivu abaafa. Era kuno kwe kunaaba okuzuukira kw'abatali b'amazima eri okubonerezebwa. Baibuli eyogera ku kinaabaawo ekirala oluvannyuma lw'okuzuukira kuno kwonna.

Ekinaabaawo ekyo kiyitibwa “okulamulwa okwolubeerera.” Era nga kino ky’ekigenda okusomesebwa mu ssuula eddako.

Oluvannyuma lw’okulamulwa, ekifo ky’abatali batuukirivu y’ennyanja ey’omuliro mu Baibuli eyitibwa “okufa okw’okubiri” kati baliba bafuna okufa kwabwe okw’okubiri okw’okubawula ku Katonda, kuno kwe kufa kw’omwoyo.

Ekifo ky’abatuukirivu olubeerera kiriba wali Katonda.

**OBUBAKA OBW’OKUZUUKIRA**

Enjigiriza ku kuzuukira musingi mutuufu ogw’obukristaayo. Obubaka obuli mu njiri tebutunulira bulamu na kufa kwa Yesu Kristo naye n’obubaka obw’okuzuukira. Abatume baabuulira ku kuzuukira kwa Yesu n’okuzuukira kw’abafu.

> **Nga basunguwadde nnyo okuwulira nga Peetero ne Yokaana bayigiriza abantu, ku bwa Yesu, okuzuukira mu bafu. (Ebikolwa 4:2)**
>
> **Abamu ku bayigiriza ku bayigiriza bakagezimunnyu aba Epikuliyo ne Abasutoyiiko ne batandika okuwakana naye. Bwe yabuulira ku Yesu n’okuzuukira ku bafu ne bagamba nti, aloota buloosi, …awo bwe baawulira Paulo ng’ayogera ku kuzuukira kw’abafu , abamu ne bamusekerera, abalala ne bamugamba nti, “Twandiyadadde okwongera okukuwuliriza ku nsonga eyo olulala. (Ebikolwa 17:18, 32)**

Ennyiriri ezo ziraga okuddamu kw’abantu eri obubaka obw’okuzuukira. Abamu tebajja kukkiriza. Abalala baliwuliriza obubaka obwo. Ffe obuvunanyizibwa bwaffe ng’abakkiriza kwe kubuulira obubaka obw’okuzuukira ng’ekitundu ku njiri. Kino Paulo yakola.

> **Abooluganda, mbajjukiza Enjiri gye nababuulira era gye mwakkiriza era gye munywereddemu.**
>
> **Mulokolebwa lwa Njiri eyo gye nababuulira, bwe muginywererako, naye bwe kitaba bwe kityo muba mwakkiririza bwereere.**
>
> **Kubanga nabategeeza ekigambo ekikulu ennyo nange kye nnaweebwa ekigamba nti Kristo yafa olw’ebibi byaffe, ng’Ebyawandiikibwa bwe bigamba,**
>
> **Era nti yaziikibwa, n’azuukizibwa ku lunaku olwokusatu ng’Ebyawandiikibwa bwe bigamba.**
>
> **Era nti yalabibwa Keefa n’oluvannyuma ekkumi n’ababiri.**
>
> **Era yalabibwa abooluganda abasukka ebikumi ebitaano omulundi gumu era abamu ku abo bakyali balamu newaakubadde ng’abalala baafa.**
>
> **Olwo n’alyoka alabikira Yakobo, n’oluvannyuma n’alabikira n’abatume bonna.**
>
> **Oluvannyuma lwa bonna n’alyoka alabikira nange, ng’omwana azaalibbwa nga musowole. (1 Abakolinso 15:1-8)**

Okubuulira enjiri kuba tekuweddeeyo bwe kutabaako njigiriza ya kuzuukira:

> **Era obanga Kristo teyazuukizibwa, bye tubategeeza tebiriimu, era n’okukkiriza kwammwe tekuliiko kye kugasa;**

**Kale obanga essuubi lyaffe mu Kristo likoma mu bulamu buno bwokka, tuli bakusalirwa nnyo okusinga abantu bonna;**

**Kyokka ddala Kristo yazuukizibwa mu bafu, era bye bibala ebibereberye eby'abo abaafa;**

**Kuba ng'okufa  bwe kwaleetebwa omuntu, era n'okuzuukira kw'abafu kwaleetebwa muntu;**

**Kuba ng'abantu bonna bwe baafa olwa Adamu, era bwe batyo bonna balifuulibwa abalamu olwa Kristo. (1 Abakolinso 15:14, 19-22)**

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika enyiriri enkulu okuva m mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Okuzuukira okugenda okujja okw'emirundi ebiri kwe kuli wa?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Bintu ki ebibiri Baibuli by'etugamba ku magenda g'emmeeme z'abantu bonna?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Soma ebikkuwereddwa mammanga, kuntandikwa y'ekituufu teekawo "T," kuntandikwa y'ekitali kituufu, teekawo "F"
   a, ………………………………………Abataafe tebajja kuzuukizibwa.
   b, ………………………………………Mu kiseera ky'okufa wabaawo okwawulibwa kw'emyooyo gy'abatuukirivu ku gy'aboononyi.
   c…………………………………………….Kyamugaso okusabira abaafa okulokolebwa.
   d…………………………………………….Ekifo ky'abatuukirivu we bagenda kati kya njawulo ku kya Yesu Kristo mwe yali nga tannaba kufa na kuzuukira.
   e…………………………………………….okuzuukira kwa Yesu kukulu naye tekulina kuba kitundu ku njiri.
5. Nnyiriri ki eziraga okkuddamu kw'abantu eri obubaka bw'okuzuukira?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bitlagiddwa ku nkomerero y'essuula essembayo mu kitabo kino.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Enjigiriza y'okuzuukira kw'abafu gy'osomye n'eyo oy'okulamulwa okutaggwaawo gy'ogenda okusoma mu ssuula eddako, zombi zoogera kubiribaawo. Ebiibaawo byayogerwako mu kigambo kya Katonda. Newaakubadde ebintu bino tebinnabaawo, Katonda atumanyisizza kuntekateeka eribbaawo ng'ayita mu bunnabbi.

Waliwo ebiribaawo bingi ebitalagibwa mu kigambo kya Katonda. Ebyo ebiragibwa bivvuunuddwa mu ngeri ez'enjawulo abasomi ba Baibuli. Tekyetaagisa kutegeera buli kitaputibwa abantu okuva mu Baibuli. Okutaputa okusinga kwetoololera ku kiseera ekyo obunnabbi bwe bubeereddewo oba ebibaawo ku biba byogeddwako.

Ekisinga obukulu mu misingi gy'enzikiriza y'obukristaayo kwe kutegeera byonna Baibuli by'eyogerako nti byakubaawo. Bino wammanga biraga ebiribaawo ebikulu;

1. Baibuli esomesa nti Mukama agenda kudda ku nsi anone abakkiriza. Yesu yakisuubiza abagoberezi be.
   **Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebisenge bingi, era ŋŋenda okubateekerateekera ekifo. Singa tekiri bwe kityo nandibagambye. Bwe ndimala okubateekerateekera ekifo ndikomawo, ne mbatwala gye ndi, Nze gye ndi nammwe gye muba mubeera. (Yokaana 14:2-3)**

(A). Okukwakulibwa: 1 Abassesaloniika 4:13-18, atuwa ebisingawo ku kudda kwa Kristo okunona abakkiriza. Kuno kuyitibwa okukwakulibwa.

- Kristo yennyini ajja kudda (olunnyiriri 16)
- Walibaawo okuzuukira kw'abaafa nga bakkiriza (Olunnyirri 16)
- Walibaawo okukwakulibwa, ekitegeeza "Ekikolwa ky'okutwala omuntu okuva mu kifo ekimu n'adda mu kirala" abakkiriza abakyaali abalamu, balitwalibwa okuva ku nsi basisinkane Kristo.
- Walibaawo okuddamu okugattibwa kw'abakkiriza abaafa edda ku abo ababadde abalamu mu kiseera ky'okudda kwa Kristo, wamu ne Mukama waabwe Yesu Kristo.

(B). Okubonyaabonyezebwa: Baibuli eyogera ku kaseera akazibu ku nsi akayitibwa okubonyaabonyezebwa.

- Okubonyaabonyezebwa kulimala emyezi 42 oba ennaku 1260 (Danyeri 9:24-27)
- Kajja kuba kaseera kazibu. Wabaddewo ebiseera ebizibu bingi mu nsi, naye ebintu bisatu bijja kwawula okubonyaabonyezebwa ku biseera ebirala ebizibu.

(a). Ekisooka: kijja kuba kya nsi yonna so ssi bitundu ebimu (okubikkulirwa 3:10)

(b). Ekyokubiri: Abantu bajja kukitegeera nti enkomerero y'ensi eri kumpi. (Okubikkulirwa 6:16)

(c). Ekyokusatu: Ebizibu bigenda kweyongera nnyo n'okusinga ku byali birabiddwako. (Matayo 24:4-14)

- -Okukinnyonnyola: waliwo okulamulwa kwa Katonda okw'enjawulo ku nsi mu kiseera kyokubonyaabonyezebwa. Bino binnyonnyoddwa mu kubikkulirwa essuula 6, 8-9 ne Matayo 24:4-14
- Ensonga y'okubonyaabonyezebwa: omuntu alina okubonerezebwa olw'ebyonoono bye. Sitaani awanguddwa, Yesu okutwala nti ye Mukama wa byonna. Kino kituukiriza enteekateeka ya Katonda eye biseera ebyayogerwako mu Abaefeso 1:8-9

**(C.) Ekiseera ky'okukkwakulibwa:**

Abantu abamu bakkiriza nti okukwakkulibwa kujja kubaawo ng'okubonyaabonyezebwa tekunnabaawo nti era abakkiriza tebajja kuddamu kusisinkana kiseera kizibu ng'ekyo ku nsi. Abalala bakkiriza nti okukkakulibwa kujja kubaawo ku nkomerero y'okubonyaabonyezebwa.

Engeri esinga okunnyonnyola kino eri nti okukkwakulwa kw'abakkiriza kwa kubaawo ng'ekiseera ky'okubonyaabonyezebwa tekinnatuuka. Endowooza ez'enjawulo ezikwata ku kukwakulwa ziva mu kutaputa kw'obwannabbi obutuweebwa mu by'awandiikibwa. Ekisinga obukulu kwe kumannya nti oli mukkiriza era ng'oli mwetegefu okugenda ne Yesu mu kukwakkulibwa nga kuzze.

**(D). Ekyasa.**

Kino ky'ekiseera eky'emyaka olukumi, oluvannyuma lw'okubonyaabonyezebwa, Yesu mwalifugira ensi mu butuukirivu (Zaakaliya 14:9, Danyeri 7:14). Ekibuga Yerusalemi yenkulungo y'obukulembeze bwe (Isaaya 2:3). Ekiseera kino kijja kuggwa nga sitaani agguddewo olutalo olusembayo ku Katonda (okubikkulirwa 20:7-9). Katonda ajja kusindika omuliro okuva mu Ggulu akomye buli kuwakanyizibwa. Sitaani ajja kusuulibwa mu nnyanja ey'omuliro mwanabeera olubeerera (Okubikkulirwa 20:10)

**(E). OKULAMULWA.**

Ebitonde byonna bya kulamulwa Katonda. Kino kimannyiddwa ng'ekiseera eky'okulamulwa okw'olubeerera. Era ekisembayo mu misingi egiri mu Abaebbulaniya 6:1-3 era kinnyonnyoddwa mu ssuula eddako. Abo abaafa nga si bakkiriza bajja kuzuukizibwa balamulwe kubanga teebenenya kuva mu kibi na kukkiriza Yesu ng'omulokozi, bajja kusalirwa omusango oluvannyuma basuulibwe mu Geyeena olubeerera.

# ESSUULA EY'EKKUMI

## OKUSALIRWA OMUSANGO OGW'OLUBEERERA.

**EBIGENDERERWA:**

Bwomaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "okulamulwa"
- Okunnyonnyola lwaki okulamula kwetaagisa
- Okuzuula ani aliramula mu kulamula okusembayo.
- Okuzuula ani aliramulwa mu kulamula okusembayo.
- Okunnyonnyola ennono ezifuga okulamula.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Kubanga Mukama ye mulamuzi waffe, Mukama y'atuwa amateeka, Mukama ye Kabaka waffe, y'alitulokola. (Isaaya 33:22)**

**ENNYANJULA**

Okusalirwa omusango ogw'olubeerera gwe musingi ogusembayo ogw'enzikkiriza y'obukristaayo. Mu ndagaano enkadde, ekigambo okusalirwa omusango kikozesebwa mu nger bbiri; omu abuyita bubonero, bujulizi n'amateeka ga Katonda. Omulala afaayo ku kusalirwa omusango kwa Katonda eri abantu n'amawanga. Engeri essembayo y'eraga engeri ekigambo "okusalirwa omusango" gye kikozesebwa mu ndagaano empya. Era gano ge makulu ge tugobereddde mu ssuula eno.

**OKUNNYONNYOLA.**

Ekigambo "okulamula" kitegeeza okwawula oba okuleetawo enjawulo. Muno mulimu okuwozesebwa, okunoonyereza obukakafu, okusalawo gusinga oba atasingisibwa, n'okusalawo empeera y'ekibi. Okusalirwa omusango ogw'olubeerera kwe kusalawo okusinga obukulu okwogerwako mu Baibuli okulaga ekifo n'enkomerero ey'emyoyo gyonna.

**ABALAMUZI.**

**KATONDA YE MULAMUZI**

> **Kubanga Mukama ye mulamuzi waffe… (Isaaya 33:22)**
>
> **… Katonda Omulamuzi wa bonna, n'eri emyoyo egy'abantu abaatukirizibwa. (Abaebbulaniya 12:23)**

Katonda alamula ebibi by'abantu. Okwagala kwa Katonda si kulamula naye abantu bonna okumanya Yesu Kristo.

> **Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi kugisalira musango, wabula ensi erokolebwe okuyita mu ye. (Yokaana 3:17)**

> **Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

Okwagala kwa Katonda kuli nti buli muntu yenna yeenenye, bwe bateenenya kibi bajja kulamulwa Ye.

> **Edda mu biseera ebyayita Katonda yagumiikiriza obutamanya bw'omuntu ku bintu ng'ebyo, naye kaakano alagira abantu bonna buli wantu okwenenya. Kubanga yateekawo olunaku, oyo gwe yalonda lw'alisalirako ensi yonna omusango mu bwenkanya. Era yamukakasa eri abantu bonna kubanga yamuzuukiza mu bafu. (Ebikolwa 17:30-31)**

**YESU KRISTO:**

Katonda awadde Yesu obuyinza okulamula:

> **Era Kitaawe w'Omwana talina n'omu gw'asalira musango, naye obuyinza obw'okusala emisango gyonna yabuwa Omwana we.era yamuwa obuyinza okusalira abantu emisango, kubanga ye Mwana w'Omuntu. (Yokaana 5:22, 27)**

**ABATUKUVU:**

Mu kusala omusango, abakkiriza abatuufu bajja kuyambako okulamula ensi.

> **Oba temumanyi ng'abatukuvu be balisalira ensi omusango? Kale obanga mmwe mulisalira ensi omusango, temusobola kusala nsonga ntono eziri mu mmwe?**
>
> **Temumanyi nga ffe tulisalira bamalayika omusango, okwo nga totaddeeko bintu bya mu bulamu buno? (1 Abakolinso 6:2-3)**

Ekigambo "abatukuvu" mu lunyiriri luno kitegeeza abakkiriza abatuufu bonna. Bajja kuyambako mukulamula ensi (abatali batuukirivu)

**OKUSINZIIRWA OKUSALA OMUSANGO**

Abantu bonna bajja kulamulwa okusinziira ku kigambo kya Katonda.

> **Awulira ebigambo byange n'atabifaako, Nze simusalira musango, kubanga Nze najja kulokola nsi so si kugisalira musango. Kyokka buli agaana Nze era n'agaana n'ebigambo byange, alina amusalira omusango. Alisalirwa omusango ku lunaku olw'enkomerero okusinziira ku bigambo bye namutegeeza. (Yokaana 12:47-48)**

Si nkola, nzikkiriza oba empisa y'omuntu nti byebinaasinzirwako okulamulwa. Tekiri ku mateeka g'ebibiina oba ebiwayi. Ekinaasinzirwako okulamulwa kyatebwawo ng'akyekigambo kya Katonda.

> **Ayi Mukama, Ekigambo kyo kinywevu mu ggulu, kya mirembe gyonna. (Zabuli 119:89)**

**ENSONGA Y'OKUSALIWA OMUSANGO.**

Baibuli eraga okw'etaagisa kw'okusalirwa omusango olw'ekibi eri amateeka ga Katonda, obutaba bwa Katonda, obutali butuukirivu, obutakkiriza, okusalimba n'ebikolwa ebibi. Newaakubadde ebigambo bino bya njawulo, byonna bigambo bya kibi.

**OKUSOBYA AMATEEKA GA KATONDA.**

> **Abo bonna abaayonoona olw'obutamanya mateeka, balizikirira; era n'abo bonna abaamanya amateeka ne boonoona, bwe batyo bwe balisalirwa omusango, okusinziira mu Mateeka. (Abaruumi 2:12)**

**OBUTABA KYA BWAKATONDA.**

> **Era olw'ekigambo ekyo, eggulu n'ensi ebiriwo kaakano bikuumibwa nga birindiridde okwokebwa omuliro ku lunaku olw'okusalirako omusango, n'okuzikirizibwa kw'abo abatatya Katonda. (2 Peetero 3:7)**
>
> **Alireeta abantu bonna mu maaso ge basalirwe omusango mu bwenkanya olw'ebikolwa byabwe bonna abatatya Katonda, bye baakola mu bugenderevu, n'olwebigambo byonna ebizibu abakozi b'ebibi bye bamwogeddeko eby'obtatya Katonda. (Yuda 15)**

**OBUTALI BUTUUKIRIVU.**

> **Mukama amanyi okuwonya n'okuggya mu kugezesebwa abamutya, n'abonereza abatali bakkiriza okutuusa ku lunaku olw'okusalirako omusango. (2 Peetero 2:9)**

**OBUTAKKIRIZA.**

> **Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga kubanga takkiririza mu linnya ly'Omwana oyo omu yekka owa Katonda. (Yokaana 3:18)**

**OKUSALIMBA.**

> **Kale ng'abantu bonna bwe baasalirwa omusango olw'ekibi ekimu, bwe kityo n'olw'ekikolwa ekimu eky'obutuukirivu abantu bonna mwe baaweerwa obutuukirivu ne bafuna obulamu. (Abaruumi 5:18)**

**EBIKOLWA EBIBI.**

> **Era guno gwe musango nti: Omusana guzze mu nsi, kyokka abantu ne baagala ekizikiza okusinga omusana, kubanga ebikolwa byabwe bibi. (Yokaana 3:19)**

**ENNONO Z'OKUSALIRWA OMUSANGO.**

Ensala y'omusango munsi yonna esinziira ku mawanga ag'enjawulo. Ebinsinzirwako biyinza okukola ku mawanga mu nsi oba ebibuga. Engeri ensi gy'etaputamu okusala kw'omusango esinziira ku bantu bwe bataputa ebikolwa mu ngeri ez'ejawulo.

Ekikolwa ekiyinza okuyitibwa ekibi mu ggwanga erimu ate eddala liyinza okukiraba nga si kibi mu buwangwa bwabwe nga kikkirizibwa, okugeza okutta ente kirabibwa bulala mu ggwanga ery'America gye bagikozesa ng'ennyama, ate e Buyindi Ente etwalibwa nga ntukuvu mu bantu abamu.

Okusalira omuntu omusango, kisinziira ku ngeri omulamuzi gy'ayimiriddemu okuggusala. Naye enkola z'okusalirwa omusango gwa Katonda tekukyuka. Katonda alamula.

**OKUSINZIIRA KU KIGAMBO KYA KATONDA.**

Amateeka ga Katonda n'enkola ze zeesigama ku kigambo kye;

> **Ayi Mukama, Ekigambo kyo kinywevu mu ggulu, kya mirembe gyonna. (Zabuli 119:89)**

**OKUSINZIIRA KU KUMANYA.**

Abantu n'amawanga baakulamulwa okusinziira ku kumanya Katonda kwe yabawa. Katonda yagamba nti abamu bajja kulamulwa bubi nnyo okukira ku bibuga ebya Sodoma, Ggomola, Nineva, Tiira, ne Sidoni. Bino bye bibuga eby'onoonyi ebyogerwako mu ndagaano enkadde Katonda bye yasalira omusango n'abibonereza.

Ensonga lwaki Yesu yagamba nti ebibuga ebimu by'akusalirwa omusango ogw'amaanyi yali nti mu bibuga bino mwali mujjude okumanya kwa Katonda. Yesu mwennyini yali aweerezzaako mu bibuga ebyo ng'akola n'ebyamagero eby'okuwonya, n'okusumululwa. Naye era abantu b'ebibuga bino tebeenenya. Yesu yalabula;

> **Zikusanze, ggwe Kolaziini! Zikusanze ggwe Besusayida! Kubanga ebyamagero bye nakolera mu mmwe, singa nabikolera mu Ttuulo ne mu Sidoni, bandibadde beenenya dda nga bali mu bibukutu n'evvu kumitwe gyabwe. Ddala ddala Ttuulo ne Sidoni biriyisibwa bulungiko okusinga mmwe ku lunaku olw'okusalirako omusango! Naawe Kaperunawumu, newaakubadde nga wagulumizibwa okutuuka eggulu gye likoma, naye oliserengesebwa wansi emagombe. Kubanga ebyamagero eby'ekitalo ebyakolebwa ewuwo, singa byakolerwa mu Sodomu, kyandibadde kikyaliwo ne leero. (Matayo 11:21-24)**

> **Abantu b'e Nineeve baliyimirira ne basaliza abantu b'omulembe guno omusango okubasinga, kubanga beenenya bwe baawulira okubuulira kwa Yona. Naye laba asinga Yona ali wano. (Matayo 12:41)**

Okubikkulirwa kwa Katonda okulamba kwaweebwa abantu bonna okuyita mu bitonde bye eby'ewunyisa:

> **Kubanga okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi, ebintu bye ebitalabika, bwe buyinza bwe obutaggwaawo n'obwa Katonda bwe, bitegeerwa ne birabikira ddala mu by'obutonde bwe, abantu balyoke baleme kubaako na kya kwewolereza. (Abaruumi 1:20)**

Okutegeera kwonna okwa Katonda okwaweebwa abantu bonna ng'ayita mu bitonde kw'asinziira okulamula omuntu. Abo abifuna okubikkulirwa okulala nga bawulidde ekigambo kya Katonda bajja kulamulwa n'ekipimo ky'amagezi ekya waggulu.

**NG'OMUNTU:**

Buli muntu wa kulamulwa nga ye:

> **Emmeeme eyonoona ye erifa. Omwana talibonaabona olw'ebibi bya kitaawe, so ne kitaawe talibonaabona olw'ebibi eby'omwana we. Obutuukirivu bw'omuntu omutuukirivu bulibalirwa ye, n'obutali butuukirivu bw'oyo atali mutuukirivu bulibalirwa ye. (Ezekyeeri 18:20)**

Okulamulwa okusalawo ekifo ky'olubereera kujja kukolebwa nga kwa kibinja. Kujja kukolebwa ku muntu sekinoomu.

**OKUSINZIIRA KU MAZIMA.**

Paulo yawandiika:

**Naye kaakano, tumanyi nga Katonda mutuufu okunenya abo abakola ebiri ng'ebyo. (Abaruumi 2:2)**

**OKUSINZIIRA KU NNEYISA Y'OMUNTU**.

Ffenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ya Kristo ey'okusalirwako omusango okusinziira ku bikolwa; Baibuli kino ekiyita "okulamulwa okusinziira ku bikolwa"

> **Kubanga ffe ffenna kitugwanira okulabika mu maaso g'entebe ya Kristo ey'okusalirako omusango, buli muntu asalirwe olw'ebyo bye yakola ng'akyali mulamu, okusinziira ku ebyo bye yakola oba birungi oba bibi. (2 Abakolinso 5:10)**
>
> **Katonda aliwa buli omu empeera esaanira ebikolwa bye. (Abaruumi 2:6)**
>
> **Mujjukire nti Kitammwe gwe musaba, asalira omusango buli muntu awatali kusaliriza, musaana mumusseemu ekitiibwa, nga mwetwala ng'abagenyi ku nsi kuno. (1 Peetero 1:17)**
>
> **Ne ndaba abafu abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. Ebitabo ne bibikkulwa, n'ekitabo ekirala ky'ekitabo eky'obulamu ne kibikkulwa. Abafu ne basalirwa omusango okusinziira ku ebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo ebyo, buli omu ng'ebikolwa bye bwe byali. (Okubikkulirwa 20:12)**
>
> **Katonda tafaayo ku bikolwa byokka eby'omuntu wabula n'ebiroowo, ebiruubirirwa. Katonda akebera mitima so si ndabika y'okungulu (1 samwiri 16:17)**

**AWATALI KWEKUBIIRA.**

Okulamulwa kwakukolebwa awatali  kwekubiira wadde, kino kitegeeza; awatali kukwatirwa kisa kwonna. Abantu tebajja kulamulwa okusinziira ku bugagga, ebifo byabwe eri abantu, ensi mwova oba okusoma.

Ekitiibwa ky'abantu mu mbeera ez'abulijjo, endabika, enkolagana n'abantu, ekifo, n'obugagga, bikola kikulu mukuleetayo okulamulamulwa okw'ekyekubiira. Okulamula kwa Katonda tekugoberera wadde ekimu kwebyo:

> **Naye Mukama n'agamba Samwiri nti, "Totunuulira nfaanana ye wadde obuwanvu bwe, kubanga si gwe nnonze. Mukama tatunuulira ebyo abantu bye batunuulira. Abantu batunuulira bya kungulu naye Mukama atunuulira bya mu mutima. (1 samwiri 16:7)**

**OKUSINZIIRA KU TTEEKA.**

> **Kale ggwe ayigiriza abalala, lwaki toyinza kweyigiriza wekka? Ategeeza abalala obutabba, tobba? (Abaruumi 2:21)**

**OKUSINZIIRA KU BUTUUKIRIVU.**

Aliramula ensi mu butuukirivu:

**Era alisalira abantu bonna emisango mu bwenkanya. (Zabuli 9:8)**

**Kubanga Mukama ajja okusalira ensi omusango. Mukama aliramula ensi mu butuukirivu,**

**n'abantu bonna abalamule mu mazima. (Zabuli 96:13)**

**N'abannyonnyola era n'abalaga nga bwe kyali kyetaagisa Kristo okubonaabona n'okuzuukira mu bafu, era nti, "Oyo ye Kristo Yesu gwe mbabuulira. (Ebikolwa 17:3)**

**Naye olw'obukakanyavu bwo n'omutima oguteenenya, weeterekera ekiruyi ku lunaku lw'ekiruyi n'okubikkulirwa, Katonda lw'alisalirako omusango ogw'obutuukirivu. (Abaruumi 2:5)**

**Kubanga okumanyiiza omubiri kigasa katono, naye okutya Katonda kugasa mu byonna, kubanga kuleeta essuubi ery'omu bulamu buno era n'ery'obwo obugenda okujja. (1 Timoseewo 4:8)**

**OKUSINZIIRA KU BIGENDERERWA N'EBIROOWO.**

**Noolwekyo temusalanga musango ekiseera nga tekinnatuuka okutuusa Mukama waffe lw'alijja, alimulisa ebyakwekebwa eby'ekizikiza, n'ayolesa n'ebigendererwa by'omutima, buli muntu n'alyoka atendebwa Katonda. (1 Abakolinso 4:5)**

**Kino kiribaawo ku lunaku Katonda kw'aliramulira abantu olw'ebyo bye baakisa, ng'enjiri yange bw'eri ku bwa Yesu Kristo. (Abaruumi 2:16)**

**ESSAAWA Y'OKUSALIRWA OMUSANGO.**

Baibuli eraga nti, waliwo okusalirwa kw'omusango okwayita, okuliwo, n'okulijja.

**OKUSALIRWA OMUSANGO OKWAYITA.**

Baibuli kye kyafaayo ky'okulamula kwa Katonda okwayita. Okuva ku Adamu ne Kaawa, okulamula kwa Katonda eri amawanga n'abantu kulagibwa. Baibuli eraga okulamulwa okwayita kwa mirundi ebiri okw'omugaso eri abakkiriza era n'empeera ku buli kimu.

- Sitaani ne bamalayika be.
  Okuyita mu kufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo, Katonda yasalira Sitaani omusango ogusembayo.

**N'olw'omusango, kubanga omufuzi w'ensi eno asaliddwa omusango. (Yokaana 16:11)**

**N'aggya ebyokulwanyisa ebyo ku bafuzi n'ab'obuyinza ab'omu bbanga, n'abaswaza mu lwatu, n'abawangulira ddala. (Abakolosaayi 2:15)**

Sitaani yalamulwa dda Katonda. Alekeddwa okubaako ebitono by'akyakola okutuuka lw'anasuulibwa mu nnyanja ey'omuliro ku nkomerero yensi, naye omusango gwamusinga dda. Bamalayika ba Sitaani abaava mu bifo byabwe ebyasooka mu Ggulu nga bamalayika ba Katonda okwegatta ku Sitani nabo Katonda yabasalira dda omusango.

**Ne bamalayika abataakuuma kitiibwa kyabwe ne badda mu kukola bye baayagala ne balekulira n'ebifo byabwe, abo Katonda yabasiba mu njegere n'abassa mu kkomera ery'ekizikiza ekikutte gye balindiririra okusalirwa omusango. (Yuda 6)**

- Ensi.

  Yesu yagamba:

  > **Ekiseera ky'ensi okusalirwa omusango kituuse, era omufuzi w'ensi eno anaagoberwa ebweru. (Yokaana 12:31)**

  Kubanga ebonaboona olw'ekibi, ensi yasalirwa dda omusango. Baibuli egamba nti ensi ejja kusaanawo n'omuliro.

  > **Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja ng'omubbi bw'ajja nga tewali n'omu amanyi; eggulu lirivaawo nga liwuuma nnyo, n'ebiririko birizikirizibwa n'omuliro, era ensi n'ebintu ebigirimu birisirikka. (2 Peetero 3:10)**

## OKUSALIRWA OMUSANGO OKULIWO

Waliwo okusalirwa omusango okugenda mu maaso kati. Abantu bonna balamulwa ng'abonoonyi oba abatuukirivu ewa Katonda. Okulamulwa kw'omuntu kati kusinziira ku kukkiriza oba obutakkiriza Kristo ng'omulokozi.

> **Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga kubanga takkiririza mu linnya ly'Omwana oyo omu yekka owa Katonda. (Yokaana 3:18)**

Okulamulwa Katonda okw'abatali bakkiriza kulaga busungu bwe kubanga baziyiza amazima.

> **Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibbwa okuva mu ggulu ku abo abatatya Katonda bonna n'abakaafiiri bonna ku bye bakola okuziyiza amazima okuvaayo. (Abaruumi 1:18)**

Okulamulwa kwa Katonda eri abakkiriza kuli mu kwagala. Abatereeza bwe bakola ensobi:

> **Mwerabidde ebigambo ebizzaamu amaanyi byayogera nammwe ng'abaana be? Agamba nti,**
>
> **Mwana wange, tonyoomanga kukangavvulwa kwa Mukama, so toggwangamu maanyi ng'akunenyezza.**
>
> **Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula.**
>
> **Era abonereza buli gw'ayita omwana we**
>
> **Naye singa temukangavvulwa, nga bwe kitugwanira ffenna, muba temuli baana be ddala. (Abaebbulaniya 12:5, 6, 8)**

Nga Taata yenna bwatereeza omwana we, Katonda alamula eneyisa ya baana be. Bwe boonoona, Katonda abatereeza mu kwagala nga Taata bwakola eri omwana we. Katonda atereeza omwana olw'ekigendererwa eky'enjawulo.

> **Okukangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu, kuba kwa bulumi, naye oluvannyuma kuleeta ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa, era ekivaamu bwe butuukirivu. (Abaebbulaniya 12:11)**

**OKULAMULWA OKUNAJJA.**

Kwe kulamulwa okugenda okubaawo Paulo kwayogerako mu Abaebbulaniya 6 nti, "okusalirwa omusango gw'olubeerera." Okulamulwa kuno kubaawo oluvannyuma lw'okufa.

> **Ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi gumu n'oluvannyuma okulamulwa ne kutuuka. (Abaebbulaniya 9:27).**

Nga bwe mwayiga mu masomo agawedde, omuntu oluba okufa, kisaalibwawo gy'agenda, ewa Katonda oba nedda. Ebifo by'abatuukirivu n'abatali batuukirivu by'anjawulo oluvannyuma lw'okufa. Naye okusalirwa omusango okusembayo okukakasa ekifo kyabwe eky'olubeerera kubaawo oluvannyuma lw'enkomerero y'ensi n'okuzuukira.

> **Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, anaatera okusalira abalamu n'abafu omusango, era n'olw'okujja kwe, n'olw'obwakabaka bwe. (2 Timoseewo 4:1)**

> **Enoka eyaliwo nga wayiseewo emirembe musanvu okuva ku Adamu, abantu bano yaboogerako eby'obunnabbi nti, "Mulabe Mukama ajja n'abatukuvu be abangi ennyo. Alireeta abantu bonna mu maaso ge basalirwe omusango mu bwenkanya olw'ebikolwa byabwe bonna abatatya Katonda, bye baakola mu bugenderevu, n'olw'ebigambo byonna ebizibu abakozi b'ebibi bye bamwogeddeko eby'obutatya Katonda. (Yuda 14, 15)**

**EBIFO AWASALIRWA OMUSANGO.**

Bino by'ebifo ebisatu omusango we gusalirwa:

**ENTEBE YA YESU EY'OKULAMULWA.**

Abalamulibwa wanno bajja kuba abakkiriza abatuufu.

> **Kubanga ffe ffenna kitugwanira okulabika mu maaso g'entebe ya Kristo ey'okusalirako omusango, buli muntu asalirwe olw'ebyo bye yakola ng'akyali mulamu, okusinziira ku ebyo bye yakola oba birungi oba bibi. (2 Abakolinso 5:10)**

**NNAMULONDO EY'EKITIIBWA.**

Ekifo okulamulirwa eky'okubiri kiyitibwa "Nnamulondo y'ekitiibwa kya Kristo." Abalamulibwa wano be baliba baasigala ku nsi mu kiseera eky'okubonyaabonyezebwa. Abatuukirivu bajja kuzuukizibwa balamulwe nga Yesu tannasaawo bwa bwakaba bwe ku nsi obw'ekyasa.

> **Awo ne ndaba entebe ez'obwakabaka nga zituuliddwako abaaweebwa obuyinza okusala emisango. Ne ndaba emyoyo gy'abo abaatemebwako emitwe olw'okunywerera ku Yesu ne ku kigambo kya Katonda, era abataasinza kisolo ekikambwe wadde ekifaananyi kyakyo era abatakkiriza kabonero kaakyo mu byenyi byabwe oba ku mikono gyabwe. Abantu abo ne balamuka era ne bafugira wamu ne Kristo okumala emyaka lukumi. Naye abafu abalala tebaazuukira okutuusa ng'emyaka olukumi giweddeko. Kuno kwe kuzuukira okusooka. (Okubikkulirwa 20:4-5)**

**NNAMULONDO ENJERU.**

Ekifo ky'okulamulibwamu ekisembayo ye "Nnamulondo enjeru" abalamulirwa wano be bafu abaasigala abalizuukizibwa ku nkomerero y'ekyasa (kuno kwe kuzuukira okwokubiri okuyitibwa okuzuukira kw'abatali ba mazima.

Okulamulwa kw'oku Nnamulondo enjeru kulagibwa mu (kubikkulirwa 20:11-15). Abatali batuukirivu bajja kulamulwa olw'ekibi kyabwe basuulibwe mu nnyanja ey'omuliro wamu ne Sitaani ne bamalayika be.

**OKULAMULWA OKW'OLUBEERRERA.**

Wajja kubaawo ebiti by'abantu bibiri eby'okuwozesebwa mu kulamulwa okusembayo; abakkiriza n'abatali bakiriza.

**ABAKKIRIZA.**

Abakkiriza bajja kulamulwa olw'emirimu gyabwe era basasulirwe wo:

> **Noolwekyo buli omu ku ffe alyennyonnyolako eri Katonda. (Abaruumi 14:12)**
>
> **Kubanga ffe ffenna kitugwanira okulabika mu maaso g'entebe ya Kristo ey'okusalirako omusango, buli muntu asalirwe olw'ebyo bye yakola ng'akyali mulamu, okusinziira ku ebyo bye yakola oba birungi oba bibi. (2 Abakolinso 5:10)**

Abakkiriza bajja kulamulwa ku ngeri gye baazimbamu obulamu bwabwe ku musingi ogw'ekigambo kya Katonda.

> **Naye Omuntu bw'aguzimbisaako ezaabu, effeeza, n'amayinja ag'omuwendo n'emiti, n'essubi, oba ebisasiro;**
>
> **Omulimu gwa buli omu gulirabibwa, kubanga omuliro guligwolesa ku lunaku olwo, era omuliro ogwo gwe gulyoreka omulimu gwa buli omu nga bwe guli.**
>
> **Omuntu kye yazimba ku musingi ogwo bwe kirisigalawo, aliweebwa empeera.**
>
> **Naye omulimu gw'omuntu yenna bwe gulyokebwa omuliro, alifiirwa, kyokka ye yennyini alirokolebwa, naye ng'ayita mu muliro. (1 Abakolinso 3:12-15)**

Munsi eya bulijjo, emiti, essubi n'ebisasiro bikula nga birabibwako waggulu w'ettaka. Bikwata mangu omuliro, kino ky'ekyokulabirako ku mirimu egikolebwa abakkiriza okuba nga girabibwa omuntu. Ekigendererwa ky'emirimu gino kyali kikyamu.

Zaabu ne Ffeeza tebyononebwa muliro. Mubulamu obwabulijjo, ebintu bino biba wansi w'ettaka nga tebirabwako muntu. By'ebyokulabirako eby'emirimu egyakolebwa n'ekigendererwa ekituufu, egitaakolebwa kulabibwa oba okutenderezebwa abantu. Gy'emirimu egy'omugaso mu bwakabaka bwa Katonda kubanga gy'akolebwa n'ekigendererwa ekituufu.

Emirimu gy'abakkiriza abatuufu gijja kulamulwa okusinziira ku bugonvu bwabwe. Olugero lwa talanta mu Matayo 25 n'olugero lw'ensimbi mu Lukka 19 zaabulirwa Yesu okugyayo amazima.

Mu ngero zinno zombi, abakozi balamulwa okusinziira kw'ebyo eby'abaweebwa ne bye baabikolamu. Balagibwa okukubisa mu Nsimbi za bakama baabwe. Abakozi abatali bagonvu baalamulwa nti tebali beesigwa.

Nga bwe kiri ku ngero zzino, mukama waffe atuwadde obuvunanyizibwa obuyitibwa "okutumibwa mu nsi yonna."

**Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)**

Tulina kugenda n'ekyo Katonda ky'atuwadde, obubaka obw'enjiri tugikubiseemu nga tugibuulira mu nsi yonna. Bwe tugondera okutumibwa kuno, tuba tukubisa mwekyo Katonda kyatuwadde kyeyongere.

Abakkiriza abamu balina obuvunanyizibwa obunene ku bw'abalala mu kutumibwa kuno. Abamu bayitibwa nga Basumba, babuulizi ba njiri, basomesa, n'abalala.

Naye buli mulokole omukkiriza alina obuvunanyizibwa mu kutuusa enjiri eri ensi yonna. Abakkiriza bajja kulamulwa okusinziira ku bwesigwa bwabwe ku buvunaanyizibwa obwabaweebwa Katonda.

**Ate era omuwanika kimugwanira okuba omuntu omwesigwa. (1 Abakolinso 4:2)**

Abakkiriza tebajja kulamulwa okusinziira ku busobozi bwabwe , okusoma oba ebibala by'omwoyo. Bajja kulamulwa okusinziira ku bwesigwa bwabwe n'obugonvu eri ekyo Katonda kye y'abawadde okukola. Okulamulwa kw'abakkiriza abatuufu si kimu ku kusalirwa omusango. Era kiri nti, omukkiriza omutuufu talina kusalirwa musango gwa kubonerezebwa kw'olubeerera. Okuyita mu kukkiriza Kristo, abayise ku kufa kw'omwoyo n'obulamu obutaggwaawo.

**Ddala ddala mbagamba nti, Awulira ebigambo byange, n'akkiriza eyantuma, aba n'obulamu obutaggwaawo, era talisingibwa musango, kubanga aliba avudde mu kuzikirira ng'atuuse mu bulamu. (Yokaana 5:24)**

Omukkiriza omutuufu y'oyo eyeenenyeze ekibi n'alaga obwesigwa bwe eri Katonda ng'akkiriza Yesu Kristo okuba omulokozi we. Y'oyo afuuse era abeera ng'ekitonde ekiggya mu Yesu Kristo. Paul yakikakasa.

**Noolwekyo abo abali mu Kristo Yesu, tebaliiko musango; abo abatagoberera kwegomba okw'omubiri wabula ne bagoberera Omwoyo. (Abaruumi 8:1)**

Omwononyi bw'ajja eri Yesu ekibi ekyamuwandiikibwako Katonda akisangula wo. Omukkiriza bwayonoona aba yeetaga okwenenya na kwatula bibi bye Katonda atere abisangule mu kitabo kye.

**Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:9)**

**ABATALI BAKKIRIZA.**

Abatali bakkiriza baakulamulwa era babonerezebwe olw'ekibi. Katonda alina ekitabo ekiyitibwa "Ekitabo ky'obulamu" mw'awandiika amannya g'abo abenenyeza ne bakkiriza Yesu, nebafuuka abakkiriza abatuufu. Abo abamugaana bajja kulamulwa olw'ekibi era baweebwe ekibonerezo ekitaggwaawo. Amannya gaabwe tegali mu kitabo ky'abulamu:

**Era buli eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. (Okubikkulirwa 20:15)**

Kirungi okutegeera nti olina okuba ng'ekitonde ekigya mu Yesu oluvannyuma lw'okukyusibwa. Kisoboka okulokolebwa, olwo bwe yongera mu maaso n'ekibi "okudda ennyuma" mu bulamu obukadde. Baibuli ekakasa nti kisoboka erinnya lyo okuba mu kitabo eky'obulamu ne lisangulwamu olw'ekibi.

> **Naye Mukama n'agamba Musa nti, "Oyo yekka ankozeeko ekibi gwe ndisangula mu kitabo kyange. (Okuva 32:33)**

**ENKOMERERO Y'ABATUUKIRIVU.**

Abatuukirivu balina kuba mu bulamu obutaggwaawo ewa Katonda mu "Ggulu" mu Baibuli kiyitibwa amannya mangi:

**ENNYUMBA YA KITAFFE.**

Yesu yakiyita ennyumba ya Kitaawe, awaka, ekiwummulo, n'okussa ekimu.

**ENSI Y'EGGULU.**

Baibuli efaananyiriza eggulu ku nsi mwe tutambulira nga Yisirayiri bwe yagenda mu nsi ensuubize.

> **Naye kaakano beegomba ensi esingako, ye y'omu ggulu. Katonda kyava aba Katonda waabwe, nga tekimuswaza kuyitibwa bw'atyo, kubanga abateekeddeteekedde ekibuga. (Abaebbulaniya 11:16)**

**EKIBUGA.**

Eggulu lifaanaanyiribwa ku kibuga:

> **Ne ndaba ekibuga ekitukuvu Yerusaalemi ekiggya nga kikka okuva ewa Katonda mu ggulu, nga kiri ng'omugole bw'abeera ku mbaga ey'obugole bwe, ng'ayonjereddwa bbaawe. (Okubikkulirwa 21:2)**

Baibuli ebikkula ebintu bingi ku Ggulu eby'ewunyisa. Kifo kya;

- **BUTUKUVU.**
  **Tewali ekitali kirongoofu ekirikkirizibwa okuyingira mu kyo, wadde abo abatambulira mu mpisa ezitali nnongoofu oba abalimba, wabula abalikibeeramu, beebo bokka, amannya gaabwe agaawandiikibwa mu kitabo eky'obulamu eky'Omwana gw'Endiga. (Okubikkulirwa 21:27)**

- **SSANYU.**
  **Alisangula amaziga mu maaso gaabwe, olwo nga tewakyali kufa, wadde ennaku, wadde okukaaba, wadde okulumwa kubanga byonna ebyasooka nga biweddewo. (Okubikkulirwa 21:4)**

- **OBULUNGI.**
  **Bbugwe waakyo yali azimbiddwa n'amayinja agayesipi nga n'ekibuga kya zaabu omulongoose nga kitangalijja ng'endabirwamu ennungi. (Okubikkulirwa 21:18)**

- **BUWEEREZA.**
  **…Babeera wano mu maaso g'entebe ey'obwakabaka eya Katonda nga bamusinza emisana n'ekiro mu Yeekaalu ye. Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka, anaaberanga nabo ng'abalabirira. (Okubikkulirwa 7:15)**
- **OKUFUGA NE KRISTO.**

Yesu yasuubiza:

> **Kyebavuddebabeera wano mu maaso g'entebe ey'obwakabaka eya Katonda nga bamusinza emisana n'ekiro mu Yeekaalu ye. Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka, anaaberanga nabo ng'abalabirira. (Okubikkulirwa 7:15)**

- **OKUSINZA.**

Baibuli ewandiika nti abali mu ggulu:

> **Ebiramu ebina ne biddamu nti, "Amiina." N'abakadde ne bavuunama ne bamusinza. (Okubikkulirwa 5:14)**

- **EKITANGAALA N'EKITIIBWA.**

> **Era ekibuga ekyo tekyetaaga njuba wadde omwezi okukyakira, kubanga ekitiibwa kya Katonda kye kikimulisa, era Omwana gw'Endiga ye ttabaaza yaakyo. (Okubikkulirwa 21:23)**

- **EKIFO EKY'ENDOWOOZA EMPYA**.

Okubeera mu ggulu, kijja kutuwa endowooza empya kubuli kintu.

> **Laba nditonda eggulu eriggyan'ensi empya. Ebintu eby'edda tebijja kujjukirwawadde okulowoozebwako mu mutima. (Isaaya 65:17)**

- **EKIFO AWABEERA KATONDA.**

**Ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka nga lyogera okuva mu ntebe ey'obwakabaka nti, "Laba eyeekaalu ya Katonda kaakano eri mu bantu, anaabeeranga nabo era banaabeeranga bantu be, Katonda yennyini anaaberanga nabo, era anaabeeranga Katonda waabwe. (Okubikkulirwa 21:3)**

**ENKOMERERO Y'ABATAKKIRIZA EY'OLUBEERERA.**

Ggeyeena ky'ekifo aboononyi gye baliba olubeerera. Geyeena kifo kya;

- **OKUBONABONA OKUSUSE.**

**Awo Setaani eyabalimbalimba n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro eyaka ne salufa, omuli ekisolo ne nnabbi ow'obulimba era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 20:10)**

- **OKUJJUKIRA N'OKWENYIKA**

**Naye ng'ali eyo mu magombe mu kubonaabona, n'atunula waggulu n'alaba Laazaalo ng'ali mu kifuba kya Ibulayimu. "Naye Ibulayimu n'amuddamu nti, 'Mwana wange, jjukira nga mu biseera**

**byo ng'okyali mulamu wafuna ebirungi bye weetaaganga, naye nga Laazaalo ye afuna bibi. Kaakano Laazaalo asanyusibwa naye gwe oli mu kubonaabona. (Lukka 16:23, 25)**

- **OBUTAMATIRA.**

**N'akoowoola nti, 'Kitange Ibulayimu, nsaasira, ontumire Laazaalo oyo annyike olugalo Lwe mu mazzi, nkombeko, naye olulimi lumbabuukirira nnyo mu muliro guno ogumbonyaabonya! (Lukka 16:24)**

- **OKUWEEBUULWA.**

**Bangi ku beebase mu nfuufu ey'ensi baligolokoka, abamu eri obulamu obutaggwaawo, n'abalala eri ensonyi n'okuswazibwa okutaggwaawo. (Danyeri 12:2)**

- **AWAMU N'ABABI.**

**Naye abo ababi n'abatakkiriza n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bonna, omugabo gwabwe kuliba kuzikirizibwa mu nnyanja ey'omuliro ogwaka ne salufa. Okwo kwe kufa okwokubiri. (Okubikkulirwa 21:8)**

- **OBUTABA NA SSUUBI.**

**Omukozi w'ebibi bw'afa, essuubi lye libula, ne byonna bye yasuubira mu maanyi bikoma. (Engero 11:7)**

- **OKUBONEREZEBWA OKW'OLUBEERERA.**

Geyeena yali yateekebwawo lu lwa Sitani ne bamalayika be. Olw'ekibi, omuntu naye wakugendayo olubeererera okuleka ng'anunuliddwa Yesu Kristo.

> **Bw'atyo aligamba abo abali ku mukono gwe ogwa kkono nti, 'Muveewo, mmwe abakolimire, mulage mu muliro ogutazikira ogwateekerwateekerwa Setaani ne bamalayika be. (Matayo 25:41)**

Ekibonerezo ky'ababi kya lubeerera. Ekigambo ky'ekimu ekikozesebwa okutegeeza obulamu obutaggwaawo mu Baibuli (Yokaana 3:15), ne Katonda ataggwaawo (1 Timoseewo 1:17), bikozesebwa okunnyola okulamulwa okutaggwaawo (Abaebbulaniya 6:2). Bwe kiba ng'ekimu ku bino by'akaseera katono, kitegeeza ebirala bya kaseera katono.

**TUBEERE TUTYA?**

Ngeri ki enjigiriza y'okulamulwa okutaggwaawo gy'ekoma ku bulamu bwaffe ng'abakkiriza.

Bwe yali awandiika ku nsonga y'okulamulwa okulijja, omutume Peetero yaddamu ekibuuzo kino;

> **Kale obanga ebintu byonna bya kuzikirizibwa, mugwanidde kubeeranga bantu ba mpisa ntukuvu era abatya Katonda,…Kale, abaagalwa, nga bwe mulindirira ebintu ebyo okubaawo mufubenga nnyo okuba abalongoofu abataliiko kya kunenyezebwa nga mulina emirembe. (2 Peetero 3:11, 14)**

Okutegeera okulamulwa okw'olubeerera, kiviirako okukula mu mwoyo mu bulamu obw'omukkiriza. Ensonga y'okukula kw'omukristaayo, Paulo kyayita okutuukirizibwa.

# OKWEGEZAAMU

1. Mu ngeri ki ebbiri ekigambo "kulamulwa" mwe kikozeseddwa mu ndagaano enkadde?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Ekigambo okulamula kitegeeza ki?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
3. Lwaki okulamulwa kyetaagisa?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Ani ow'okulamula mu kiseera eky'okulamulwa okw'olubeerera?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………….
5. Ani ow'okulamulwa?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Nkola ki ezinaagobererwa mu kulamula mu kiseera ekyo?
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
7. Wandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………….

8. Ekikuwereddwa bwe kiba kituufu teeka "T" ku ntandikwa yaakyo, bwekiba kikyaamu teekawo "F"
(a)………………………………………….Waliwo okulamulwa okukolebwa buli kiseera.
(b)…………………………………………..Waliwo okulamulwa okutegekeddwa nga kwa kiseera ekijja.
(c.)……………………………………… Baibuli tetubuulira kulamulwa okulijja lwe kulibaawo.

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero yessuula essembayo mu kitabo kino)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

Essuula eno etwanjulidde essomo ly'okulamulwa nga bwe liri mu Baibuli. Okwongera okumanya essomo lino, ssoma bino wammanga:

**OKULAMULA MBALA YA KATONDA.**

Zabuli 89:14, 97:2, 99:1-5

Isaaya 28:5-6, 30:18 61:8

Danyeri 4:37

**OKULAMULA MBALA YA YESU.**

Zabuli 72:2,

Isaaya 9:7, 11:1-5

Yokaana 5:30, 8:15-16,26

**OBUKULU BW'OKULAMULWA KATONDA.**

- **Okuwa obulamu.**

Ebyabaleevi 18:4-5

Nekemiya 9:29

Zabuli 119:149, 156

- **Okununula abantu be.**

Okuva 6:6-7, 7:4

Isaaya 1:27

- **Okutandikawo.**

1 Eby'omumirebe 28:7, Zabuli 37:7, Engero 2:8, Zefaniya 2:3,

- **Okugolola:**

Zabuli 119:75, Yeremiya 10:24, Kaabakuku 1:12

- **Okuyamba abantu be**:

Zabuli 76:8-9, 119:175

**OMUKISA GW'OKULAMULWA KATONDA.**

Okugumya; Zabuli 119:52

EKirabo: Zabuli 58:11

Kiragiro n'obutuukirivu; Isaaya 26:8-9

**EMPEERA Z'OBUTAFA KU KULAMULWA.**

Ezekyeeri 5:6-17, 11:11-12, 14:21.

Malaki 2:1-4, 3:1-6

**ENGERI Y'OKULAMULWA KWA KATONDA.**

- Obutuukirivu: Ekyamateeka 4:8, Zabuli 19:9, 119:137, Yeremiya 11:20, 2 Abassesolonika 1:4-6, 1 Peetero 2:23, okubikkulirwa 15:4, 16:7, 19:2,11
- Kusinziira ku kwagala: Zabuli 33:5.
- Kutuufu kw'amazima; Zabuli 111:7, Engero 2:9, Yeremiya 4:2.
- Kuli waggulu w'omwonoonyi; Zabuli 10:5
- Kw'amaanyi; Zabuli 36:6
- Kuzzibwa bujja; Zefaniya 3:15
- Tekusangika; Abaruumi 11:33
- Kwa kutuukirizibwa; Okubikkulirwa 15:4.

**OYO KATONDA GW'ALAMULA.**

- Abantu bonna; Zabuli 7:8, 9:7-8, 96:10, Abaebbulaniya 12:23, Yuda 15-16
- Abalwanyisa obutuukirivu; Zabuli 119:84.
- Abanyoomi; Engero 19:29
- Buli muntu; Engero 29:26
- Abavubuka; Omubulizi 11:9
- Amawanga; Isaaya 2:4
- Abakulembe; Isaaya 3:13
- Aboonoonyi; Ekyamateeka 7:10-11, Yeremiya 1:16, Abaebbulaniya 13:4, Yuda 15-16.
- Ensi; Yokaana 9:39, 12:13.
- Omulangira w'ensi (sitaani); Yokaana 16:11, 12:13.
- Abatalimu kkanisa; 1 Abakolinso 5:13
- Abantu be; Abaebbulaniya 10:30.
- Abasomesa; Yakobo 5:9.
- Ekkanisa (ennyumba ya mukama ); 1 Peetero 4:17
- Abatannalokoka; Ezeekeri 39:14

**ENGERI KATONDA GY'ALAMULA.**

- Ng'ayita mu Yesu Kristo; Yokaana 5:22,27
- Mumwoyo omutukuvu; Yokaana 5:22,27, Ezekeeri 36:27.
- Okusinziira ku kigambo ky'akatonda; Yokaana 12:48
- Okusinziira ku bikolwa bya buli muntu; 1 Peetero 1:17
- Mu baweereza be; Ezeekeri 44:24, Koseya 6:5

**BWETUWULIRA KU KULAMULWA KWA KATONDA.**

Tulina:

- Okubisomesa; EZERA 7:10, Zabuli 37:30
- Okubikuuma era okubikola; Ekyamateeka 11:32
- Okutendereza Katonda kulwabyo; Zabuli 48:11, 97:8, 119:7, 62,164.
- Okubiyayanira; Zabuli 119:20
- Bikukulembere; Zabuli 119:30
- Bisuubiriremu ; Zabuli 119:43
- Okubirangirira; Zabuli 119:13
- Tobivaako; Zabuli 119:13.
- Okubitya; Zabuli 119:120
- Okubimanya; Zabuli 35:23
- Okusaba Katonda atulamule; Zabuli 35:24
- Okubuulira okulamulwa kwe; Ebikolwa by'atume 24:25

**OBUKULU BW'OKULAMULWA KWA KATONDA OKWA KATI.**

- Okututukuza: Abaebbulaniya 12:10
- Okuleeta obutuukirivu mu bulamu bwaffe: Abaebbulaniya 12:11
- Okuleeta obulamu: Abaebbulaniya 12:9, Engero15:31
- Okutegeka kukulungamya kw'omwoyo. Engero 1:23.
- Okuleeta ekitiibwa. Engero 15:5, 32
- Okusomesaokutya Katonda: Engero 15:33
- Okututuukiriza. Abakolosaayi 1:28, 2Timoseewo3:16-17.
- Okutusomesa obugumiikiriza 1 Peetero: 2:20.
- Okwewalaokunenyezebwa: 1 Abakolinso 11:32
- Okuleeta okwenenya: Okubikkulirwa 3:19, Abaruumi 2:4
- Okututereeza Yeremiya 10:24.

**ENSONGA EZ'OKUGOLOLWA**

Ekibi n'okudda ennyuma; Yeremiya 2:19, Yokaana 3:20, 16:8, 2 Peetero2:16.

Ensobi: 1 Peetero2:20

Obutakkiriza: Abaruumi 11:20

Obutagonda : Lukka 12:47-48

Okuwa abalala ekitiibwa: Yobu13:10

**OKWEWALA OKUGOLOLWA**

1 Abakolinso: 11:31-32 (okwekebera), Abaruumi 11:22, Abafiripi 2:12-16

**ESSA LY'OKUGOLOLWA**

Katonda alina emitendera kw'agololera obulamu bwaffe.Kino kiva mu kunenyezebwa nga engeri ennyangu mu kutereeza omuntu n'endala nnyingi. (Abaebbulaniya 12:11)

**OKUNENYEZEBWA**

Okutereeza ensobi ,okukola ensobi, okuwa ekiragiro,Katonda atulaga ensobz'obulamu bwaffe .

Atulaga ensobi z'obulamu bwaffe. Isaaya11:4, Zabuli 50:21, 141:5, Engero1:23, Abaefeeso 5:13 2 Timoseewo3:16

**OKUNENYA**

Bw'etulema okuwuliriza Katonda ajja kukikola mu bukambwe .Abaebbulaniya 12:5, Okubikkulirwa 3:19 Zabuli6:1, Ekyamateeka 28:20.

OBUSUNGU

Bwe tumala okunenyezebwa, tulemera mu nsobi zaffe ne tuggaana okugololwa Katonda awo obusungu bwe buyinza okujja gye tuli Abaruumi 2:8-9.

**OKULUMIZIBWA**

Obusungu bwa Katonda buyinza okulabibwa mu kulumizibwa kiyinza okuba eky'ensimbi, mu bintu ebikalu,n'okubonyaabonyezebwa mu mbeera .(Naye kino tekitegeeza nti buli kulumizibwa kuva mu kulamulwa kwa Katonda; Abaruumi 2:9, Zabuli 119:75, Ekyamateeka 28:15-4, Ekyabaleevi:26:14-39. Amosi: 4:6-13.

**OKUGAANIBWA**

Lino ly'eddaala erisembayo ku kulamulwa kwa Katonda. Ng'agololwa alemereddwa okubaako enjawulo (okwenenya). Abaebbulaniya 6:4-6, 10:26-31, Yeremiya 14:11-12, 2 Peetero2:20, 1 Yokaana5:16, Engero 1:25-32, 5:1-23, 15:10, 29:1.

**EBIVA MU KUGOLOLWA**

Ekigendererwa kya Katonda mu kugolola, aba ayagala ttudde gy'ali Koseya 6:1.

# ESSSUULA EYEKKUMI N'EMU

## OKUTUUKIRIZIBWA

**EBIGENDERERWA:**

Ng'omaze okusoma essuula eno onooba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuvamu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "Okutuukirizibwa".
- Okuzuula ekyokulabirako ky'okutuukirizibwa kw'abakkiriza.
- Okuwa ekisinziirwako okutuukirizibwa k'abakkiriza.
- Okwawula okutuukirizibwa okusooka n'okugenda kweyongera.
- Okuleeta ebintu ebibaawo mu kiseera ky'okutuukirizibwa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

> **Naye mmwe kibagwanira okubeeranga abatuukirivu nga Kitammwe ali mu ggulu bw'ali Omutuukirivu. (Matayo 5:48).**

**ENNYANJULA**

Ng'omusingi omulungi bwe gwetaagibwa kukizimbe, ne mu bulamu obwabulijjo, omusingi ogw'omwoyo gwetaagisa eri omukkiriza. Mu lugero lw'abazimbi tuyiga nti, omusingi ogw'omwoyo guteekwa okuzimbibwa ku kigambo kya Katonda. (Abaebbulaniya 6:1-3) atubikkulira nti emisingi gy'obukulisitaayo giri:

- Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa.
- Okukkiriza mu Katonda.
- Enjigiriza ey'okubatizibwa.
- Okussaako emikono.
- Okuzuukira kw'abafu.
- Okusalirwa omusango ogw'olubeerea

Zino z'enjigiriza za Katonda kw'olina okuzimbira obulamu bw'omwoyo. Wasomye bino byonna mu ssuula ezaasoose.

**ERI OKUTUUKIRIZIBWA**

Mu Abaebbulaniya 6:13, Paulo ayongera okuwa ekyo kwewetaaga okuzimba obulamu bwo obw'omwoyo.

**Noolwekyo tulekeraawo okuyita entu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu by'omwoyo… (Abaebbulaniya 6:1)**

Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa, okukkiriza mu Katonda, okussaako emikono, okuzuukira kw'abafu, n'okusalirwa omusango ogutaggwaawo. Byonna nkola za kuyigiriza ku Kristo.

Ebintu bibiri bisukkiridde mu bakkiriza.

Ekisooka: Bamanyi ekigambo kya Katonda naye tebakikola mu bulamu obwa bulijjo.

Ekirala: Abakkiriza bateeka nnyo essira ku bye bayitamu ne baleka ebiyigirizibwa. Enjigiriza ne by'oyitamu byombi bya mugaso. Bw'otegeera obulungi ky'oyigirizibwa kitondawo embeera, olina okuyiga engeri gy'otuuka ku "kutuukirizibwa." Era bwe bukulu bw'essuula eno.

**OKUNNYONNYOLA**

Ekigambo okutuukirizibwa kitegeeza "okumaliriza"ekibaawo olw'okukula.

Baibuli ekozesa ekigambo "okutuukirizibwa" so si "okukula" okutegeeza omukkiriza akuze mu mwoyo.

Omukrisitaayo atuukiridde y'oyo afunye okukula mu mwoyo. Kino kitegeeza nti omubiri gwe, emmeeme, n'omwoyo gwe bifugibwa omwoyo omutukuvu. Ekigambo "okutuukirizibwa" kitegeeza ky'ekimu ne "Okutukuzibwa" ekitegeza obutuukirivu n'okwawulibwa, ebikozesebwa mu Baibuli.

Okutukuzibwa kitegeeza obutukuvu,

Okwawulibwa kitegeeza okuteekebwa wabbali mu butuukirivu.

**OBUZIBU OBW'EMIRUNDI EBIRI.**

Waliwo ebizibu bibiri by'olaba bw'oteeka essira ku misingi egy'omwoyo n'otafaayo "kukutuukirizibwa."

1. Ekizibu ekisooka kwe kuteekawo omusingi gw'omwoyo omulungi naye n'otakula mu mwoyo.

2. Ekirala kwe kusalawo okuzimba ekizimbe ekirungi ennyo ku musingi omukyamu.

**OKUMALIRIZA OMUSINGI.**

Omusingi si kizimbe ekiwedde. Ekizimbe ekirungi kirina kuzimbibwa ku musingi.

Ekizimbe ekirungi ky'ekyo ekiba kirabibwa waggulu w'omusingi.

Ekizimbe ky'ekitundu ekizimbibwa waggulu w'omusingi. Omusingi ogw'mwoyo omulung, si y'enkomerero y'ekiruubirirwa ky'okukkiriza .

> **Kubanga singa tagumaliriza n'akoma ku musingi gwokka, buli agulaba atandika okumusekerera, nga bw'agamba nti, 'Omuntu ono yatandika okuzimba naye n'alemwa okumaliriza. (Lukka 14:29-30)**

Abantu bangi batandika na Katonda, bawulira enjiri, beenenya ebikolwa byabwe ebireetera okufa, balina okukkiriza mu Katonda, naye tebasukkawo awo. Tebamaliriza musingi gwabwe gwa mwoyo ne bagenda batuukirizibwe.

Omusingi ogw'ekitundu mu bulamu obwa bulijjo teguba gwa mugaso.Tosobola kuzimba nnyumba kumusingi bwe gutyo. Ekizimbe kiba kya kugwa nga kiri ku guno omusingi. Oteekeddwa okumala omusingi n'olyoka oguzimbako.

Abakkiriza abatamaliriza misingi gya myoyo gyabwe bajja kufuna obuzibu. Bajja kuba mu bulamu bw'omwoyo nga tebwetengeredde. Ekizimbe kyabwe eky'omwoyo tekijja kugumira muyaga gwa bulamu. Tebasobola kweyongerayo kutuukirizibwa (okukula mu mwoyo) kubanga emisingi gyabwe tegyaggwa.

**OKUZIMBA EKIZIMBE EKIRUNGI ENNYO.**

Mu bulamu bwa bulijjo, omusingi gwokka tegukola. Ekizimbe ekizimbiddwa ku musingi kiyamba nga ennyumba, ofiisi, oba amasomero. Ensonga lwaki abantu abamu tebakula mu mwoyo kwe kuba nti basima omusingI ogw'omwoyo ne batamaliriza kizimbe kyonna mu kugenda eri okutuukiriza kizimbe kyabwe. kwekugenda eri obutuukirivu. Paulo yayogera kubakkiriza abatakula mu mwoyo.

> **Newaakubadde nga kaakano mwandibadde musobola okuyigiriza abalala, kyetaaga okuddamu okubayigiriza, ebintu ebya bulijjo eby'amazima ebikwata ku kigambo kya Katonda. Mwetaaga mata so si mmere enkalubo ey'abakulu.  Kubanga omuntu bw'aba ng'akyanywa mata, aba akyali mwana muto. Aba tannategeera kigambo kikwata ku by'obutuukirivu.  Naye emmere enkalubo ya bakulu, abeeyigirizza okwawulanga ekirungi n'ekibi. (Abaebbulaniya 5:12-14)**

Paulo yategeeza abakkiriza b'e Kolinso nti kye kyali ekiseera bagende basomese abalala enjiri. Awataali baalina okusomesebwa enkola za Katonda. Yabageraageranya ku bawere abasobola okunywa amata gokka. Ku kya mata yali ategeeza enkola za Katonda. Amata malungi ku bulamu era gakuza bulungi. Naye waliwo ekiseera omwana watandikira okulya emmere engumu:

> **Ani gw'agezaako okuyigiriza? Ani gw'annyonnyola obubaka bwe? Abaana abaakalekayo okuyonka oba abo abaakaggibwa ku mabeere? (Isaaya 28:9)**

Ng'okujja omwana ku mabeere bwe kyetaagisa mu bulamu obwabulijjo omwana okusobola okukula obulungi, kyetaagisibwa nakyo mu nsi eyomwoyo. Abakkiriza bateekwa okuva ku nkola ezisooka ne bakula mu mwoyo okutuukirra.

Abakkiriza abakuze mu mwoyo basobola okulya ku nnyama, so si mata gokka.

**OKUYITIBWA ERI OKUTUUKIRIZIBWA**

Yesu ayita abaagoberezi be bajje eri okutuukirizibwa:

> **Balina omukisa abalina omutima omulongoofu, kubanga abo baliraba Katonda. Balina omukisa abatabaganya, kubanga abo baliyitibwa baana ba Katonda. (Matayo 5:48)**

Okutuukirizibwa kiraga okubeerawo kwa katonda:

> **Nze nga ndi mu bo, era naawe ng'oli mu Nze balyoke bafuukire ddala omuntu omu. Ensi eryoke etegeere nga ggwe wantuma era nti obaagala nga bw'onjagala. (Yokaana 17:23)**

Kireeta okukula mu mwoyo:

> **Nze nga ndi mu bo, era naawe ng'oli mu Nze balyoke bafuukire ddala omuntu omu. Ensi eryoke etegeere nga ggwe wantuma era nti obaagala nga bw'onjagala. (1 Abakolinso 14:20)**

Okutuukirizibwa kyali kiruubirirwa eky'ekkanisa eyasooka, Paulo yawandiika

> **Ffe kitusanyusa bwe tuba abanafu, mmwe ne muba ab'amaanyi. Tubasabira mmwe Ebisigadde abooluganda, mujaguze, muzibwemu amaanyi, mulowooze bumu, mubeere n'emirembe, Katonda ow'okwagala n'emirembe anaabeeranga nammwe. (2 Abakolinso 13:9, 11)**

Okutuukirizibwa kw'omu kimugatta ku bakkiriza abalala abali mu mubiri gwa kristo:

> **Kaakano mbeegayirira abooluganda, mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mukkiriziganyenga mwekka na mwekka muleme okwawukananga. Naye mube n'omutima gumu n'endowooza emu. (1 Abakolinso 1:10)**

Okweyawula ku mubiri gwa kristo kiraga kuba nga tewali kukula mu mwoyo.

**EKYOKULABIRAKO KYOKUTUUKIRIZIBWA**

Yesu ky'ekyokulabirako kyokutuukiribwa eri abakkiriza:

> **Kaakano mbeegayirira abooluganda, mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mukkiriziganyenga mwekka na mwekka muleme okwawukananga. Naye mube n'omutima gumu n'endowooza emu. (1 Peetero 2:21)**

> **Katonda oyo eyatonderwa ebintu byonna, era mu oyo Yesu Kristo ebintu byonna mwe byatonderwa, eyalondebwa okuleeta abaana abangi mu kitiibwa. Era kyasaanira Yesu okubonyaabonyezebwa, ng'omukulembeze omutuukirivu, okubaleetera obulokozi. (Abaebbulaniya 2:10)**

> **Era bwe yamala okutuukirizibwa, n'afuuka obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abagondera Katonda (Abaebbulaniya 5:9)**

Katonda yategeka abakkiriza okuba nga Yesu eky'okulabirako kyokutuukirira:

> **Kubanga abo be yamanya olubereberye, yabalonda okufaananyizibwa mu kifaananyi ky'Omwana we, ye abeerenga omubereberye mu booluganda abangi (Abaruumi 8:29)**

**EKIGERA KY'OKUTUUKIRIRA**

Ekigera ky'okutuukirizibwa abakkiriza kwekupimibwa, kye kigambo kya Katonda. Yesu ye yali eky'okulabirako, era n'akirizigannya bulungi n'ekigambo kya Katonda kubanga ye yali alabibwako okutubikkulira ekigambo kya Katonda. Katonda ataddewo obupima mu kigambo kye okulina okutambulizibwa obulamu bwaffe. Ekigera ekisooka okuweebwa omuntu gaali mateeka era gawandiikibwa mu bitabo ebitaano ebisooka mu ndagaano enkadde.

Ebyafaayo bingi mu ndagaano enkadde bitulaga ng'omuntu bwatalina busobozi kukuuma mateeka ga Katonda, katonda yakimanya ng'omuntu bweyali talina busobozi kukuuma mateeka ge, naye yalina ebigendererwa eby'enjawulo ebyamuweesa amateeka. Ekimu ku byo kyaali kulaga bantu mbeera zaabwe ez'obwonoonyi. Ekirala kwe kubalaga nti baali tebasobola kwetuukiriza bokka mu maanyi gaabwe.

> K**ubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu mu maaso ga Katonda olw'ebikolwa ebya mateeka. Mu mateeka mwe tutegeerera ddala ekibi. (Abaruumi 3:20)**

Katonda teyatuleka mu mbeera yabutaba na ssuubi. Okuyita mu mateeka, yasuubiza omununuzi.

> **Nzija kubayimusiza Nnabi ali nga ggwe okuva wakati mu bo; Nze nnasanga ebigambo byange mu kamwa ke ye, n'abategeezanga bye nnaamulangiranga;**

> **Omuntu yenna ataagonderenga bigambo Nnabbi by'anaayogeranga mu linnya lyange, Nze kennyini, Nze nnamwekolerangako. (Ekyamateeka 18:18-19)**

Mu bikolwa bya batume 3:22-26. Ebigambo bino byebimu era biragibwa omutume Peetero ng'ayogera ku mukama waffe YESU. Mu ndagaano enkadde, ssaddaaka ezenjawulo zaasabibwa katonda olw'ekibi. Yesu ng'amaze okuwaayo obulamu bwe nga ssaddaaka y'ekibi kyabuli muntu. Ssaddaaka z'endagaano enkadde zaali tezikyetaagisa.

> **Amateeka kisiikirize busiikirize eky'ebirungi ebigenda okujja, go ku bwagwo tegamala, kubanga ssaddaaka ezo ze zimu eza buli mwaka ze bawaayo obutayosa ezitayinza kutukuza abo abaziwaayo.Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna. (Abaebbulaniya 10:1, 14).**

Obukulu bwa mateeka bufunziddwa mu bigambo bino:

> **Naye ebyawandiikibwa bitegeeza nti ebintu byonna bifugibwa kibi, ekyasuubizibwa kiryoke kiweebwe abakkiriza olw'okukkiriza mu Yesu Kristo.**
>
> **Naye okukkiriza nga tekunnajja, twafugibwanga mateeka, nga tusibibwa olw'okukkiriza okugenda okubikkulwa;**
>
> **Ge gaali gatukuuma, amateeka galyoke gatutuuse eri Kristo, tulyoke tuweebwe obutuukirivu (Abaggalatiya 3:22-24)**

Omuntu yali takyasobola kwekuumira ku kigera kya Katonda omutuukirivu mu maanyi ge. Etteeka lyalaga obwetaavu bwomununuzi nekireeta omuntu mu Kristo YESU. Alina kuba Kristo so si maanyi go, okuba ng'otuukirizibwa. Alina kuba mu ye alyoke afuulibwe ekyokulabirako kye ekyokutuukirizibwa n'eri ekigera kye kigambo kya Katonda.

> **kubanga amateeka tegaliiko kye gatuukiriza, wabula essubi erisinga obulungi, mwe tuyita okusemberera Katonda. (Abaebbulaniya 7:19)**

**EMITENDERA GY'OKUTUUKIRIZIBWA.**

Gino giri emitendera ebiri:

O**KUTUUKIRIZIBWA OKUSOOKA.**

Mu 1 Abakolinso 1:2, Paulo ayita abakkiriza "Abatukuvu" ekitegeeza okutukuzibwa, kyokka ate mu bbaluwa y'emu agolola abatukuvu olw'ekibi. Baali bakkirira ng'abatukuziddwa mu kristo, naye abamu ku bbo baali tebatambula bulungi mu neeyisa yaabwe.

Abakkiriza bano baali bafunye okutuukirizibwa okusooka. Baasonyiyibwa ebibi byabwe okuyita mukununulibwa mu bikolwa ebireetera okufa. Ebibi bino byasonyiyibwa omulundi gumu byonna (Abaebbulaniya 10:14). Kuno okutuukirizibwa okusooka kwafunibwa mu kiseera kye bakkirizaamu Yesu Kristo ng'omulokozi. Naye abakkiriza banno baali tebeeyongeddeeyo ku kutuukirizibwa, baali tebakyusiddwa mu kibi.

**Tumanyi kino nti omuntu waffe ow'edda yakomererwa wamu naye ku musaalaba, omubiri gw'ekibi guleme kuba gwa mugaso, tuleme kuddamu kuba baddu ba kibi. (Abaruumi 6:6)**

Paulo yabagamba nti tekyaali kituufu okweyongera okuba mu kibi oluvannyuma lwokukyusibwa.

**Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya. (2 Abakolinso 5:17)**

Ng'omukkiriza asaanidde okubeera mu bulamu obupya, nogenda mu maaso ne kibi, Paulo agamba nti;

**Kale tunaagamba tutya? Tweyongere okwonoona, olwo ekisa kya Katonda kiryoke kyeyongere? Kikafuuwe, kubanga ffe abaafa eri ekibi tuyinza tutya okweyongera okukikola? Bwe twabatizibwa twaziikibwa wamu ne Kristo. Nga Kristo bwe yazuukizibwa okuva mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe, naffe twafuna obulamu obuggya, era bwe tutyo tutambulirenga mu bulamu obwo obuggya. (Abaruumi 6:1-2, 4)**

Tulina okweyongerayo eri okutuukiribwa.

**OKUTUUKIRIZIBWA OKUGENDA KWEYONGERA**.

Okutuukirizibwa okusooka okuva mu kibi, ku ssaawa y'okulokoka y'entandikwa yokweyongerayo mu bulamu bwokutuukiribwa. Oluvannyuma lwokulokoka, olina okuba n'obulamu obupya mu Kristo.

**kyokka ndi mulamu, si ku bwange, wabula ku bwa Kristo abeera mu nze; era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda, eyanjagala ne yeewaayo yekka ku lwange (Abaggalatiya 2:20)**

Paulo yannyonnyola okutuukirizibwa okugenda okweyongera mu bulamu bwe:

**Sigamba nti mmaze okufuna oba nti mmaze okutuukirira, wabula nfuba okufuna ekyo Kristo Yesu kye yagenderera nfune. (Abafiripi 3:12)**

Yali tannafuna kutuukirizibwa kujjudde, naye kyaali kiruubiriwa kye, yannyonnyola okufuba kwe eri okutuukirizibwa mu mboozi endala.

**Kubanga kye nkola sikimanyi. Kye njagala si kye nkola, naye kye nkyawa kye nkola.**

**Newaakubadde nga nkola kye mmanyi nga kikyamu, nzikiriza ng'amateeka malungi.**

**Noolwekyo si nze nkola ebintu ebyo ebibi, wabula ekibi ekiri mu nze.**

**Mmanyi nga mu nze, temuli kalungi n'akamu. Ne bwe njagala okukola ekirungi, tewali kirungi kye nkola.**

**Ekirungi kye njagala okukola si kye nkola, naye ekibi kye saagala kye nkola. Naye obanga kye saagala kye nkola, si nze mba nkikola, wabula ekibi ekibeera mu nze.**

**Noolwekyo nzudde mu mateeka nga bwe njagala okukola ebirungi, ekibi kimbeera kumpi.**

**Mu nze mu muntu ow'omunda njagala nnyo okugondera amateeka ga Katonda.**

> **Naye mu mubiri gwange gwonna, ndaba amateeka ag'enjawulo nga gawakana n'etteeka lya Katonda amagezi gange ge limanyi. Ekyo kinfuula omusibe w'amateeka ag'ekibi, ekikolera mu mubiri gwange. (Abaruumi 7:15-23)**

Paulo yayagala okutambulira mu kigera kya Katonda, naye n'akizuula nti nga ye tayinza kutuuka ku kiruubirirwa kino. Waliwo olutalo olwa buli kadde wakati w'omubiri n'omwoyo gwe. Omwoyo gwe gwayagala okukuuma amateeka ga Katonda (olunyiriri 22), wabula omubiri gwe gwayagala okwonoona, nakizuula nti engeri yokka ey'okufuna okutuukribwakwali kuyita mu kristo.

> **Era obanga Kristo ali mu mmwe, omubiri gwammwe mufu olw'ekibi, ate ng'omwoyo gwammwe mulamu olw'obutuukirivu.**
>
> **Era obanga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu abeera mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu, alifuula emibiri gyammwe egifa okuba emiramu ku bw'Omwoyo we abeera mu mmwe.**
>
> **Kubanga bwe munaagobereranga omubiri, mugenda kufa. Naye bwe munnatta ebikolwa eby'omubiri, muliba balamu, (Abaruumi 8:10, 11, 13)**

Mu Mwoyo gwa Katonda mwokka mwoyinza okuyita okuwangula ekibi mu mubiri gwo n'oryoka okkirizigannya n'ekigera kya Katonda. Omubiri gwe guleetera okukola ekyo kyotandikoze, katonda atadewo engeri y'okukuzza eri okutuukirizibwa.

> **Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:9)**

Tolina kweyongera kutambulira mu bulamu buno obupya mu maanyi go, obutambuliramu okuyita mu kukkiriza mu mwana wa Katonda. Buli lw'olemererwa, ossobola okuzibwawo eri okutuukirizibwa eri Katonda anaakusonyiwa.

Ng'omukkiriza, lwanyisa omulabe wo sitaani, luno lutalo lwa mwoyo olubaawo mu ndowoozayo, olw'ebintu ebiba byetoolodde obulamu bwo. Ebiseera ebimu osobola okuwangulwa omulabe, naye kino tekitegeeza nti owangudde olutalo. Osobola mu kaseera akatono okulemererwa naye mu kwatula ebibi byo, oyimuka mu butuukirivu okweyongerayo eri okutuukirizibwa.

Nga bwoyize mu ssuula ewedde, Yesu yalamula dda sitaani.  Amaanyi ga Katonda agakulimu gasinga ag'omulabe.

> **Mmwe, abaana abaagalwa, muli ba Katonda era mumaze okuwangula, kubanga oyo ali mu mmwe wa maanyi okusinga oyo ali mu nsi. (1 Yokaana 4:4)**

Weeyongereyo eri okutuukukirizibwa, nobuvumu mu maanyi gano so si amaanyi ag'obuntu. Okweyongerayo mukutuukirizibwa si kufuba kwa buntu, kuba kuyiga kubeera ng'ekitonde ekijja ky'oli mukukkiriza Yesu.

## EMITENDERA GY'OKUTUUKIRIZIBWA

Ebintu bino byetaaga okutuukirizibwa okusobola okubaawo mu bulamu bwo:

**OMUSINGI OMULUNGI:**

Nga bwe wayize mu lusoma luno, omusingi gw'omwoyo omulungi gulina okubaawo okutuuka kukukkirizibwa:

> **Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu by'omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda.**
>
> **Tulekeraawo okuyigiriza obulombolombo obw'okubatizibwa, n'obw'okussibwako emikono, n'enjigiriza ey'okuzuukira kw'abafu, n'okusalirwa omusango ogw'olubeerera.**
>
> **Katonda nga bw'asiima, tukule mu mwoyo. (Abaebbulaniya 6:1-3)**

**OKUDDAMU ERI EKIGAMBO KYA KATONDA:**

Ekimu ku bukuli bw'ekigambo kya Katonda, kwe kugolola okuleetawo okutuukirizibwa.

Tewali kubuusabuusa ekyama ky'okutya Katonda kikulu ddala, era kigamba nti:

> **Yalabisibwa mu mubiri,n'akakasibwa Omwoyo nga bw'atuukiridde,n'alabibwa bamalayika,n'alangibwa mu mawanga,n'akkirizibwa mu nsi,era n'atwalibwa n'ekitiibwa mu ggulu. (2 Timoseewo 3:16)**

Okusoma obusomi ekigambo kya Katonda, tekijja kuleetera kutuukirizibwa, olina okubaako kyokola ekkiddamu ekigambo.

> **Kale mulekenga emize gyonna, n'ekibi ekyasigala mu mmwe, mwanirize n'obuwombeefu ekigambo ekyasigibwa ekiyinza okulokola emyoyo gyammwe.**
>
> **Mubeerenga bakozi ba kigambo, so si abakiwulira ne batakikola, nga mwerimbarimba.**
>
> **Kubanga omuntu awuliriza ekigambo naye n'atakigondera, afaanana ng'omuntu eyeeraba mu ndabirwamu;**
>
> **bw'ava mu ndabirwamu, amangwago ne yeerabira nga bw'afaananye. Naye oyo atunula enkaliriza mu tteeka ettuufu erituukiridde erireetera abantu eddembe, n'alinyikiririramu tajja kukoma ku kulijjukiranga kyokka, naye ajjanga kukola bye ligamba, era anaaweebwanga omukisa mu buli ky'akola. (Yakobo 1:21-25)**

Tolina kutuunulira mateeka ga Katonda gokka naye weeyongere okugakuuma. Oteekeddwa okubaako kyokola ng'oteeka ebbali ebitagasa n'ebyonoono okubeera okubeera omukozi ow'ekigambo:

> **Naye buli agondera ekigambo kye, ddala ng'okwagala kwa Katonda kutuukiridde mu muntu oyo. Era ekyo kye kitukakasisa nti tuli mu ye (1 Yokaana 2:5)**

**OKUSABA:**

Okusaba kuleetawo okutuukirizibwa:

> **Epafula ow'ewammwe, omuddu wa Kristo Yesu, afuba bulijjo ku lwammwe okubasabira, mulyoke muyimirirenga nga munywedde mu kukkiriza era nga mutegeereranga ddala mu byonna Katonda by'ayagala, abalamusizza. (Abakolosaayi 4:12)**

**OKWAWULIBWA:**

> **Noolwekyo abooluganda mbeegayirira olw'okusaasira kwa Katonda, muwengayo emibiri gyammwe nga ssaddaaka ennamu entukuvu esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'omwoyo.**
>
> **So temwefaananyirizanga ba mirembe gino, naye mukyusibwe olw'okudda obuggya mu birowoozo byammwe okukakasibwa okusiimibwa kwa Katonda, okusanyusa era okw'amazima. (Abaruumi 12:1-2)**

Nga weyawulidde Katonda mu bulamu bwo, ojja kumanya okwagala kwa Katonda, okwawulibwa kitegeeza okuteekebwa mu kifo ekirala, bwe weyawulwa ku lwa Katonda n'ogaana okkkiriziganya n'enkola yensi wabula n'okkirizigannya ne Kigambo kya Katonda.

**EBIRABO EBY'OMWOYO OMUTUKUVU.**

Ekimu ku bukulu bw'ebirabo eby'Omwoyo Omutukuvu kwe kuyamba okutuuka ku kutuukirizibwa kw'obulamu bwo. Nga bweyasomye mu ssuula ewedde, katonda alina ebirabo by'obuweereza mu kkanisa, olw'oku….

> **Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo. Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna lwe tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali. (Abaefeso 4:12-13)**

**OKUKKAKKANIRA OBUWEEREZA OBUKAKASIDDWA**.

Katonda akozesa abakulembe b'omwoyo ku kutuukirizibwa kw'omuntu. Olina okkukkakkanira abakulembeze katonda baawa obuyinza mu kkanisa. Okukkakkanira obuweereza obukakasiddwa kitegeeza kukkakanira abakulembeze b'omwoyo ng'obuweereza bwabwe bumaze okukirizigannya n'ekigambo kya katonda.

Obukulu bwababakulembeze ab'omwoyo mu kutuukirizibwa, bilagibwa mu Paulo byeyawandiika:

> **Katonda tumwegayirira nnyo nnyini emisana n'ekiro, atukkirize okubalabako tujjuulirize ebyo ebikyabulako mu kukkiriza kwammwe. (1 Abassesoloniika 3:10)**
>
> **Kristo oyo gwe tutegeeza nga tuyigiriza buli muntu mu magezi gonna era nga tulabula buli omu, tulyoke twanjule buli muntu eri Katonda ng'atuukiridde mu Kristo. (Abakolosaayi 1:28)**
>
> **Epafula ow'ewammwe, omuddu wa Kristo Yesu, afuba bulijjo ku lwammwe okubasabira, mulyoke muyimirirenga nga munywedde mu kukkiriza era nga mutegeereranga ddala mu byonna Katonda by'ayagala, abalamusizza. (Abakolosaayi 4:12)**
>
> **Ffe kitusanyusa bwe tuba abanafu, mmwe ne muba ab'amaanyi. Tubasabira mmwe okuzzibwa obuggya. (2 Abakolinso 13:9)**

**OKUBONABOONA.**

Tewali ayagala kubonaabona naye okubonaabona bwe kujja mu bulamu obw'omukkiriza, busobola okukolawo enkyukakyuka ennungi. Okubonaabona kuleeta okutuukirizibwa:

> **Bwe mulibonaabonera akaseera, Katonda waffe atukwatirwa ekisa ng'ayita mu Kristo, alibawa ekitiibwa kye ekitaliggwaawo. Alibakomyawo, alibazzaamu amaanyi, alibawanirira era alibanyweza (1 Peetero 5:10)**

Obugumiikiriza mu biseera byokubonaabona, buleeta okutuukirizibwa:

> **Omulimu gw'okugumiikiriza bwe gutuukirira, ne mulyoka mufuuka abatuukiridde era abakulidde ddala mu mwoyo, nga temulina kibabulako. (Yakobo 1:4)**

**OKWEFUGA.**

Okuyiga okwefuga kitundu ku ngeri y'okutuukirizibwa:

> **Abaagalwa, nga bwe tulina ebisuubizo ng'ebyo, twetukuze mu buli kintu ekyonoona omubiri n'omwoyo, nga tutuukiriza obutukuvu mu kutya Katonda. (2 Abakolinso 7:1)**
>
> **Ekintu ekizibu ennyo okufuga lwe lulimi, kyekisumuluzo ky'okwefuga mu bulamu bwo.**
>
> **Ffenna tusobya mu ngeri nnyingi. Omuntu yenna atasobya mu kwogera, aba muntu eyatuukirira, asobola okufuga omubiri gwe gwonna. (Yakobo 3:2)**

**OKUFAAYO KU KUGOLOLWA KW'OMWOYO.**

Okugololwa abakkiriza abakuze mu mwoyo nakyo kitundu mu kutuukirizibwa

**MUBUFUNZE**

Okukula mu mwoyo tekitegeeza kweyongera kuganja mumaaso ga Katonda, tekikutwala mu ggulu, kubanga kino kyakolebwa mu kufa kwa Yesu Kristo, okuyita mu kristo kyekikutuukiriza ewa Katonda. Walokolebwa okuyita mu Ye, n'ofuna ekisuubizo kye ggulu. Okutuukirizibwa tekujja lwa kukuuma biteekeddwawo. Kisoboka omuntu okwekumira ku biteereddwawo okulaga kungulu endabika ye omwoyo naye nga si wa mwoyo era ayinza obutaba na mulokole.

Okukula mu moyo tekiva ku ngeri gyowulira. Tekijja buzzi olw'emyaka gyomaze mu bukristaayo oba okuweereza ng'omukristaayo. Okukula mu mwoyo kujja oluvannyuma lw'okweyongera mu kukula n'okugiisa okumanya kwo okw'omwoyo mu kigambo.

Okusoma kuno kuvaamu okutegeera engeri gy'otuukirizibwamu n'e kigambo kya katonda.

Okutuukirizibwa

(Okukula mu mwoyo)

|

Okusoma ekigambo kya Katonda

|

Okweyongera ku kumannya okwo'omwoyo, bwokikola mu maanyi ga Katonda

|

Okukula mu mwoyo (okutuukirizibwa)

**MU KUMALIRIZA**

Tutuuse ku nkomerero y'essomo ly'emisingi gy'ennzikiriza y'obukristaayo. Naye mubutuufu tomaliriza lusoma luno, nga Paulo bweyagamba nti muteekeddwa:

> **Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu by'omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda. (Abaebbulaniya 6:1)**

Buli ssuula mu lusoma luno etandika n'ebigendererwa. Bino byebiruubirirwa ebyalina okutuukibwako mu kusoma essuula. Ekigendererwa kyo ekipya mu ssuula eddako eyobulamu bwo kwe "kutuukirizibwa"

> **Ffe kitusanyusa bwe tuba abanafu, mmwe ne muba ab'amaanyi. Tubasabira mmwe okuzzibwa obuggya. (2 Abakolinso 13:9)**

# OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola "okutuukirizibwa"
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
2. Ani kyakulabirabirako ky'okutuukirizibwa eri abakkiriza?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
3. Nnyonnyola "okutukuzibwa"
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
4. Okutuukirizibwa okweyongerayongera kitegeeza ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
5. Leetayo ebintu mwenda (9) ebibaawo mu mbeera y'okutuukirizibwa
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
6. Wandiika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
7. Ekikuwereddwa bwe kiba ekituufu teeka "T" ku ntandikwa yaakyo, ate bwe kiba kikyamu teekako "F"
   A………………………………. Okukula mu mwoyo kisinziira ku bbanga omuntu lyabadde mu bukristaayo.

B ………………………………… Okutukuzibwa okweyongerayongera tekitegeeza nti okulokolebwa kwaggwa.

C ………………………………….Ebikolebwa mu bukristaayo bijja kukuyamba okukula mu mwoyo

D ……………………………….okutuukiribwa kujja olw'ekweyongera kumanya eby'omwoyo n'engeri omuntu gy'abikozesa mu bulamu bwe.

8. Okutuukirizibwa kw'abakkiriza kupimibwa ku ki?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………….

(Ebiddibwamu by'ebibuuzo ebyo biteereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

Weyongere okusoma ng'okozesa ebikuwereddwa wamanga;

**EBYOKUJULIRA MU NDAGAANO EMPYA**.

**EBIRAGIRO BY'OKUTUUKIRIZIBWA**.

Matayo 5:48, Yokaana 17:23, 1 Abakolinso 7:1, 13:9, 11, Abakolosaayi 4:12, Abaebbulaniya 6:1, 13:12, Yakobo 1:4.

**EBIREMESA OKUTUUKIRIZIBWA;**

Lukka 8:14, Abaggalatiya 3:3, Abafiripi 3:15, Abaebbulaniya 7:11, 19, 9:9, 10:1

**ENSONGA EZITUTUUKIRIZISA**

Yokaana 17:3, Abaruumi 12:2, Abakolosaayi 4:12, 2 Timoseewo 3:16-17, Yakobo 1:4, 2:22, 3:2

1 Yokaana 2:5

**ENGERI GYE TUTUUKIRIZIBWAMU**.

Matayo 19:21, Lukka 6:40, 2 Abakolinso 7:1, 12:9, Abaggalatiya 3:3, Abaefeso 4:12-13, Abafiripi 3:12,15, Abakolosaayi 1:28, 3:14

2Timoseewo 3:16-17

Abaebbulaniya 2:10, 7:11

Yakobo 1:4,17,25,2:22,32

1 peetero 5:10

Yokaana 2:5, 4:12, 4:17-18

**EBY'OKUJULIRA MU NDAGAANO ENKADDE**.

- Ibulayimu yali wa kutuukirira mu maaso ga katonda (Olubereberye 17:1)
- Keezekiya yaliyatuukirira mu maaso ga katonda: Isaaya 38:3
- Ekkubo lya Katonda gye tuli lyatuukirira. 2 Samwiri 22:31

Soma ebitabo bya Bassekabaka ekisooka n'ekyokubiri, Ojja kusanga ebigambo "Omutima gwe tegwatuukiririza" ebikozeseddwa ennyo okunnyonyola bakabaka ababi abaafuga yisirayiri. Ngabasomako, weetegereze olwokubulwa okutuukirizibwa.

**OKUTUUKIRIZIBWA MU ZABULI.**

Soma Daudi kye yagamba ku kutukirirzibwa.

Ekkubo lya katonda ttuukirivu: Zabuli 8:30,32

Etteeka lya katonda ttuukirirvu: Zabuli 19:7

Enkomerero y'omuntu atuukiridde gy'emirembe. Zabuli 37:37

Tulina okutambula nga tutuukiridde mu Katonda. Zabuli 101:2,6

**OKUJULIZA.**

"Emisingi gy'okukkiriza" ssomo lya mugaso nnyo eri abakkiririza abapya. kisomesa enjigiriza enkulu eza Yesu eziwa omusingi ogw'okukula mu mwoyo (Abaebbulaniya 6:1-3)

Abakkiriza abapya balinga abaana abawere mu bulamu obwa bulijjo. Tolitwala muwere, omulage omulyango, omugambe, "Tujja kukuddira oluvannyuma lwa wiiki nga ziizo". Kino kyekitera okubaawo mu kkanisa. Y'ensonga lwaki ababa baakakkiririza bafa mu mwoyo. Obuvunaanyizibwa bwo ku mmeme z'abantu abo tebukoma ku kituuti we basabira essaala y'okwenenya. Ovunaanyizibwa okuggya omukiriza ono omupya ku kituuti n'omuteekamu kkanisa.

Omukkiriza omupya, aba ayingidde okubeerawo okupya. Aba azaaliddwa mu bwakabaka bwa Katonda (Yokaana 3:3-7). Olulimi lwe twogera luba lwa njawulo nga ye taluwulirangako. Mubaamu ebigambo nga; Okwenenya, okubatizibwa, okusalirwa omusango ogw'olubeerera n'ebirala bingi ebiteekwa okunnyonnyolwa ayige olulimi lw'obwakabaka n'ennono z'obulamu obupya mu bwakabaka.

Buli mukkiriza omupya aba yeetaaga okufiibwako, omukkiriza aba akuze, yeetaaga okukuzibwa munsi ey'omwoyo ng'omwana bw'aba mu nsi. Omwana yeetaaga okufiibwako ennyo nga yaakazaalibwa okusingamu kiseera ekirala kyonna. Kozesa bino oluɧɧamye abo abaakazaalibwa mukukkiriza:

**EKISOOKA.**

Mu sssaawa abiri mu nnya ng'omuntu akkirizza enjiri alina okufunayo omukkiriza omulala eyakula gw'ayinza okukolagana naye. Kimuyambeko bw'abeera mu mbeera embi omuli, okukolima, awayogererwa ebigambo ebikyamu, n'ebikolwa ebikyamu. Kino kijja kumuzzaamu amaanyi era amanye nti waliwo afaayo gy'ali era amusabira.

Ekigendererwa ky'okulondoolebwa kuno kwe:

- Kumanyisa omukkiriza omupya nti waliyo munne amufaako.
- Kuddibwamu ebibuuzo by'aba alina.
- Kusaba naye bw'aba alina ebyetaago mu bulamu bwe.
- Kumusomesa emisingi gy'okukkiriza. Mu ngeri eragiddwa ku kidddako wansi.

**EKYOKUBIRI**

Nga bwe kiragiddwa mu kusoma kuno, enkola eno yateekebwawo Yesu eyagoberwanga ekkanisa. Osobola okweyambisa "Emisingi gy'okukkiriza mu kusomesa omukkiriza oyo."

Kino kisobola okukolebwa mu ngeri bbiri.

1. Tegekayo ekibiina kyabwe obasomese emisingi gy'okukkiriza. Kino kikolebwe oyo aba akuzemu mwoyo. Era kikolebwe lubeerera.
   Buli mikkiriza omupya aba alina okubeera mukibiina kino. Bwe wabaawo obuuseemu omulundi gw'okusoma, mufunireyo obudde obw'enjawulo asobole okutegeera by'ataasomye.
   Ekirungi ekiri mu nkola eno, omukkiriza oyo aba afuna okusomesebwa ne banne.

2. Oba oyo aba akuze aba asobola okufuna omukkiriza gw'ayambako kinnoomu amusomese emisingi gy'okukkiriza.

Ekirungi mu kino, omukkiriza omupya agenda kuba ng'akulira ku busobozi bwe, asobola okwanguwa oba obutayanguwa okusinziira ku bwangu bw'alina mu kubitegeera. Mu kino yeeyongera okukula. Asobola n'okubuuza omusomesa we ebibuuzo ku kyatategedde asobole okukula.

Bw'eba nga enkola eno y'egobereddwa, abaami bakole ku baami n'abakazi bafiibweko bakazi bannaabwe.  Emisingi gy'okukkiriza oyo aba agenda okugisomesa ateekeddwa naye okuba nga yagisoma n'amaliriza. Yeetaaga okuba omumalirivu mu ky'akola.

3. Lungamya abasomesa abapya mu kusaba n'okuyiga okusoma ekigambo kya Katonda. Tomulowooreza nti amanyi okusoma Baibuli wadde okusaba, ggwe mulage eky'okukola. Harvestime International Institute, Erungamya mu kusoma ekigambo,okusaba,n'okuyigiriza essaala ez'okwegayirira.
4. Abakkiriza abapya balina okulungamizibwa ku kubatizibwa okw'amazzi n'okw'omwoyo omutukuvu amangu ddala nga batuusizza mu mwoyo. Kubamu kino kiyinza okubaawo ku lunaku lwe lumu,wiiki, omwezi nga baakakyusibwa. Abalala basobola okutwala obudde obuwerako okukituukako. Bw'oba ggwe osomesa abali mu kibinja, teweesiba ku muntu omu okutuusa ng'ekibinja kyonna kyetegese. Leka buli omu akule nga bw'asobodde.
5. Yamba omukiriza omupya azuule ekifo kye mu mubiri gwa Kristo (ekkanisa). Mulungamye okuzuula ekirabo kye eky'omwoyo. Olusoma lwa Harvestime International Institute oluyitibwa; "Obuweereza bw'omwoyo omutukuvu" Lujja kukuyamba okukikola.

   Muwe obuvunaanyizibwa ow'enjawulo obw'abakkiriza, agende eri abalala ababuulire enjiri. mu kino,oja kwetaaga okukozesa essomo lya "Harvestime International Institute" eriyitibwa; "Baibuli eri ensi."

   Jjukira ekiruubirirwa kyo ky'ekifuula omukkiriza omupya okuba ow'omugaso eri ekkanisa n'okutuukira ddala ku kutuukirizibwa (Okukula mu mwoyo).

# EBIDDIBWAMU KU BIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU

**ESSUULA ESOOKA.**

1. Noolwekyo tulekeraawo okuyiga ebintu bya Kristo ebisookerwako, tukule mu by'omwoyo. Tulekeraawo okwogera ku bisookerwako byokka, ng'okwenenya ebikolwa ebireeta okufa, by'ebikolwa eby'obulombolombo, naye tuteekwa n'okuba n'okukkiriza mu Katonda.

   Tulekeraawo okuyigiriza obulombolombo obw'okubatizibwa, n'obw'okussibwako emikono, n'enjigiriza ey'okuzuukira kw'abafu, n'okusalirwa omusango ogw'olubeerera.

   Katonda nga bw'asiima, tukule mu mwoyo. (Abaebbulaniya 6:1-3)

2. - Okwenenya ebikolwa ebireeta okufa.

- Okukkiriza mu Katonda.
- Enjigiriza ku kubatizibwa.
- Okussaako emikono.
- Okuzuukira kw'abafu.
- Okusalirwa omusango ogw'olubeerera.

3. Omusingi omulungi guli ku njigirizaya Yesu.

4. Laba: Lukka 6:47
   Buli ajjja gyendi………..
   N'awulira bye ngamba……
   N'abikola…………….
5. Yesu Kristo.

**ESSUULA EYOOKUBIRI:**

1. Ffenna twayonoona era tetusaanira kitiibwa kya Katonda. Abaruumi 3:23
2. Okwenenya ebikolwa ebireetera okufa, kwekukyusa endowooza yo, ekireetera okuleka ekibi n'odda eri Katonda n'obutuukirivu.
3. Ekibi
   Ekikyamu
   Ekivume
   Okweyitiriza
   Obutaba kya bwa Katonda.
   Okukola obubi
   Obutagonda
   Okusaalimba
4. Bonna booononyi.  Abaruumi 5:12

5. Lusifa (Sitaani) yatandikawo ekibi nga'lwanyisa Katonda mu Ggulu.Yasindikibwa okuva mu Ggulu n'asendasenda omusajja n'omukazi abaasooka okwonoona. Olwo ekibi n'empera yaakyo byajja ku nsi.
6. Yuda (Matayo 27:3-4) ne Esawo (Abaebbulaniya 12:17).

**ESSUULA EYOOKUSATU:**

1. Katonda bw'alagira.
- Okwewala okufa kw'omwoyo.
- Ku lw'obulamu obutaggwaawo.
- Okusonyibwa ebibi.
- Okuyingira obwakabaka bwa Katonda
- Kwagala kwa Katonda eri obulamu bwo
- Y'ensonga lwaki Yesu yajja ku nsi.

2. Obulungi bwa Katonda.
- Okubuulirira
- Okuyitibwa kwa Kristo.
- Katonda kitaffe
- Okunenya
- Okunakuwala kw'obwa Katonda.
3. Okukyuka kitegeeza kuleka kkubo ekkyamu n'odda mu ttuufu.
4. Omwana eyazaawa alinga omwonooyi adda eri Katonda kitaawe ng'e Ggulu we waka. Omwanono bwe yazuula ekibi kye n'asalawo okudda eri kitaawe n'okweneya ekibi kye. Kuno kwekwenenya. Omwana ono yaleka obulamu obukadde n'asalawo adde ewa kitaawe atandike obulamu obupya. Kuno kwe kukyusibwa.
5. Sajjaku lw'abatuukirivu naye eri aboonoonyi okwenenya. (Lukka 5:32)
6. Olw'okukkiriza, okubatizibwa, ebibala, okukyusibwa.
7. Yee
8. Tunuulira emitwe egiri mu ssuula eno olabe ebyokulabirako ebirimu eby'abakristaayo abeetaaga okwenenya ebikolwa ebireetera okufa, n'okukkiriza enteekateeka ya Katonda okuyitamu Kristo.
9. Okutuukirira kwe kuba n'enkolagana entuufu mu Katonda, esoboka olw'okwenenya ebikolwa ebireetera okufa n'okukkiriza enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi mu Yesu Kristo.
10. Okulokolebwa mu bulamu bw'ekibi n'empeera zaakyo okuyita mu Yesu Kristo ng'omulokozi we.

**ESSUULA EYOOKUNA:**

1. Okukkiriza kitegeeza okukkiririza n'okuba n'obukakafu ku kintu. Okukkiriza kwe kukakasa nti ebintu ebikusuubiziddwa byaddala wamu n'ebyo ebirabikako. (Abaebbulaniya 11:1)
2. Okwabulijjo: Okwesiga ebintu ebiteredde

   Okw'okutuuukirizibwa: Okubeera omutukuvu ng'omaze okukyusibwa

   Okulokola: Okukkirizamu katonda wamu n'okwenenya.

   Okwokwekuuma: Kyakulwanyisa kya mwoyo eri sitaani.

3. Olw’okulokolebwa .Tosobola kusanyusa katonda ngatolokose.
4. Okuwulira ekigamba kya Katonda. (Abaruumi 10:17)
5. Awatali kukkiriza tosobola kusanyusa Katonda.Oyo yennaajja eri Katonda ateekwa okukkiriza nti: ye, y’agabirira abo abanyiikira okumunoonya.(Abaebbulaniya:11:6)
6. Yawulira ekigambo
   Yakkiriza ekigambo
   Yaleka obutaba na ssuubi
   Yakkiriza ekisuubizo kya Katonda.
7. Okukkiriza kwe kukkiririza mu kintu ky’otoyinza kulaba naye obeera n’obukakafu nti okirina. Okukkiriza kuba kwagala kw’olina eri ekintu ekirowoozebwa okujjanmu maaso.
8. Okuseeseetufu: Kusomesa nti omuntu asobola okuvvuunuka ebizibu ng’akozesa endowooza ye, okwennyonnyolako, oba ekyo ky’aba ayagala ennyo.
   Bino biba bya muntu nga ye era tebiba bya Katonda. Okukkiriza kuba kwa bwa Katonda, so si kwa bantu. Kirabo kya Katonda, so si ekyo omuntu ky’akolerera mu maanyi ge.
9. Okukkiriza ky’ekyo ky’okkiririzaamu ate ebikolwa byo by’ebyo by’okola.
10. Okukkiriza Katonda, kitegeeza endowoozayo ku Katonda. Kulina kuba kwa kukkiriza so si kuwakanya oba okutya.

**ESSUULA EYOOKUTAANO**:

1. Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala ajja oyo ye ansinga amaanyi, era sisanira na kukwata ku ngato ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutuvu n’omuliro. (Matayo 3:11)
2. Ekigambo okubatizibwa ekikozesebwa mu Baibuli kitegeeza okunnyikira ddala ekintu.
3. Kwe kwatula ekyo ekikyusiddwa munda mu ggwe.
4. – Okusomesa
- Okwenenya
- Okukkiriza
- Endowooza ennungi eri Katonda.
5. Okubatizibwa kwa Yesu okw’okubonaabona.
   Okubatizibwakwa Yokaana.
   Okubatizibwa kw’obukulisitaayo.
   Okubatizibwa kw’omwoyo omutukuvu.
6. Nga bamaze okusomesebwa baatula okukkiriza kwabwe.
7. Ebikolwa by’Abatume 19:1-5.
8. Nedda
9. Emyaka gisinziira ku busobozi bwabwe okutegeera amakulu g’okubatizibwa n’okutuukiriza ebisaanyizo.
10. a. kikyamu  b. kituufu c. Kituufu

**ESSUULA EYOOMUKAAGA:**

1. Biggye ku ebyo ebiri mu ssuula eyoomukaaga.
2. - Weenenye obatizibwe.
- Kyagale

- Saba ebyokusabira by’abakkiriza.
- Kkiriza nti kikyo
- Kimanye nti kirabo.
- Weeweeyo eri Katonda.

3. Onoofuna amaanyi ng’ofunye omwoyo omutukuvu era onooba mujulirwa ku nze mu Yeerusaalemi ne mu Buyudaaya ne mu Samariya n’ebweru wensi yonna. (Ebikolwa 1:8)
4. Okwogera olulimi olutamanyikiddwa mwogezi.
5. Okufuula omukristaayo omujulirwa owamaanyi ow’enjiri (Ebikolwa 1:8)
6. Ekibala kyomwoyo kitegeeza emabala y’omwoyo erabikira mu bulamu bw’omukiriza.
7. Abaggalatiya 5:22-23

    -okwagala
    -essanyu
    -emirembe
    -okubonaboona
    -okubukkakamu
    -obulungi
    -okukkiriza.

8. - Okutuukiriza kw’abatuukirivu.

    - Okwongerayo obuweereza.

    - okuyigiriza ekkanisa ya Kristo

9. kubanga katonda yagaba ebirabo by’obuweereza bibeereko ebikulu byebimaliriza mu kkanisa. Ebukulu bino tebinaggwa. Tajja kubijjawo okutuusa ng’emirimu gy’abyo nga giwedde.

10. - Buli mukristaayo akyusibwa afuna omwoyo mutukuvu .

    - Baibuli egamba bonna nti boogera ennimi.

    - Okutya.

    - Kireetebwa kusinziira ku meeme.

11. Nedda.

**ESSUULA EYOMUSANVU:**

1. - Yisirayiri eri Efulayimu ne manase.

- Abantu ba Isirayiri ku baleevi.
- Musa okutuma yoswa.

2. – Obubonero obutali bwabulijjo

- Okubatizibwa Mwoyo Mutukuvu.
- Okuwa ebirabo byomwoyo.
- Okutumibwa kwa baweereza.
- Okuwonga abato.

3. Nebabeerayo ebbanga eddene nga babuulira n'obuvumu era Mukama n'akakasanga ekigambo kyekisa kye ng'abawa okukola obubonero n'ebyamagero. (Ebikolwa by'Abatume 14:3)
4. Makko 16:17-18
5. Okussako emikono ky'ekikolwa ky'omuntu okuddira emikono gye nagiteeka ku mubiri gw'omulala, olw'omulimu gw'omwoyo. Kiwerekerwa essaala.
6. - Abakkiriza.

- Abatume n'abajulirwa
- Abakadde b'ekanisa.

7. a. kikyamu b. kituufu c. kikyaamu d. kikyamu
e. kituufu e. kitufu f. kikyamu.

**ESSUULA EYOMUNAANA:**

1. Yesu yamugamba, nze kuzuukira n'obulamu; oyo yenna anzikiririzaamu, bwaba yafa ajja kuddamu obulamu. Era oyo yenna abeera mu nze n'anzikiririzaamu talifa (Yokaana 11:25-26)
2. Ebyayita: Okuzuukira kwa yesu mu bafu.
   Ebiriwo: Okuzuukira kw'abakkiriza kristo.
   Ebiribaawo: Okuzuukira kw'abali mu ntaana
3. Ebikolwa 2:30-31, Matayo 28:1, 5-7, Yokaana 20:19, 1Abakolinso 15:5-8
4. Singa kristo teyazuukira, okubuulira kwaffe n'okuzuukira byandibadde bya bwerere (1 Abakolinso 15:13-15). Okukkiririza mukuzuukira kyetaagisa okufuuka omukkiriza (Abaruumi 10:9), (1 Abakolinso 15:1-4)
   Okuzuukira kukasa nti Yesu mwana wa Katonda (Abaruumi 1:4)
   Asinga ebitonde byonna (Abaefeso 1:20-23). Kikakasa nti abakkiriza bakkirizibwa (Abaruumi 4:25), okufa nekuwangulwa (Abaebbulaniya 2:14), tulizuukizibwa naffe ne tufuna emibiri emijja (1 Abakolinso 15:51-52, Abafiripi 3:21)
5. Abo abaafa mu mwoyo olw'ekibi bazuukizibwa yesu Kristo (Abaefeso 2:15)
6. Okufa mu kibi kireeta obulamu obupya mu Kristo, obukulu bw'obulamu obupya.
7. Okubatizibwa kw'abakristaayo mu mazzi n'obulamu obupya obw'omukkiriza.

**ESSUULA EYOOMWENDA:**

1. Mukama yennyini annaka okuva mu ggulu n'okuleekaana, n'eddoboozi lya malaika omukulu eŋŋombe ya Katonda, abaafa mu kristo bassoke bazuukire. Abo abasigala bayimusibwe mu bire okusisinkana mukama mubanga,era awo tulibeera nemukama.(1 Abassesalonika 4:16-17)
2. Okuzuukira kw'abamazima n'abatali ba'amazima
3. Bonna baakuzukizibwa mu bafu. Bonna baakulamulwa
4. a. kituufu b. kituufu c. kikyamu d. kituufu e. kikyamu
5. Ebikolwa by'Abatume 17:13,32

**ESSUULA EY'EKKUMI:**

1. Okujuliza ebiragiro, obujuli n'amateeka ga Katonda. Ebikwata ku kulamulwa kw'abantu n'amawanga gonna.
2. Okulamula kitegeeza okwawula, okukola enjawulo , mulimu okugezesebwa, okukasibwa, okusingibwa omusango, n'okusalawo empeera y'ekibi

3. Okulamula kugasa olw'ekibi
4. Katonda, Yesu, n'abatukirivu
5. Emmeeme zonna
6. -Ekigambo kya Katonda.
   -Ng'omuntu
   -Okusinziira kumazima
   -Ku nneyisa y'omunt
   -Awatali kyekubiira.
   -Okusinziira ku mateeka
   -Okusinziira ku butuukirivu
   -Okusinziira ku biruubirira n'ebirowoozo

7. mukama ye mulamuzi waffe, Mukama yatuwa amateeka, mukama ye kabaka waffe,

8 a. kituufu b. Kituufu c. Kikyamu.

**ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU:**

1. Ekigambo okutuukiribwa, kitegeeza okumaliriza, okuggwa, okukula. Omukristaayo atuukiridde y'oyo aba akuze mu mwoyo. Kino kitegeeza nti omubiri gwe, omwoyo gwe nemmeme bye bifugibwa Mwoyo Mutukuvu,
2. Ye yesu Kristo.
3. Okutuukiribwa okusooka; kwekusonyiyibwa ebibi byo ebyayita lwe wakkiriza yesu ng'omulokozi.
4. Okweyongerayo mu kukkirizibwa kwe kuba mu biro ebyokutuukiribwa mu bulamu obw'omukkiriza ng'amazze okuggibwako ekibi.
5. - Omusingi omulungi .
   - Okufaayo eri ekigambo kya katonda.
   - Okukyusibwa
   - Okusaba.
   - Ebirabo eb'omwoyo omutukuvu.
   - Okwewaayo eri obuweereza obukakasiddwa
   - Okuboonabona.
   - Okufaayo ku kutereezebwa.

6. Mmwe kibagwanira okubeeranga abatuukirivu nga kitammwe ali mu ggulu b'wali omutuukirivu. (Matayo 5:48)

7. a. kikyamu, b. Kituufu, c. Kikyamu d. Kituufu.

8. Ekigambo kya Katonda.